

**THE LUKE TEN MANUAL.**  
**“A LUGANDA TRANSLATION”**  
**(KIKYUUSIDDWA MU LULIMI OLUGANDA.)**

Kyawandiikibwa Steve ne Marilyn Hill.

<http://www.harvest-now.org/>  
[stevehill@harvest-now.com](mailto:stevehill@harvest-now.com)

Okujjako wekiragiddwa, ebyawandiikibwa bigiddwa mu Bayibuli empya eya yakobo  
 ( New King James version).

Kyafulumizibwa aba Broad and Holman Publishers, abasangibwa Nasshville., Tennessee.

**OBUYINZA BWONA BWA NANYINI.**

Ekitabo kino tekikirizibwa kukolebwamu kirala oba okuterekebwba oba okukyusibwamukyusibwa  
 mu mbeera yonna kakube okwokesamu, okufunamu amaloboozi amoogere oba ekirala kyona nga  
 tofunye lukusa lwa muwandiisi.

Ennimi endala ekitabo kino mwekiri oba mwekinatera okufulumizibwa mulimu, olulasha,  
 olukyrgye, oludaachi, olugirmaani, olufalansa, olusipanishi, olulomania, olubulugeria, olutajik  
 n'olunowe.

Okusaba okukyusa mu nnimi endala kulina kugenda wa kitongole ky'omuwandiisi ekya                “  
 Harvest Now”

## OBUYAMBI OKUVA MU MIKWANO GYANGE

Okumala emmyaka kumi mbadde netegereza ensi eno n'obwakabaka bwa katonda. Era kituufu ekitabo ky'ebikolwa mu ndagaano empya ebirimu bikyagenda mu maaso ne leero! Naye tebitera kusangibwa;ebituuti bya kereziya oba Kkanisa bimasamasa, enkunjana z'obukulisitu ezirangiddwa obulungi oba enjendo z'okwongera amanyi mu bukulisitu.

Obwakaba bubeerawo nga abagoberezi ba kulisitu abaabolijo basaba n'okuva jebawangaalira ne bagenda mu bifo ebitali bya bulijjo (naye biyinza okuba okumpi ne webabeera), nebagabana, ne basembera, ne basisinkana, nebalya era ne beyongera. Bino byetusomako mu Lukka 10 ne mu Bikolwa bya batume. Bweti ekereziya bwe yatandika era neesaasaana mu nsi, bwebuti obwakaba bwa Katonda bwe bukulakulana ne leero.

Steve Hill abadde wamukwano era omubeezi. Ye ne Marilyn benyigidde mu "bantu b'emirembe" (People of Peace)" n'obubinja obutonotono obw'ekereziya okwetoloora America ey'omumambuka mu Bulaaya ne mu Asia. Byatutegeeza mu Kitabo kino si biwulire wabula ebintu byalabyeko.

Marc van der woude, agamba kyali kirungi nnyo okusoma ekitabo kino ekya Steve Hill. Ayeetawo okutereeza okwetagibwa n'okutangaaza ku nzikiriza n'encola ebirabikira mu buwerezza bw'ekikulisitu.

Ebisinga okujibwa mu Bulaaya ku telefayina (TV) n'emikutu gy'ebypuliziganya, bikyusiddwa, si birungi tebiwulirwa ate tebikirizibwa mu bantu oba si birungi mu bantu. Okuwugulwa okuva ku mikutu gy'ebypuliziganya gyebulaaya Kunene mu bitundu by'ensi ebirala, ku lw'obulungi oba ku lw'obubi ebiseera ebisinga.

Ebuntu byonna eby'ebulaaya si njiri wabula ebimu butwa. N'olwekyo, nsiima Steve olw'olugendo lwa Ekeleziya eyasooka n'obwannabbi obweyolefu ekimusobozesa okwogera ebuntu ebizibu nga bya mugaso nga avumirira obutwa obuli mw'ebyo ebibi.

Buterevu ayitira ddala abantu okudda kunkola ya Yesu ey'enjiri bupya. Kino bwekinagobererwa, okulabula n'endagiriro Steve zaawa bijja kuwonya bangi enzikiriza ez'omulembe, ez'obulimba bubuze, obulumi n'okuvumaganya ku kubeerayo kw'obwakatonda. Ebuntu bino birina okwogerwa. Ndi musanyufu Steve abyogera.

#### **STEPHEN CRUSBY D. MIN**

Ekitabo kya Steve ne Marilyn Hills ekyesigamiziddwa ku lukka 10 kiwandiiko ekiyatira ddala abakulisu abaabulijo okubeera abagoberezi ab'olubeerera. Kirambika, kitendeka, kyagazisa, kyegombesa, kigezesu naye kitabo ekirina ebigambo bya Katonda ebituukira ku mulembe guno. Okufanaganako n'ebitabo ebirarla, olina okulondamu ebikugasa ate ebitakugasa n'obyesonyiwa, Naye eby'omugaso bingi nnyo mu kitabo kino.

Brian J. Dodd

PHD. (University of Shiffield)

England, New Testament studies.

Ekitabo kino ekitono kye kisinga okulaga obwakabaka bwa Katonda n'ebigambo bya Yesu kulisto.  
"Hamid (omugoberezi wa Yesu eyasalawo okusigala mu bantu be abasiraamu.)

## OLUKALALA LW'EBIRI MU KITABO MUNDA.

Ebigendererwa by'omuwandiisi.

Okwanjula eri ab'emikwano mu maselengeta.

Okwanjula eri ab'emikwano mu bukiika kono.

1. Obuzibu bw'abakunguzi okuba abatono.
  - A. Obuzibu bw'emtima.
  - B. Obuzibu mu kutendekebwa.
  - C. Obuzibu bw'okulengera / okwekwasa mu makungula.
2. Ekizibu ky'essaala n'enkula y'ensi. Essaala ezitatuukirira.
  - A. Kabaka w'amakungula.
  - B. Essaala elekeddwa / okusaba okutekeddwa.
3. Akabi mu maaso!
  - A. Obulamu bwa Yesu bulabibwa mu kubonabona.
  - B. Kirina kuba kya bulabe.
  - C. Oli wa mukisa okuba omukisa.
4. Ebisawo bya sente, obusawo, ebiraato.
  - A. Ensawo za sente n'ekigendererwa.
  - B. Obusawo bwa sente n'obuwangwa.
  - C. Ebiraato n'ebigobererwa ebiwandiike.
  - D. Endogoyi n'ebigaali.
  - E. Okulamusa n'ebigendererwa.
5. Emirembe gyo n'omusajja ow'emirembe.
  - A. Emirembe gibeere gyoli.
  - B. Okuzuula omusajja ow'emirembe.
  - C. Ate obuwangwa bw'ekibuga n'obwebulaaya.
6. Engeri y'okunywa n'okulya.
  - A. Okusigala: Okubeera abantu balamu n'okwongera ku muwendo.
  - B. Okulya, okunywa, okukirizibwa, eneyisa n'enzikiriza.

- C. Emisaala / ensasula n'obuvunanyizibwa.
- 7. Okwolesa n'okulangirira obw'akabaka.
  - A. Okuwonya n'okulaga obwakabaka.
  - B. Okulangirira n'okulambika obwakabaka.
  - C. Ani avunanyizibwa?
  - D. Okubeera omuweereza ebbanga lyona so si kabaka.
- 8. Okugaanibwa / okukkirizibwa.
  
- 9. Okujaganya olw'emikwano.
  - A. Obuyinza bwona.
  - B. Ekyawaggulu / ekisinga y'enkolagana.
  - C. Mbayise b'amikwano.
  - D. Obuvunanyizibwa n'eddembe ly'emikwano.

## Okwanjula

**Obukakafu okuva ewa Grace.**

**(Omuwereza ow'amanyi omupya)**

Nebaza Katonda olw'okuba nsobola okumwagala, okumuweereza n'okumugulumiza.

Essanyu lindeeta n'amaziga okuba nga Katonda anonze okulaga byakoze omwaka guno.

Emyaka mingi jiyise okuva Iwenawa obulamu bwange eri Yesu naye guno gwoka gwe mwaka amaaso gange lwe gabikiddwa eri amazima amasufu aga Yesu nti ndi mwagalwa eri Katonda era nti ddala Katonda alina byenina okukola. Omwaka oguwedde nali nkaabira / ndajaanira Katonda anyambe kubanga nali mu bwetaavu. Nali netamiddwa, essanyu lyange lyali ligenze era nga sirina kuyambibwa kwa mwoyo. Nasisinkana "sisita" Ruth gwe nali manyidde abbanga eriwereako. Twalinga tugenda mu ssinzizo ery'olukale ffena nga sinnava Kazakhstan ne mu Russia, neyongera okugendaganga mu masinzizo ag'olukale.

Bwenalaba Ruth newunya kubanga yalabika nga wawaggulu nnyo mu by'enzikiriza okusinga ku nze. Nawulira emirembe n'okwagala jaali era n'emubuuza oba yafuuka musumba. Yanziramu nti ali mu kisinde kya bakkirizza abatambula nga batono era nga bwebagenda mu maka g'abantu. Era yanqamba nti abadde atambula n'ebweru w'ekibuga, era yenyigira mukwongera ku bungi bw'abakulisitu mu ggwanga lyona era nebweru w'alyo.

Amazima nail ηηjanye / nesisigarizza okumala omwaka mulamba. Kisoboka kitya obutakunjana ku sande n'obutawuliriza ku basumba abalonde? Kisoboka kitya omuntu nga nze atasomeseddwa bya mwoyo bwenategeera Bayibuli n'okusobola okusanga amasinzizo amapya?

Natandika okugenda mu nkiiko zaabwe obudde bwona era n'endaba obulamu mu zo buli omu yalinga waddembe okubuulirako banne okulabikirwa kwe n'obujulizi.

Tewaliwo kuyitibwa naye obujulizi bwalaganga nti buli omu yali asumba amaka agenjawulo, akyalira ku Bantu mu byalo, abawereza era abayamba ne mu bintu ebyabulijjo.

Ebintu byona bye bayogera byakakasibwanga n'ekigambo kya Katonda. Baalina omukwano mungi nnyo. Natandika okusaba. Olwokuba Katonda yansanga nzikirira nampa obulamu obuggyga, nayagalanga nnyo okubuulirako ku bantu amawulire amalungi. Omwaka guno, olw'obujulizi, naddamu okuwulira amaanyi g'empewo era n'empulira n'eddoboozi okusaba ne muganda wange eyali anatera okufa. Katonda yamuwonya!

Nali nsaba nnyo Katonda ampe ku kitangaala kye, nkikozeseko ku balala era essaala zange n'azanukula. Era mu kaseera kano mpereza abantu bangi, Katonda agguddewo enzigi era kati amaka munaana batandise okuwuliriza bye mbagamba. Era nkyalira ab'enjenda n'abemikwano. Buli lwe tukunjana twebaza Katonda eyatuwa obubaka ku nyumba ez'emirembe omuliro gwa Katonda we gutandikira.

Tusabira mikwano jaffe Steve ne Marilyn

## ENNYANJULA

### ERI MIKWANO GYAFE MU MASERENGETA.

### (FOR WESTERN FRIENDS)

Ekitabo kino kyawandiikirwa eri abantu baffe mu Asia eyawakati (central Asia)

Ekigendererwa mu kino si kusomesa busomesa wabula kuteeka mu nkola. Twagala obujulizi obulala bungi nga obwo waggulu. Kyali tekisuubirwa kitabo kino okukubibwa mu maserengeta.

Wabula, ab'emikwano abasomye ekitabo kino bebuuza lwaki tumala obudde bungi nga twogera ku kusinza okwamanyi n'obwagazi mu bulamu bw'amasinzo mu maselengeta ekitabo kino bwekiba kyawandiikibwa bantu ba mu east. Kino kiri bwekiti kubanga ensinza y'abantu b'omumaselengeta eri buli wamu! Kyali kyewunyisa ensinza eno mu Bushkeke ne mu Flick nga eyitira ku mikutu gya TV amakumi abiri era n'okukizuula nti gyona jaali gisomesa / giyigiriza nkulakulana ya njiri ya bamerika n'okuzimba ebitiibwa n'amanyi mu bukulembeze bw'eddiini.

Oyinza okuba okimanyi nti mu buli myaka kkumi mu myaka gy'ekyenda (90s) buli katundu kalingamu amasinzo amanene agameruka mu nsi. Oyinza okuba tokimanyi nti mu myaka kkumi ejakayita amasinzo gano gagudde. Lwaki? Amasinzo gano agasinga bategeka obukulembeze obw'obuyinza n'ebitiibwa obwali bwawukana akatono enyo kwobwo obw'abakulembeze be by'obufuzi n'abakwasisa amateeka.

Jebuvuddeko nali mu kibuga ekinene mu Ukraine, ne mu kibuga kya Armenia. Mu bibuga ebyo byombi, twalabanga abavubuka abato nga bayimiridde ekiro mu bisiikirize olw'okukwaka kwessimu zaabwe. Obuyumba butono ate bwa mujuzzo. Tebalina sente kugendako mu bifo byanjawulo oba mu bifo by'emitimbagano bayimirira mu bibuga byombi n'abuuza ekibuuzzo kye kimu. "Tusobola tutya okukoza abavubuka bano abato ku lw'obwakabaka bwa Katonda? Tebalina kye bakola mu butale" mu bibuga byombi, eyankiyaza yampa okuddibwamu kwe kumu. "Kyenkana tekisoboka. Abasinga babaddeko mu masinzizo nebaddukayo nga n'oksiibula tebasiibudde" Abamu baagambanga nti waaliwo okwedaabulula mu Ukraine mu myaka gy'ekyenda twatandika okwenyigiramu okwamanyi mu 1998 waaliwo enkunjana zebiedyini nyinyi era n'okusalawo okungi. Abamu baŋjambye nti omuwendo gw'ebyasalibwawo eri buli

busumba obukolera mu Ukraine businga abantu emirundi ettaano. Omulala yanjamba nti omuwendo gw'ebisalibwawo mu Russia gwenkana n'obungi bw'abantu. Sisobola kwekebejja bukakafu bw'abantu bano, naye okusalawo okungi / endowooza ennyingi zaaliwo.

Naye Yesu teyatulagirako kubala nsalawo y'abantu. Yatulagira tufune bagoberezi. Ye, abavubuka bano bajja mu nkunyana naye okubeera mu lukunyana (nkiiko) era nebalaba ebintu bwe bikolebwa. Abasinga bakkiriza nti tewali njawulo wakati w'enzikiriza eteekeddwa n'obuzzi bw'emisango obutegeke (okujjako nti ba Mafiya balina ebifo ebirungi)

“Enjiri” ey’okuwayo okufuna eby’obugagga ekoledde nnyo abakulembeze. Balina amayumba n’emmotoka ebye’ebbeyi. Bazimbye amasinzizo agatemagana ne Yafeesi ez’okweraga. Naye kino tekiyambye abo abawaayo kubanga basigadde baavu.

Bwogenda ku bwalo obutono obujjudde abantu abaavu olina okusangamu obubinja bw’abagoberera mu ddiini obukulemberwa abantu abalina endongo ez’omulembe n’enjoma. kino nakirabako mu bafunampola mu Gypsy ekisangibwa mu Bulgeria. Abantu abakylina obuzibu mu kufuna kyebanaalya bateeka sente mu bidongo n’enanga basoboze abantu abatono ennyo nga kkuminababiri okufuna okutendereza n’okusinza okw’omulembe? Baddamu nti “kino kye tulaba ku TV mu Amerika ”

Kino kusalawo kwange nti engeri abazungu oba ab’omumaserengeta jebatambuzamu enkola y’obwakabaka bw’akatonda, ekopeddwa okwetoloola ensi yonna, bukulembeze bw’assekinoomu, nkola y’okufuna ssente. Ekimu ku bigendererwa by’ekitabo “Luke 10 manual” kulaga kwagala kwaffe okuva mu nkola y’obwakabaka bwa Katonda.

Twetaaga obuteyawula, obatalaga bwagazi bususse eri ebitatugasa, n’obutayisa bubi abo abatali naffe. Tulina okulaba n’okukola nga Yezu bweyalaga era bwe yakola.

Tulina okulaba obukkiriza n’obugoberezi nga Yezu bweyalaga era bwe yakola.

Ekeleziya nga bwetugimanyi erina okutema ekkubo erituuka ku bukkiriza nga Yezu bwabwagala era nga bwa buzimba.

Bwoba onoonya kyakulabirako kyobutakwatagana mu ntambuza y’enjira kwabo abagitandika n’ebigendererwa byabwe, olabira ku masinzizo amangi agalina obukulembeze obwenjawulo.

Ekyali kigenderedwa okugatta abaana n'abakyala nga ab'oluganda n'abemikwano bifuusemu ngeri ya kwegulumiza mu bagoberezi.

## ENNYANJULA

### (Eri mikwano gyaffe mu East)

Kyamukisa okubanjulila obubaka buno. Kantandike n'okulaga nti Bayibuli, mu ntandikwa yaayo. Kitabo kyava mu East era nti Yezu Musajja ava mu East. Ensibuko yali y'abebbulaniya (Hebrew) si bagreeki ate ensibuko mu nsi kati kyondo kya Buwalabu (Middle East) so si mu mambuka ga Amerika.

N'olwekyo, mwe ab'omu East mwe musobola okusinga okutegeera kiki Yezu kye yasomesa n'okusinga nze.

Naye, kankozese obuyinza bwe nga ow'omumaserengeta okukaatiriza ekintu kimu, "Temukola masinzizo nga bwetugazimbye mu maserengeta mu mya nkuminankumi egiyise. Tekituyambye bulungi. Lwaki ate kisobola okuyamba omuntu omulala?

Emabega tuzze tulaba butya bwetukola amasinizo (obukulembeze, abagoberezi mu bibinja, ebizimbe, obutono) olwo tuzimbe entegeera y'ekigendererwa okwetoloora enzikiriza yaffe.

Eyo enkola y'ebifo ebyenjawulo n'obudde obwenjawulo ebintu ebyenjawulo mwe bikolebwa omuntu ow'enjawulo byotekolera ku lulwo ate mwosasulira omuntu ow'enjawulo okukukolera ke kamogo ku nzikiriza z'omunsi yonna. N'olwekyo, tutandika n'ensibuko y'eddiini. Bwe tutandika na butya bwe tukola amasinizo, entegeera y'ekigendererwa kyaffe ebeera kufuba kufuna Bantu bajje mu nkujjana era bawagire enkola z'ekeleziya mu kubeerawo kwaffe, okuyambako kyeyagalire, n'obuyambi bw'ensimbi. Ekyo si kyangu kukiyyita mugendo.

Ekisingira ddala obubi kuno kulanga okugendereddwa okuyitaabantu nga bafuuuka dda bakulisu okujja mu masinzizo mu kifo tebalina kye bamanyi.

Ekirungi bano be Bantu abamalirivu okukola kyona nga baamanyi nabuya bwe kikolebwa okusobola okuwereza abantu b'omukitundu mu ngeri jebakikoze ebbanga lyona.

Wabula, mu mbeera bweti obuweereza obw'obuwaze n'okwenyumirizamu nti bwe businga era abantu ne babwemaliramu n'okubutambuliramu awatali kutunula bbali. Kino kya kukiririzamu kya maanyi mu byona ekifuula abantu abo ab'enjawulo era abasinga abalala bona. Ggwe ate abo ebintu bino, abantu bakiririzamu n'okubikola kubanga bituufu era nabuli omu ali, bwataba mu nsobi, obutafaganaganako kuba mutuufu nga ffe.

Kiyinza okuba ekizibu mu kuyamba okulaba Yezu n'abagoberezi be nga omubiri ogumu okulaba Yezu n'obwakabaka bwe.

Okulambika obulungi kino tutandika na butya obugoberezi bwe bukolebwa (buzimbibwa) n'okwesiga oba obuvumu nti abantu banaafuna wakiri kye bamanya ku Yezu. Kino kitegeeza nti ekereziya n'ebigendererwa birabika bulungi era ebifanagana mu buwangwa obwenjawulo mu njawukana ez'obubinja. Ekyennaku, zisinze kuyingira mu nsi ezikyakula n'okusinga ezakula edda.

Albert Einstein ajjukirwa okugamba nti "Obulalu kwekukola ekintu kye kimu nga okiddijana nga osuubira okufunamu ekyenjawulo"

Enjogera endala gyeneyambisa "Buli lwetudiñjana byetwali tukoze, tujja kuberanga tufuna ebyo bye tuzze tufuna"

Tuyitirizza okukola byetuba tubadde tukolanga bulijo nga tusaba tufunemu ebintu byanjawulo. Kiki ekibaawo bwe tutandika ne Yezu? Kiki ekibaawo singa tuleka Yezu nakulembera enteekateeka zaffe era netuleka Yezu neyezimbira ekeleziya?

Watya nga emitendera giri, okutegeera Yezu, okussa ebigendererwa mu nkola n'okuzimba ekeleziya? Watya nga Yezu yalambika eddiini mu ngeri eyenjawulo mu buwangwa obwenjawulo?

Okusensula ebyo nga nkozesha ebiambo bya Yezu nga mpitira mu Lukka 10 kye kigendererwa ky'ekitabo kino.

Bwe tutunuulira ebiambo bya Yezu, mu myaka n'emyaka gy'okuzimba ekereziya, tutuukana n'ebiambo bye. Tweyambisa ebiambo bye okuwagira embeera zaffe. Zinansangwa n'ebyo bye tukola. Bino bikolebwa mu ekeleziya nga bwetuzze tukiteggera.

Ekeleziya Yezu jayagala efanana etya? Kiki ekibaawo singa tulaba ekereziya nga tweyambisa ebiambo n'enkola ya Yezu. Osanga singa twali tukola bye yalagira era netuyigiriza / netutendeka n'ensi yonna.

Okukola ebyo yezu bye yalagira tukole, yandikoze bye yasuubiza n'okuzimba ekereziya nga omukulembeze. Watya nga twatandika n'ekigendererwa nga Yezu bwe yakola era nalagira kikolebwe? Tukuyita otambule naffe nga Yezu mu Lukka 10.

## ESSUULA ESOOKA.

### OBUZIBU BW'ABAKUNGUZI OKUBA ABATONO.

Awo nabagamba nti, “okukungula kwe kungi, naye abakunguzi be batono” Lukka 10:2

#### **A/ OBUZIBU BW'EMITIMA.**

Yezu bwagerageranya obukulu bw'amakungula n'ebbulu ly'abakungunzi, tatubuulira Iwaki abakunguzi batano. Wabula, ekituufu kiri nti abakulisu bangi bettanira ebifo ebyabukalamu edda obukulisu mu nsi ng'ate ebyo ebifo omutali bakkiriza birina abatambuza enjiri/eddiini batono.

Kino kiretebwa okwegwanyiza kwaffe eri obukuumi, ebifo ebisava, enisaala, okunyumirwa, n'obutaba beralikirivu kubanga abatali bakkiriza tebasobola kuwa bintu ebyo byetwogeddeko waggulu!’

Okukungula ebiseera ebisinga kubeera kuzibu, omulimu ogw'obulabe gwewekolera ku lulwo! Ekyo kitizza ku kizibu ky'emitima gy'abakunguzi. Ebiseera ebisinga mpulira nti tugenda wala nnyo nga tunoonya Katonda.

Tugenda wala ekimala okuwulira omukwano gwe, okumanya okusonyiwa kwe, okufuna okuwonyezebwa mu bufunze okuwulira obulungi, naye si wala kimala okujjula mu mutima gwe ku lw'amawanga n'abali wansi / abaavu. Katonda ye kwagala naye si mulungi. Omukwano gwe muzibu, tegulina kkomodo ate teguyitirira.

Okukungula mulimu muzibu naye era gusobola okuba omukyafu n'ogwobulabe n'okuvunuka ebyo nga gibeera bumu n'omutima gwa Yezu.

Tulina n'okumanya n'ensinza empya emeruse n'obwetaavu bw'okumwoyo nga ekyetaago mu bbo nga ebyamagazi by'abantu abawansi. Endowooza bweti bwenebaawo, eby'enzikiriza bijja kuba biggiddwa ku buvunanyizibwa ku balala n'okugondera ennyo abo abasomesa eddiini.

Mu ndagaano empya, bino tebyawukana. Obumanyirivu bwa mwoyo mutukuvu ge maanyi eri obulamu obwateekwa ku Yezu nga ayitira mu buwulize obusukiridde.

"Naye muliweebwa amaanyi, omwoyo omutukuvu bwalimala okujja ku mmwe, nanti mwe munabanga bajulirwa bange, mu Yerusaalemi ne mu Buyudaaya bwonna, ne mu samaliya, n'okutuusa ku nkomerero y'ensi"

Ebikolwa 1:8

Endagaano empya ejjude enkyukakyuka sinziggu mu ddiini naye zino tezaliwo kubanga abagoberezi abasooka babyelowolezanga bokka era eri bbo. Mu ndagaano empya tewaliwo kiraga bayigiribwa nga basomesa abakkiriza butya bwebasobola okugenda mu ggulu ery'okusatu, butya bwe basisinkana bamalayika , yadde butya bwe bayinza okumanya eddoboobi lya Katonda. Waliwo obuwereza bungi mu bulaaya (west) nga essira bulissa ku bakulembeze okugamba nti basobola okusomesa abalala butya bwe basobola okufuna ebintu bino. Boogera ku kugenda mu ggulu ery'okusatu nga omuntu bweyandigenze mu kifo mwebatundira emmere n'olwekyo nebalaga nti tebagendangako wala kusukka ndowooza zaabwe na kuteebereza kwabwe. Kino kisuukka ku nsomesa ya Bayibuli. Abantu balina kye bayiga mu nkunjana zino? Enkunjana ennene, endowooza z'abantu, n'enkola y'okwagala kwaffe bisobola okuleeta obwagazi obususse n'endowooza etali ntuuufu ku bw'omwoyo nga bwe bwali. Olw'okuba abantu mu ndagaano empya baalaba ku maanyi agatali ga buntu, tekitegeeza nti tulina okuganoonya.

Enkunjana ez'obukkiriza obusukkiridde n'obuwereza ku TV busukka ku Bayibuli byesomesa. (biri wabweru wa Bayibuli)

Enyiriri mu Bayibuli zikozesebwa mungeri gyezitakozesebwangamu mu ndaagano empya.

Eno y'ensobi ekereziya eyasooka jeyalwanyisa abantu abamu bwe baali batandise okugamba abantu balina ebitone eby'enjawulo mu nzikiriza era nebabisomesa nga ebyetaago mu kuwonyezebwa enkola za sitaani. Abasomesa bano basukkulumya amaanyi gaabwe mu by'omwoyo okusinga ensomesa enyangu y'ebyawandiikibwa. Yokaana yabooogerako bwati mu Yokaaana 1:1-4, "Ku luberyeberye waaliwo kigambo, kigambo n'aba awali Katonda.

Ebintu okuva mu ntandikwa, ebintu ebyatuuka ku bona, bireeta obuweereza obutuufu n'essanyu etuufu. Eno enkolagana ne Katonda eggya kwejjayo mu ngeri yaayo entuufu n'abantu abalala.

Yokaana mwerufu ku ngeri y'okulagamu enkolagana ne Katonda okubeera nga kwe kwagala n'okuyambagana.

Mu ndagaano empya okumanya Katonda tekwayawukananga na buwulize eri Katonda. Bafunanga embeera oba amaanyi agasusse ag'obuntu n'ebyamagero by'akatonda nga bayita mu buzibu n'okunyigirizibwa n'okubonabona okugondera mukama waabwe. Okugeza nandikiriziganyizza n'abantu abangi abalowooza nti Pawulo okulaba ku ggulu ery'okusatu kyaliwo nga akubiddwa amayinja era nalekebwa wabweeru wa Lystra (Ebikolwa 14:19). Ekintu ekikulu oba ekisooka kuba bakozi ne Katonda!

Tebaalina kunoonya maanyi ga mwoyo mu bbo. Tulina kubeera abo abamanyi nti tufiiridde ebibi era abeetegefu okwelianjula nga abapya era saddaaka ennamu gyali.

Tubeere balamu okugoberera mukama waffe ppaka mu maka amalala, ekyalo ekirala oba ensi endala. Tutambula naye.

## **B. EKIZIBU KY'OKUTENDEKEBWA /**

### **OBUZIBU MU KUTENDEKEBWA.**

Entendeka ey'edda nayo esobola okubeera ekizibu,kifuuse kyamazima nti ebbanga omuntu ly'omaze mu kusomesa eddiini n'enzikiriza, jekikoma okubeera ekizibu ennyo abantu abo okutwala abalala eri Yesu. Mu butuufu, amasomero ga Bayibili agasooka n'ago agasomesa ababuulizi n'abafaaza, tebatendeka bakozi/bakunguzi, batendeka abakungu mu kutebenkeza n'okukulakulanya ebitongole. Abayigirize / abatendeke abo oluvanyuma abalabika nga bawanguzi mu kulaba ng'abantu bangi bafuuse abagoberezi ba Yesu.Bawa obujuluzi nti baali balina okwesonyiwa ebyo bye baasoma mu seminaaliyo okusobola okubeera abagoberezi ba Yezu abawanguzi n'abatendesi b'abantu.

Ekirala kyebakkiririzamu kiri nti, jookoma okutwala omuntu ewala okuva we babeera nga bagenda kutendekebwa, jakoma okubeera nga asobola okudda okuweereza mu kitundu ekyo. Kino kiyinza obutaba kikulu ebulaaya naye kikulu nnyo mu nsi ezisookerwako, bwojjayo abantu n'obatendekera mu mbeera y'abazungu, oba singa ojja omuntu ku kyalo ky'ensi ezisookrwako/ ezikyakula n'obatendekera mu kibuga. N'ekirala, okutendekebwa okwo kufulumya abakungu abetaaga ate

okuwangaalira mu mbeera ennungi era etuukana n'obukugu bwabwe. Tutendeka bakozi abeetegefu okwenyigira mu mirimu emizibu egy'amakungula n'obulamu bw'omunimiro omukungulwa.

Yezu yatendeka abakozi be mu nnimiro. Tetulinawo kirala kisinga wano wabula ekyo Yezu kye yakola! Yezu yatendeka abavubi n'abalimi mu nnyanja ne mu nnimiro zaabwe okubeera abavubi b'abantu.

Teyayagalako kutendeka bakugu mu bya ddiini.

Yezu yavumirira n'okukuumira abakugu b'eddiini ku mulembe gwe. (Matayo 23 Yezu yali mukambwe!)era yandikoze kye kimu ne leero.

Yezu yayogera ku kutendekebw okw'okukola mu Yokaana 7:17 "Omuntu bwayagala okukola oli byayagala, alitegeera okuyigiriza kuno oba nga kwava eri Katonda, oba nga nze njogera bya magezi gange". Tumanya luvanyuma lwa kukola!

Empisa, obukkiriza n'okulafubana okukola nga bweyakolanga kireeta okubeerawo. Ku lulwe n'obuntubulamu obwa waggulu.

Okukenkuka obukenkusi obubaka, n'obwongo, obw'awaggulu eri ebyawandiikibwa, amazima ga Bayibuli n'ebikwata ku ddiini ebisome bisobola okuleeta obuteefiirayo obwawaggulu nga bwekiragibwa Abafalisaayo mu Yokaana 7:49 "Naye ekibiina kino abatategeera mateeka bakolimiddwa"

Yezu era yayogera "nga ali mu kutendeka" mu Matayo 28:19-20 n'ekiragiro oba etteeka okukkirizisa amawanga nga gasomesewa okukola ebyo byonna bye mbalagidde okukola.

Eky'obulabe mu buwereza obw'amatendekero kirimu enjawulo mu bigobererwa n'engabana y'obukulembeze obw'ekibinja ekyo.

Kino kireetawo n'embeera y'obusukkulumu kubanga mulowooza nti ebyammwe bye bisinga!

Obutafagananako n'ekyo, amateeka ga Yezu kusonyiwa n'okusasulagana olwo n'etuweereza abalala n'obuwombeefu wamu n'obwenkanya.

Ekiluubirirwa kiri ku mitima giwonyezeddwa n'enkolagana so si butuufu bwa bigobererwa eky'ennaku, abagezi n'abebitone ebyamanyi bebasinga obutamanya kukola mikwano na nkolagana, okwemanya olw'obugezi n'okutegeera ennyo. Si musingi mulungi okwagala enkolagana Pawulo omu ku basajja abasinga okuba abayivu ow'omulembe gwe, gye yekeneenyamu Abakkolinso 8:1 nti "amagezi gaggwawo naye ate omukwano gwo gweyongera"

"Kiki kyewandyagadde okubeera omuntu ayogera ku byamagero oba omuntu alaga abalala omukwano najjayo omukwano gwa Katonda? Mu bw'akaba bwa Yesu tumanyibwa na byetukola so si kumanya kungi mu mitwe gyaffe.

Tewaliyo mpapula za buyigirize ku bisenge by'o bw'akabaka bwa Katonda. Yezu obw'akabaka bwe yabukwasa bantu bataasoma n'abatali batendeke. Lwaki tulowooza nti ekkubo lyetukutte lye lisinga?

"Awo bwe baalababa obugumu bwa Peetero ne Yokaana, ne babategeera okuba abantu abatamanyi kuusoma era abataayigirizibwa nnyo, beewunya, ne babeetegereza nga baali wamu ne Yezu" Ebikolwa 4:13.

Obujulizi obulala obulaga ensobi eziri mu kutendekebwa, ye mukulembezi w'eddiini omututumufu okukola obuwereza obutendeka abayizi bakolere ddala ekyo omutendesi kyakola mu buweereza okugeza okuwonya abalwadde. Kino kiwulikika kirungi. Abayizi batandika okwettanira ettendekero lino mu bungi okuva mu bifo byonna omukulembeze ono mwaweererezza. Ebiseera ebisinga abali obubi bettanira nnyo amatendekero gano. Embeera mu matendekero ne mu sinzizo eribagatta esobola okuba esanyusa enzizibu ate ekyusa obulamu. Obuzibu buli ludda wa?

Kino si Yezu kye yakola yadde okutulagira tukole, noolwekyo, wajja kubeerawo ebizibu!

Ekizibu ekisooka kubeera batendeke. Essomero lino litandika okukula n'obwetaavu bwalyo nebutandikawo. Betaaya abakulembeze abasomesa n'abayambi oba ababeezi ab'ekyama. Abaasindikibwa okusoma batandika okusigala mu ssomero. Obuwereza bunno tebuwa Bantu ba ku kitundu mukisa abo abaasindika abaana baabwe okusoma okusobola okudda babakolere

obuwereza. Wabula babasigaza ne bakolera bbo. Ennimiro oba ebifo by'okukungula bisigala tebirina bakozi oba bakunguzi bamala olw'amasomero g'obuwereza.

Ebifo by'obuwereza bino biba n'enkuñjana ate nebateeka kitono mu bibuga byabwe eby'omunju oba obutateekeramu ddala.

Watya nga obudde ne sente ebiteekebwa mu nkunyjana biteekeddwa mu batalina we babeera, abaavu, ebibuga byaffe n'ababundabunda? Butya? Amakungula ge babuulirako era gebasaba gandibadde gabaawo.

Mu masekati ga 'Asia' twewuunya okusanga abantu ssekinoomu abaamalako amasomo ga Bayibuli agawera munaana okuva mu buwereza obwenjawulo. Lwaki omuntu yandyagadde okubeera omuyizi ow'olubeerera awuliriza okusomesebwa kwekumu buli kaseera? Lwaki bandyetaaze okusoma era neera?

Ebiseera ebimu okutendekebwa kubeera mu kibiina omuli olubaawo ekintu ekyakabi mu mbeera y'obwatu. Ebiseera ebimu enkola y'okutendekebwa ereeta enkwatagana n'ekitongole ky'obuwereza ekivaamu okufuna ebifo eby'okusasulwa omusaala. Kino nakyo kireeta obuzibu.

Osobola okubeera omukakafu nti ebitongole by'obuwereza tebigamba bagoberezi babyo nti abayizi abasinga obungi mu ssomero lya Bayibuli baamala dda emisomo emirala mingi mu masomero ag'enjawulo agafananako gano. Ndi mukakafu nti boogera bungi bw'abo abatendekebwa okubeera "abakulembeeze b'enkyo mu nsi".

Lwaki bandikoze kino? Nabo benyini baatendekebwa mu masomero ga Bayibuli okuddukanya essomero lya Bayibuli kyoka kyebasobola okukola! Bamanyi okutendeka abakugu okufuna emirimu mu bifo ebizimbiddwa ebyenjawulo.

Tebamanyi butya bwe batendeka bakoze banaakola mu masamba. Obuwanguzi bwabwe buyimiridde ku muwendo gw'abayizi bameka abegatta ku masomero gaabwe. Babala mpapula z'abuyigirize ezigabiddwa abayizi abamaliriza emisomo. Tebasobola kubala bagoberezi be bongedde mu kutya Katonda.

Ekyesanyu abamu babikoowa nebasigalira kugoberera Yezu. Naye n'ebintu ebimu ebyagobererwanga bikyuse. Mpulidde amasomero mangi agatakyasobola kuttikkira muyizi, atamaze kugenda n'abatizaayo abantu kkumi na babiri era n'abafuula ab'omubantu abagoberera Yezu Kulisitu.

Amazima amatuufu gali nti ekibinja kyona oba obuyinza bwona obwesowolayo nga bwawukana n'ekereziya eyasooka, butereevo kifuukirawo omulabe w'ekereziya eyasooka oba ey'omukitundu.

Ebibiina/ ebitongole bino bifuna obuyambi bw'ensimbi era n'ebibiina waggulu wa ekereziya ezasooka mu kifo kya Yezu. Amakunjaniro gano agasomesa n'okutendeka abakulembeze b'ekereziya ab'enkyo, gegaleeta endowooza eyawukana neyo ebaddewo. Kino kiraga obutali butuufu ku mazima ga Yezu kwekugamba obuweereza bwonna obuwakanya obukulembeze bwa Yezu nga omukulembeze ow'okuntikko owa ekereziya n'omulunjjamya w'abantu be.

Embeera y'okwawukana ku Yezu si kya muntu ssekinoomu naye omwoyo oguli butereevo mu ekereziya, Yokaana bwatyo bwagamba mu Yokaana 2:18-23.

Obukakafu bw'okwawukana kuno nkola ya Yezu. Obuwakanyi ku Yezu bwava mu ekereziya era bano bagamba nti yezu si ye kulisito.

Naye, sikakasa nti Yokaana ayogera ku kuwakanya Yezu mu bigambo wabula ebikolwa ebiraga okugaanibwa kwa Yezu n'obukulu bwe eri ekereziya.

Tukkiriza obukulembeze bwe n'akamwa kaffe naye ffe tukola okusalawo kwona olwo no netumunafuya era netutamufuula mukulembeze owawaggulu owa ekkereziya.

Naye, emyaka amakumi abiri egiyise amakereziya mangi obuweereza/ gavuddeyo okwetoloola ensi yonna nga mamalirivu okutendeka abagoberezi.

Abakozi abetegefu okukungula mu masamba. Ekyo Yezu kye yakola era David Garrison akiwandiikako mu kitabo kye ekiyitibwa “church planting Movements”. Okutambula kw’okuweza abagoberezi kusasaanye mu Bantu abaali batatuukwako ne mu bitundu ebibadde biyitibwa, ensonga emu ekireese eri ku kutendeka bakozi mirimu.

Abagoberezi bafunibwa bagoberezi. Bireeta bantu abamanyi okutambuza enteekateeka n’okuteekawo ebikujuko.

Yezu yagoba enkuŋjana obulamu bwe nabutambuliza ku Bantu kuminababiri.

Amaanyi g’obwakabaka bwa Katonda gali mu nkolagana na Bantu.

#### C. OBUZIBU BW’OKULENGERA/OBUBAKA/ OKWEKWASA MU MAKUNGULA.

Mu njiri ya Yakoona essuula eyookuna mulimu emboozzi y’omukyala ku luzzi.

Ebiseera ebisinga abaju (Jews) baayisangamu abasamariya amaaso nga abantu abamawanga amatabiketabike abaatambulanga Samaria mu kifo ky’okuyitamu. Naye Yokaana atugamba mu lunyiriri olw’okuna nti Yezu “ayagala okuyita mu Samariya” ekyo kyavaamu okusisinkana ku luzzi n’okuwonyezebwa kw’omukyala era nekireetera Yezu okwogera ku nnimiro enjeru (ezitukudde) mu biseera by’amakungula

“Mwe temugamba nti esigaddeyo emyezi ena okukungula kulyoke kutuuke? Laba, Mbagamba nti muyimuse amaaso mulabe. Ennimiro nga zimaze okutukula okukungulibwa” Yokaana 4:35

Abayigirizwa ne Yezu baali batunuulidde ennimiro y’emu Samaliya.

Abayigirizwa baalaba ennimiro nga temuli kantu oluvanyuma lw’emyezi esatu okuva ku makungula. Baali tebalina kukkiriza nti ekintu kyona ekirungi kiyinza okubeera mu Samariya. Yezu yali akyalya era kulw’okwagala kwa Katonda naalaba ennimiro nga zitukula era nga zituuse

okukungula era nga akolera ku kukkiriza olw'okubaako mwoyo mutukuvu, yakungula amakungula. Bombi baatunuulira ennimiro yeemu naye baalaba okusinziira ku mitima gyabwe.

Okugamba nti ennimiro erina "ettaka ggumu" bwa nabbi obutuukiriza eky'omuntu kyagambye. Era kinenyezebwa ne ku makungula okuba nga tegaakungulwa.

Oba ekisinga obubi, kinenya Katonda "Katonda tali wano nga bwali mu mawanga amalala". Ebizibu by'obubaka bizibu bya mitima ebyetaago okujibwaho n'okubatizibwa mu mutima gw'omukulembeze (Yezu)

Emyaka mingi obuwereza bulanga mu nsi z'abasiraamu obubaka obugamba, "Mujje eri Yezu, n'olvanyuma ofune ekereziya ennungi mwoba obatizibwa n'okufuuka omugoberezi mu yo" Obubaka obujjudde obuzibu kubanga teri makereziya gasisinkana mu bizonbe mu nsi eyo ku lwa batuuze baago. Enkyukakyuka mu nkola y'ebintu yateekebwa mu nkola. Batandika okulanga enkuñjana za ekereziya ezijudde emisomo gya Bayibuli, okubatizibwa n'essaala oba okusabira abalwadde.

Obubaka bwafuuka "jangu eri Yezu era otandike okuleeta abagoberezi mu maka go". Abantu abo kati beyongera mu mbeera eyo era ebivaayo bigamba, nga ekitundu ku muwendo gw'abantu, waliwo abakkiriza bangi ebabatiziddwa eyo okusinga mu bubirigi (Belgium) ova Bajapan (Japan). Enkola eno yeemu ey'obubinja obutonotono ku butambi bwa vidiyo ne ku bibanja ebinoonyereza (internet) biyamba mu buwereza obw'abatonotono olvanyuma lwa kino mu Iran.

### **EBIBUUZO EBIBUUZIDDWA ENYO.**

Kirabika nga ekizibu okunenya omutima ova ekilowooza (ekirooto) ova enkola y'abakozi olw'ebbulu ly'amakungula mu bantu ab'ekitundu ekimu. Si kituufu nti obuwangwa obumu bwanjulukufu era bwetegefu okwaniriza Yezu?

Tewaliwo biseera bya kusiga na kukungla?

Kituufu, waliwo ebiseera by'okusiga n'okukungula naye kyenkana bigoberenjana wamu nga Pawulo bwakyogerako mu 2 Abakolinso essuula ey'okusatu. Era kirabika mu buli buwangwa

waliwo ensawo z'amakungula omuntu wagayaliridde endowooza "y'ettaka eggumu" nakkiriza zino ezisinga z'atandikira mu baavu, abakoowu n'abo abagyiddwako eddembe lyabwe.

2. Si kituufu nti enkola mu buwangwa obumu esobola okukola mu bulala?

Bwe twogera ku mateeka gano mu maserengetta (west) abamu bagamba nti bijja kukola ne mu East naye si wano. Bwetwogererera mu east abamu bagamba nta gajja kukola mu maserengeta (west) naye si wano.

Ffena twagala okwekwasa! Naye tuli ku mateeka ga Yezu. Ye mukulembeze ow'amanyi era omusajja akyasinze amagezi. Ebigambo bye bwebiba mu buwangwa bumu, ffena tuli mu buzibu obunene. Ebigambo bye bwe bisaasanira amawanga era nga by'ebisumuluzo ebiggula enziji ensibe olwo obuwangwa bw'obwakabaka bwe busobole okujjula emitima, amaka, ebibuga n'amawanga.

3. Eno si nkola ndala? Era tukyakoppa bukoppi bintu ebikolebwa ewalala nga tusuubira nti bijja kukola ne wano?

Tulina kuba bagoberezi ba Yezu. Ebiragiro bye, ffe kutendeka balala basobole okugondera ebintu byonna bye yasomesa. Tetuli bagoberezi b'amuntu yenna, kababe abo abawanguzi ab'awaggulu. Kituufu tuli basanyufu kuba ssekinoomu bangi abakkiriza ebigambo bya Yezu mu Lukka 10 era abalaba ebibala by'obuwulize mu bitundu ebibadde ebigumu (ebizibu) ennyo. Temulowooza nti eno nkola ndala wabula kino Yezu kye yalagira.

Ebirubiirirwa by'amasinzo agasinga gazimbiddwa ku bya nfunna na kutunda. Noolwekyo, endagaano empya yeyambisiddwa okukakasa ebyogerwako naye essira ebiseera ebisinga liri ku kufunamu mu kaseera katono. Okufunamu kuno kwa kaseera era kujja ne kugenda naye amazima gonna gali mu Yezu era tunoonya mazima ago mu Yezu.

Eno sinkola ndala, eno nkola ye! Wabula, kisanyusa okumanya nti abastendesi mu by'enfunaa abamu bakozesa z'a Yezu n'okutendeka kweyakozesa.

4. Lwaki tuzimba amatendekero ag'okutendekerwamu wamu n'okusomesa?

Lwaki tetukola ebyo Yezu bye yatendeka n'okuyigiriza mu nimo? Kirabika kyekuusa ku mbeera y'okuwulira amanyi mangi, mu ntambuza y'ebantu, Obuwanguzi n'ebirabika? Kirabika kikwatagana ku kukoppa engeri ensi jekolamu ebantu, Kirabika kiri ku by'edda? Kirabika kiri ku butali butebenkenvu n'obutaba na kukkiriza nti ebyawandiikibwa ne mwoyo mutukuvu ku bigambo bya Yezu nti ekisinga mu kubeera omujulizi ku Yezu n'obwakabaka bwe, kwe kujjuza n'okukulemberwa mwoyo mutukuvu? Osanga kiyinza okuba nga kyekuusa ku kubeera nti abantu abakulu baalubatu (batono) abatambula n'abaana abato nga Yezu bweyakola ku bagoberezi be? Osanga oba kubeera nti tewaliwo nkwatagana mu bya bugoberezi bwa Yezu n'okukyusa obulamu nga bayitira mu kutambula n'abantu nga Yezu tegaasobolanga? Enteekateeka, obubaka n'amabaluwa tegasobola kukozesebwa mu kifo ky'emikwano n'enkolagana.

5. Kyogamba nti buli omu atandika obuweereza obw'engeri yonna obutendeka oba obusomesa Bayibuli aba n'ebigendererwa ebibi?

Nedda, sibwenjamba. Ffena tutandika enkola zino n'ebigendererwa ebirungi. Tulina emboozi yaffe ey'okutandika n'okuyimiriza ettendekero! Obuzibu buli nti bwetutagoberera ky'akulabirako kya Yezu n'obutakola ebyo bye yalagir, tumaliriza tuli mu kifo kikyamu. Obuzibu obuli ku kutendekebwa okugoberera omuntu oba ekitongole ekimu bweylefu.

Kiyinza okutandika n'ebigendererwa ebirambulukufu naye ettendekero kasita liberawo, era nga liddukanyizibwa, lifuna embeera eyalyo ku bwalyo era n'okusanyusibwa kw'abo abaliddukanya biyinza okubeerera ddala ebyenjawulo okuva kw'ebyo eby'abanannyini kulitandika. Abatandisi bayinza okuba nga baalina obulambulukufu ku bakozi naye abo abajja oluvanyuma essira balissa ku kukuuma, okukulaakulanya essomero, okwongeza emisaala gy'abwe n'okwekuza mu bukulembeze.

Ebantu ebirungi bibaawo? Bibaawo, naye amatendekero gonna gafuuka balabe b'amakungula. Banyunyunta eby'obugagga byonna n'abantu Yezu bye yandisindise mu makungula.

Ekyatandika nga ettendekero eryakaseera lisobola okufuuka essomero lya Bayibuli ery'emyaka essatu ate eryatandika nga essomero lya Bayibuli lisbola okufuukamu sseminaliyo ey'emyaka ena ate ekyatandika nga sseminaliyo kisobola okufuukamu ssetendekero (University). Olwo ekigendererwa ky'abatandisi kiba kifudde buli ebyo lwe bibaawo.

Tulina kubeera bagoberezi ba Yezu Yasomesezanga mu nnimiro. Abagoberezi abalinga mu nnimiro jebayinjiwalangamu. Emu ku mbeera bweziti kwe kutendekebwa ku mulimu. Kino kyongerezebwako, okutendekebwa okumpimpi n'okuwummula abagoberezi webafunira omukisa okufuna amagezi n'obubaka okuva eri abakulu mu nzikiriza.

## ESSUULA EY'OKUBIRI

### ESSAALA EZONOONEDDWA N'ENKULA Y'ENSI

**"Noolwekyo musabe mukama w'okukungula okutuma abakunguzi mu kukungula kwe"**

**Lukka 10:2.**

**A/ ESSAALA EZONOONEDDWA.**

Kiyinza okuba ekinyuma okugamba nti Yezu teyatulagira kusabira babuze naye ago gemazima. Teyatulagira kusabira makungula okukaaba kw'abalekeddwaho, abayisiddwa obubi, abatulugunyiziddwa, abali mu kutya, abalwadde, abaalemara ku bintu ebimu, abalumiziddwa

b'ebakwata ku mutima gwa Katonda. Okukaaba kw'ababuze z'essaala ezaddala, ez'amaanyi era ezitakoma.

Yezu yalaba enimiro nga zittuludde era nga zirindiridde nnyo okukungulwa. Zeetaaga okutegekebwa okw'omwoyo. Tulina okuwulira essaala zaabwe! Tebeetaaga ssaala zaffe. Betaaga obuwulize bwaffe.

Kiyinza era ekitakkirizika bwetugamba nti Yezu teyatulagira kugatta maanyi ga mwoyo okufa, ababuze oba okulaga amaanyi ga mwoyo gonna agalaga obuyinza ku bo. Awo si weyalaba ekiremesa amakungula. Ng'ovudde kwekyo, yamanya nti agenda kukwatagana n'amaanyi gonna agenzikiriza nga ayita mu kufa n'okuzuukira kwe.

Enkwatagana ku b'efeeso 1:15-23, abakkolosaayi 2:14 -15 n'abebbulaniya 2:14-15 biyinza okugoberegana wano. Amaanyi g'omwoyo agagattanga amawanga.

Okubeera obumu kyakolebwanga bayita mu kufa n'okuzuukira kwa Yezu. Ffe okusaba nga tulinga abaali bakola omulimu guno. Kya kukolera mu butakkiriza kw'ekyo Yezu kye yamaliriza edda. Tetusobola kukolera ku tekinologiya wa mwoyo ebyo ebyakolebwa edda ku musalaba.

Eyo y'ensonga Iwaki tubuulira ku Yezu na Iwaki Yezu yattibwa! Pawulo tasabira maanyi ga kizikiza naye nti ekeleziya yandibadde n'okubikkulirwa ku buwanguzi bwa Yezu ku kizikiza.

Yezu yalandirira ku bayigirizwa (bagoberezi) abaali bakomawo (Lukka 10:18) nti yali alabye sitaani nga agwa nga akamyanso okuva mu ggulu. Naye nti ekyo kyavaawo nga bagoberera Yezu mu kutambuza ob'wakaba buli jebaalanganga. Ekyo kye kyava mu bukkiriza bwabwe mu nsi.

Yalandirira nti baalina obuyinza ku misota ne ssingga ne ku maanyi g'omulabe gonna, era buli bwe bakozesanga amaanyi gano mu kuwonya n'okusumulula, Yezu yalandanga sitaani nga agwa.

Mu bakulisu abakiririza mu bitone bya mwoyo mutukuvu ebyenjawulo kirabika osobola okubeera n'obuwereza okukola ebintu bya mwoyo ebtalii mu kuwerezza Bantu. Bajja kuyimbira akabanga,

boolese mwoyo balangirire, batambule nga bwe basaba babeere n'enjendo z'okusaba bakole obwa nabbi ku makungula aganajja basabire amakungula agajja, balangirirere amakungula naye tebajja kuddira maanyi na budde n'enkolagana okukkiriza amateeka ga Yezu nga bwegali mu lukka 10 olwo bakungule kati.

Kasita muba nga musaba, mukola obwa nabbi, okwetegeka n'okulangirira muli bulungi. Tewaliyo mbeera ya kulemererwa. Tewaliwo by'akulamula. Musobola okulamula embeera y'ensi, okulinyibwa mwoyo, embeera y'okuwulira enkunjana. Musobola okwogera ku kuvaayo kwa mwoyo naye mulina okubeera abatukuvu okugiwulira oba okugitegeera. Mulamulira ku bino ebirabwako. Tewaliwo kubuuzibwa ku bulamu obwaddala. Muleesewo ekiragiro n'enkola ey'okuweza abagoberezi era bali mu nsi y'obulimba bw'enzikiriza etaggwaamu nkunjana.

Lwaki tusaba nga abalina okusendasenda, okusikiriza n'okukyusa omukono gw'aKatonda gutambule mu mawanga. Tetukkiriza nti ayagala abantu era abaagaliza birungi? Okusaba okungi kubeerawo kubanga tetunasisinkana mbeera ya mutima gwa Katonda. Kituufu, sabira amawanga ppaka lw'onafuna omutima gwa Katonda.

Lwaki tusaba nga jobeera nti jetukoma okusaba buli kadde wamu n'okusaba nga tuwoggana Katonda janaakoma okuwulira n'okwanukula essaala zaffe? Yezu yatusaba obutakola bwe tuti kubanga abaabula mu ddiini bebalowooza nti bajja kuwulirwa olw'ebigambo byabwe ebingi (Matayo 6:7) Katonda awulira mitima gy'affe.

Lwaki tugezaako okunjana ez'okusaba? Ddala nga bwejisoboka mu nkunjana ez'okusaba nga tuli bangi, Katonda janakoma okwanukula?

Tusobola okufuna okwesiima ewa Katonda nga twesigama ku muwendo gw'abasaba? Yakobo atugamba nti essaala y'omuntu omutuukirivu y'amaanyi era atuwa eky'otubbirako kya Eliya (Yakobo 5:16-17) Katonda ayagala bukkiriza n'obutebenkenvu so si bungi bwa bantu.

Lwaki tulowooza nti essaala y'abantu abangi yesinga? Essaala y'awamu eleetawo batutumufu mu bakulembeze b'essaala naye Yezu yavumirira enkuñjana z'ebyeddiini ku mulembe gwe era n'agamba nti bwetusaba mu kyama Katonda atusasula mu lujjudde (Matayo 6:5-6)

Omwoyo gw'eddiini guija kujaguza Katonda kye yakola emabega n'okusanyukira okujja kw'omulokozi mu biseera by'omumaaso naye gw'etamwa agamba nti, "Leero ebyawandiikibwa bino bituukiridde mu matu gammwe" (lukka 4:21-30) Katonda bye yakola emabega bituletera obutebenkevu era Katonda byanakola mu maaso bituleetera akamwenyumwenyu naye ekiragiro ky'amukama waffe kyetaaga obukkiriza n'okwerekereza kati.

Ekituufu kiri nti Yezu yatulagira okusabira abakozi nga amakungula gatuuse! Yakoze enteekateeka zona nga zeetagisa. Yamaliriza okuwolereza okw'amaanyi. Tujja kukungula ebibala by'okufuba kwe. Tulina kusabira bakozi.

Akabi k'okusabira abakozi k'eko k'eniyini akaatuuka ku bayigirizwa. Bunambiro baasindikibwa ng'ekyokuddibwamu eri okusaba kwabwe! Bwe twewombeeka okusaba, wesanga tuttkirizza enkola ya Yezu.

Si ffe ba nnanyini, abakugu abanoonyereza oba ba kabaka. Tewaliwo kirabo oba buwerezza buyitibwa bw'a nabbi. Tewaliwo baawaggulu mu buwolereza. Ffe tuli babuulizi era ffena tusaba kubanga okusaba kimu ku mirimu gy'affe. Ffe bakozi / bakunguzi.

Tulina okusabira abo abakkamu era abanewaayo okukola emirimu emikyafu era oluusi eg'yobulabe mu makungula. Katonda alina enkola emu era nga kw'ekusindika ekigambo kye mu mubiri okubeera mu bantu olwo balabe obuyinza bwa Katonda obujjudde ekitiibwa n'amazima. Yokaana 1:14 y'enkola ye esooka. Talina nkola ndala.

Tetusobola kusabira bakozi nga ffe tetugenze mu makungula. Tusabira abakozi!

## B. KATONDA W'AMAKUNGULA

Mu mboozi ya Lukka eno, Yezu y'eyita "nanyini makungula" Akoze buli kisoboka okufananira ddal bwatyo. Enjogera ezimu zigamba nti abakulisisu bajja kukendeeras okutuusa Yezu Iwanajja n'atununula okuva mu kiro ky'amasitaani. Bakkiriza mu bw'onoonefu okuwamba ensi eno so si bw'akabaka kujjula nsi eno nga bwekirabwa Danyeri mu Danyeri 2, era nti kirangirirwa kukomawo kukozesa maanyi / buyinza kw'ebyo by'atasobola kukola ku mukwano gw'omusaalaba. Bakkiriza nti tebyaggwa ku musaalaba era nti okwewayo kwe kwali tekumala okununula omulembe ogwabula. Balowooza Yezu yandyeyise kabaka w'omulembe omukendeevu.

Yezu yawangula ku lw'ebibi ku musaalaba omukwano ddala tegulemererwa! Emiwendo giraga nti obw'akaba bw'aKatonda bw'akabaka obweyongera okukula. Mu kyasa ky'ana (40AD) omugendo Yezu gwe yalina gwalimu abakulisisu omutwalo gumu (10,000). Mu myaka 30 kuva ku kufa kwa Yezu, bukadde bw'abantu basatu oba ebitundu kkumi ku kikumi ku bungi bw'abantu mu bw'akabaka bwa Looma okukula okwo okw'amaanyi kwakoma mu kyasa ky'okusatu era ekereziya nefuna obukulembeze obwe'njawulo naye okukula kwaddamu nate n'abalamazi n'omutuukirivu Patrick era oluvanyuma lw'okugwa okulala okukuba kwaddamu ne Martin Luther era n'enkyukakyuka sinziggu, okuzaawo ebyasaanawo era n'okutambula kw'abakulisisu okw'emyaka bitaano (500) ejiyise.

Mu byasa ebisatu ebyasooka, ekereziya kyali kunjaniro tonotonu nga abakulisisu basisinkana waka naddala ku kijjulo. Enkuujjana zino ddala tezaggwawo naye emyaka mingi nga ekereziya mu bumenyi bw'amateeka ebonereza z'okusalira omusango omukulisisu yenna eyasomanga Bayibuli mu maka ge oba oyo asaba n'abaana be. Ekyali tekirabikalabika era nga kikwekebwaa kyejjayo mu kyasa ky'amakumi abiri nga okusaba kw'omumayumba kulabwako nate, naddala mu china.

Mu myaka ejasooka egy'okutulugunya aba china abakkiriza bangi baava mu bukkiriza Ba nabyafaayo bagamba nti ebitundu nsanvu (70%) ku buli kikumi eby'abagoberezi 750,000 begaana Mukama. Aba china bwe baabivaamu, ensi yali mativu nti tewajja kubaawo mukulisisu asigalawo

mu myaka ja 1970 nga gigwako, enzigi za china zatandika okweggula era kati abanoonyereza abasinga bakkiriziganya nti waliwo abakulisitu nga obukadde 100 mu china leero.

Bwe tutunulako mu Africa, mu mwaka gw'olukumi mu olwenda, Africa yalina obungi bwabantu bwa bukadde kikumi mu munaana n'emitwalo nsanvu oba ebitundu mwenda ku kikumi baali bakulisitu.

Abakulisitu abasinga baali obukadde asatu mu buna mu emitwalo etaano.

Mu 1962, waaliwo abasiraamu obukadde kikumi ana mu butaano (145). Obukadde nkaaga be baali abakulisitu. Mu mwaka gwa 2000 waaliwo abakulisitu obukadde bisatu mu nkaaga mu Africa. Ebitundu ana n'obutundu mukaaga ku buli kikumi (40.6%) eby'abaddugavu baali basiraamu era ebitundu ana mu bitaano ku buli kikumi baali bakulisitu. Okuva mu 1900 okutuusa mu 2000 omuwendo gw'abakulisitu gweyongera bwogerageranya n'abasiraamu.

Okuba mu Buyindi (India), ekitongole kya "starfish", ekitumbula okusaba kw'omumayumba mu Buyindi, kigamba nti ku lunaku lwa Pentekooti mu 2009 baabatiza abantu emitwalo asatu. Ku lunaku lw'elumu mu 2010 baabatiza abantu akakadde kamu. Abakulembeze b'ekibiina kino, nga kwekuli victor ne Bindhu choudhrie bagamba nti okukakanya okwamaanyi kukoleddwa mu basiraamu ne ba Brahmin era ekitongole kino kyekimu kwebyo ebingi ebikulu enyo mu buyindi.

James Rutz akkiriza nti "Enkula y'obukulisitu erimu obukadde lusanvu mu musanvu (707) nga bano balokole nga bano beyongera ebitundu munaana ku buli kikumi (8%) buli mwaka. Mu bano mulimu ba kalizimatiki, Abaseventhday n'abevangiri.

Yezu ye Kabaka w'amakungula. Kino kye kimu ku manya ge. Kino kiraga embeera ye. Tuli kitundu ku bw'akabak bwe obweyongera.

**C/ OKUSABA OKW'EKIGENDERERWA N'ENKULA Y'ENSI.**

Okusaba kw'okusindika abakozi mu makungula kulina eddoboozi. Tuweereza amabaluwa, tuweereza emails, tusindika obubaka obw'okwozayoza oba okukubagiza, naye mu Lukka 10, ekikolwa kino kirina okusiiga ekifananyi ky'omulimi asuula ensigo mu ttaka okuva mu ngalo ze. Yezu kabaka bw'ebulamu bwaffe asobole okuteeka mu mikono gye, okuva mu nsi eno etweyagaza, jetumanyidde era erimu obukuumi atusuule mu nimoze ez'amakungula? Tuli betegefu okugwa mu ttaka tufuuke abatalabika tufe tusobole okufuna ebibala ebingi?

Amaanyi gaffe gali ludda wa? Twagala kweyambisa Katonda ku Iwekyo kyetusobola okumujjako oba ddala twegomba ekitiibwa n'obuyinza bwe?

Lowooza ku Yokaana 12:23-26! Bwetukkiriza era netugoberera Yezu, tujja kubeera naye waali kati ate ne Katonda atusanyukire. Yezu yali ludda wa mu kaseera yali tayogera ku kifo mu bbanga oba obudde naye gyeyali ku lw'omukwano era ekifo ekyo kyali mu mutima gw'a Katonda.

Tusobola okulaga omutima ogwagala Katonda nga tubeera mu mutima gwe. Eyo Yezu jeyabeeranga era jayagala tubeere.

Engeri nyangi eza Katonda zirabikidde eri ab'ebitiibwa, ebifo eby'eyagaza mu Bantu.

Abasinga batandise okuyamba abanaku, abasobeddwa n'abamenyeddwa emitima. Era engeri nyangi ez'obwa Katonda zitandise nga abantu bayitibwa okujja eri enkuunjana zaffe. Tujja kutuukira ddala ku muntu wa wansi asooka.

Omuntu omu yagamba nti ekereziya erina ekizibu ky'enkula y'ensi. Yezu yatulagira tugende nga bwetubuuza abantu munsi yonna okugoberera Yezu. Lwaki tukola ekyo? Omuntu bwajja mu bbanga lyange, bajja awo weninako obuyinza era wenfuga, wemmanyi amateeka agatali mawandiike era wempulirira obulungi bweby'obugagga bw'enfuga, era jenkoma okuba ow'amaanyi. Jenkoma okubeera omuwanguzi. Okukunyanya ebibinja kuleetedde abakulembeze bangi okufuuka ba Kabaka, era nga beeyisa mu bulamu bwa bw'akabaka ddala.

Kino kiyitiddwa “enkola y’okusikiriza” okukuza ekereziya. Ekizibu kiri nti abasinga kw’abo abasikiriziddwa, bafuuka dda abakkiriza naye abakkiriza abanoonya webafunira. Eki gendererwa kyaffe nga abakkiriza kuba bantu abatuukiriza ebyetaago byaffe nga bwe tubitegeera oba mulimu gwaffe okuteekawo embeera y’abantu kwabo abatasobola?kirina okutegerekka nti tetulina kuba baguzi oba balyi ba ddiini. Tulina kuba bakozi mu nimo yamakungula.

Amazima mangu nnyo. Abatanafuuka bagoberezi ba Yezu tebajja mu nkunjana zaffe. Ekyo kiringa omulimi okuyimirira mu mulyango gw’ekyaji kye nga ayita amakungula “jangu makungula!” Tulina ekyaji ekirungi n’ebikozesebwa byonna okubeera obulungi nga totaataganyiziddwa okusaba kwaffe kusanyusa. Okusaba kwaffe kuliko okusiigibwa. Okulabirira kwaffe eri abato kukwata kisooka.

Oyinza okugamba omulimi bwatyo yali tategeera. Amakungula ge bwegaba ga kujja, alina okugenda, agaleete era agayingize. Abo bebakozi betulina okusaba tubeere. Ekyo kabaka w’amakungula kyatulagira tubeere.

### **EBIBUUZO EBIBUUZIBWA ENNYO**

1. N’olwekyo temukkiriza mwekyo abamu kyebayita “enteekateeka y’olutalo Iw’enzikiriza.”

Temukkiriza mu kugatta maanyi ga nzikiriza , amawanga nga enteekateeka y’okuyigiriza n’okusomesa eddiini/evangiri.

Nedda si kikkiriza Yezu ekyo tekyakifuula kakwakulizo ku kweyongera mu maaso, n’olwekyo Iwaki ate ffe?

Mu mazima, mu makati ga Lukka essuula 10 Yezu agamba “Nalaba sitaani nga akka nga bw’olaba akamyanso okuva mu bbanga” kugamba nti kibe kyava ku mirimu gy’obwakabaka egyamalirizibwa abagoberezi mu nyirir ezaasooka.

Mu kukubaganya ebirowoozo ku nsonga eno, tukusaba osome “ultimate spiritual welfare – okubikkulirwa kw’obukulu bwa Yezu” Ku mutimbagano obasinga ku kibanja, [www.harvest](http://www.harvest-now.org) – now.org.

Eteeka liri ku kusabira bakozi n'okugenda. Mukama waffe yanditusindise singa omulimu ogusooka gwali tegunamalirizibwa?

Abamu kwabo abatandika okusomesa kuno nkola ey'amazima n'obuyinza n'okubassa wansi bebaali abagoberezi ba sitaani abegwanyiza amagezi ga sitaani ag'obwakabaka bw'ekizikiza. Lwaki twanditutte obuyigirize bwabwe mu kifo ky'obujulizi bwe bya wandiikibwa?

Kifuuse kyalubeerera eri obuwereza obwenjawulo okugenda nti basobola okumanya abafuzi ba sitaani ku mawanga era n'okusobola okubagatta n'okubalemesa. Bwekiba nga kino kya mugaso, lwaki Yezu teyakisomesa? Lwaki tewali bujulizi kino okubaawo nga Pawulo tanagenda mu kitundu kipy?

Kino kibeera katemba mulungi mu bifo awalagibwa emizanyo naye si njigiriza ya ndagaano empya era tebiri mu balwadde na kugoba mizimu okuva mu bantu. Tukole emirimu nya Yezu so si kugoberera abo abatunuulidde emizimu (demons) egiri mu bbanga.

2. Ate okusaba kw'okutambula mu mayumba nga tusaba eddembe mu kitundu ekimu oba mu kyallo ekimu?

Ye, essaala egendendereddwanu okufuna eddembe mu kitundu oba ekyalo okulunjajamizibwa okuva eri abantu b'emirembe, era nga kuliko n'ebikola ebyenjawulo, obuwulize n'okukola.

Kino wekiyinza obutatambul bulungi wewo singa wabaawo obutakwatagana wakati w'essaala n'obuwulize. Ekikulu kiri nti ffena tulina okuba n'okusaasira era ffena tulina okuba abakozi.

3. Buli omu anagenda? Ffena tunaaba basomesa ba njiri n'abawereza ba ekereziya? Yezu yali ayogera eri abagoberezi, si bwe kyal?

Ye, Yezu yali ayogera eri bagoberezi era si nti ffena tulina obuvunayizibwa obwawansi. Naye, yadde emitala w'amayanja, yadde okuvuunuka ebiwonvu, oba ku luuyi lw'oluguudo mu kibuga, n'ebirala, buli omu ku ffe alina ebirungi n'obuvunayizibwa okulabirira ensi etwetolodde era n'obuvunayizibwa obw'enjawulo eri ab'eñjanda n'abemikwano.

Nga bwekiri ekyabulijo mu maka eri buli baagalana okwetaaga abaana, era bwekiri ekyabulijo mu nkolagana yaffe ne Katonda okugaba omutima gwe, n'abo abamukkiriza n'okugabana omutima gwe eri obuyiiya obw'amaanyi, yekaalu ey'omwoyo mutukuvu okunyumirwa.

## ESSUULA EY'OKUSATU

### “AKABI MU MAASO”

**“Mugende laba, mbatuma mmwe ng’abaana b’endiga wakati mu misege” Lukka 10:3.**

#### A. OKUKUNGULA KULINA OKUBA OMULIMU OGW’OBULABE!”

Bwetwagenda mu masekkati ga Asia nabuuza butya enjiri bwewaysooka okujja mu kitundu kino. Ekyokuddamu kyali nti bannaddiini abasooka bajja nga bakulemberwa musumba Stalin. Nawulirayo Stalin nga ayitibwa amannya mangi naye nga ery’obusumba siriwuliranga. N’olwekyo nabuuza kiki ebigambo ebyo kyebyali bitegeeza.

Emboozi eri nti Stalin, olw’okwetamwa kwe ebintu byonna ebya Katonda yakwata abakkiriza mu kibuga kya Moscow era nabateeka mu mmotoka z’ente ku meeri nabatwala e Kyrgyzstan. Leero, olwo lugendo lwa naku ssatu n’ebiro bisatu era babatwala n’ebyo byokka ebintu bye baasobola okugenda nabyo nga tebaaweebwa mmere oba mazzi mu kkubo nga bagenda. Ebitundu kimu ku bisatu eby’abantu bano baafira mu kkubo era ebitundu kimu ku bisatu bbo baafa nga batuuse kubanga tewaali bya kubalabirira nga batuuse. Abatono abaasigalawo bebaasoka okukkiriza Yezu mu kitundu.

Mao Tse Tung naye ayitibwa musumba abamu ku ba china. Era oyinza, okwebuuza Iwaki? Mao bwewayaja mu buyinza, ekereziya mu china yali ebukadde nnyo mu bukiika kono (s.east) nga eyimiridde ku buyambi bwa Bulaaya, nga betegefu okugondera n'okukola abebulaaya bye bogera. Mao yatikka abagwiira n'abazza ewaabwe, yasanyawo amasomero g'abakulisu, amatendekero g'abasomesa b'eddiini, ebizimbe by'ekereziya era natandika n'okukwata abakkiriza n'abasindika mu bitundu by'eggwanga ng'abaddu mu makolero mu birombe ne ku malimiro. Eky'okulya n'eb yokwebikka baabiwa abalwadde nabo abaali mu mbeera embi. Baakolanga mirimu egisinga okunyomebwa nga okuyonja kaabuonyo okusobola okugenda kasenge ku kasenge okuleetawo embeera ey'okuwulira obulungi. Obujulizi bw'abakkiriza nga bwe baaberanga, bwe baawereza, bwe baabonabona era ne bafa kyatandika okuleetera abantu bangi okudda eri Yezu. Obujulizi bwa Yezu obwali tebuifiiriddwako mu buwangwa obugwiira era ne bubeera mu kitundu kimu kyoka mu ggwanga, bwasasanyizibwa mu ggwanga lyonna yadde nga enkola eya nakalyako ani yali weeri mu china. Ekigambo kyafuuka omubiri era n'ekibeera bumu nabo!

Nedda, mu kugezaako okujjavo ekereziya baasasanya nsasanye mu bantu ne mu mitima gy a ba nansi baabwe.

#### **B. MU KUBONABONA MWE MULABIKIRA OBULAMU BWA YEZU.**

“Mwe mulina omukisa bwe banabavumanga bwe banabayigganyanga, bwe banabawayiranga buli kigamba kibi okubavunaanya nze.

Musanyuke, mujaguze nnyo kubanga empeera yammwe nnyingi mu ggulu: kubanga bwe batyo bwe baayigganya bombi abasooka mwe” Matayo 5:11-12.

Amateeka ga Yezu mu kubuulira kwe ku lusozi galwanyisa okuyiganyizibwa n'okubonabona. Ekiragiro ky'okwagala abalaba baffe, okwagaliza abo abatatwagaliza n'okuyisa obulungi abo abatuvuma tubiraba mu Matayo 5:44 kwali kutuukiriza kwa mateeka (biragiro) gano ekyayamba ennyo mu kukyusa emitima gy'abachina n'enkola y'okukola okw'empaka.

Amateeka gano gayimirirawo obwagazi bwaffe eri okufuna obwangu, emirembe n'enkulakulana. Tulina n'ebiwandiiko bya ekereziya ebisomesa nti akabonero k'emikisa gya Katonda kwe kukulakulana kwo nti era obuzibu obwo, obwatu n'okubonabona buponero bwa kwonoona (kusobya) kw'omuntu oba obutaba na bukkiriza.

Okwo kukyusa njiri y'obwakaba. Mu mbeera y'obulimba eno ey'emirembe, enkulakulana n'okunyimirwa abantu bajaganya naye ate bwebafuna olunaku olubeebuuza oba Katonda ddala abaagala. Katonda si muwerezawo. Tetugenda eri Katonda tetumuteeka mu nsawo za mpale zaffe. Katonda si kyuma kya busubuzi mwossa sente (dollar) z'obukkiriza, sente (dollar) z'obujulizi, sente (dollar) z'okuwaayo mbu olwo ofune buli kyoyagala.

Tufa omuntu muffle omujeemu netuwa obulamu bwaffe eri Katonda ku lw'obukulu bwe, nebwekiba kyetaagisa kubonabona. Ekituufu mu bitundu by'ensi bingi kiri nti okusembera eri Yezu tekijja kufuula bulamu bwo na kubufuula bwa bulabe. Mu makkati g'omwaka 2008 okutuusa mu makkati ga 2009, abantu abasukka mu 176,000 battibwa olw'obukkiriza bwabwe eri Yezu okusinziira ku mutimbagano ku kibanja [www.opendoorsusa.org](http://www.opendoorsusa.org). Ekyo kyenkana n'abantu kyenkana 500 buli lunaku abeerekereza.

Amazima g'okubonabona kuno wamu n'okutulugunyizibwa kuleeta enjiri enyangu egezaako okusikiriza abantu okujja eri Yezu kwebyo byona byanabakolera n'ebyo byonna bye banafuna okuva jaali. Mu kwawukanako n'ekyo, Pawulo agamba Timoseewo (2 Timoseewo 3:12) "Naye era bonna abaagala mu Kristo Yezu okukwatanga empisa ez'okutya Katonda banayiganyizibwanga" Abamu kino bakikyusiriza ddala era nebasomesa nti singa tuba n'obukkiriza obumala mu Yezu, obulamu bwaffe bujja kuba bweyagaza nga tuli bagagga, era nga tulina emirembe n'okunyimirwa. Enjiri eno ey'emirembe n'enkulakulana si njiri ya ndagaano mpya.

Tubatizza okweyaliza kw'eb'yobugga nga bweri enkola y'abazungu n'okubeera mu bulamu obulungi nga tulowooza bwe bwa kabaka bwa Katonda.

Si nsonga bya wandiikibwa bimeka omubuulizi ku T.V byakozesa okukakasa nti eby'obugagga bwe n'okwagala sente bya mukisa gwa Yezu, Ye, okwogera kwabwe okusinga kubeera ku kuwa mikisa

na ku bikolimo na butya bwe tuweebwa emikisa oba bwe tukolimibwa okusinziira ku bikolwa byaffe, naddala okusinziira ku biki byetuwaayo jebali. Endagaano enkadde ey'okuweebwa emikisa n'okukolimirwa eyasinziranga ku kugondera mateeka ga Musa, bajisomesa nga esoboka leero.

Naye, tetuli mu ndagaano nkadde. Ensi ensuubize ey'endagaano enkadde efuuka omwoyo omusuubize ogwa leero. Emikisa gy'enkulakulana mu nsi gifuse emikisa ejokubeera ne Yezu mu buli mbeera. Tuli ba mukisa mu Yezu olw'ekyo kyakoze n'emikisa n'emikisa gy'obulamu bwe, n'emirembe bya maanyi ekimala. Okutuleetera essanyu ne bwetuba tubonabona.

Ekereziya ye Ebulaniya (Hebrew) baabonabona era mu kujaguza bakkiriza okubbibwako ebyabwe. Lwaki ? Baamanya nti baalina eby'obugagga ebisingakako mu Ggulu (Abebulaniya 10:34). Bwetuba tulabye obw'akabaka bw'eggulu, ekyo kiteekawo obudde okwetegereza. Tetulina kweyisa nga bekikwatako naye okubeera abamativu nti oluvanyuma lw'okukola ebyo Katonda byayagala, tujja kufuna eby'atusuubizibwa!

Pawulo yayogerako eri Abasesalonika 3:3, "Omuntu yenna aleme okusagasagana mu kubonabona kuno, kubanga mwe mweka mumanyi nga ekyo kye twateekerwawo"

Tetwateekerwawo ku kulakulana na bya bugagga. Twalondebwa kubeera nga Yezu era ekyo kiyinza okutegeeza okulondebwaa okubonabona.

Abatusooka mu ddiini bangi mu mbeera y'okubonabona kwa Yezu ku musaalaba okukola nga bakyusa okuyisibwamu amaaso okufuuka ekisa ky'okusonyiyibwa era n'ebikolimo okufuuka ekisa ky'okusaasirwa. Emikisa gya maanyi okusinga ekikolimo kyonna era n'okusonyibwa kwa maanyi okusinga ekikolimo kyonna. Oyinza obutasobola kusalawo kiki kikutuukako naye osobola n'okuddamu kwo. Obumativu, eddembe, okunyimirwa n'okusonyiyibwa bujulizi bwa maanyi obulaga nti Kristo abeera mu ggwe!

C./ TULINA OMUKISA OKUBEERA OMUKISA.

Yesu yakozesa enjogera endala nagamba nti tulina kuba bagezi nga misota naye nga tetulina bulabe nga amayuba (Matayo 10:16) Kituufu, tulina omukisa okuba n'omukisa! Tosobola kuwa balala mukisa okujjako nga olina omukisa gwe mwenyini. Tulina okuwayo nga abo abafunye ku bweerere! Gino mikisa gya kisa, kusonyiwa, kuwonya, kusumululwa n'okwagala bona, n'abo abeeyisa nga abalabe, naye tulina omukisa mu buli kitundu ky'obulamu n'abantu ne mu by'enfuna. Tulina kuba bagezi mu nkwata y'ebintu bye tukozesa era tulagirwa okwewala amabanja. Nga John Wesley, omutandisi wa Methodism yateranga okugamba "Kola byona byosobola. Tereka kyona kyosobola."

Emikisa bulijjo gireeta obuvunanyizibwa obwamaanyi eri abo ababonabona era n'eri abo abagenda! Butya bwetulina okukwata omukisa nalyo ssomo naye endagaano empya yetunuulira ebitundu: ebikulu bibiri ku kufuna n'okuwaayo ebiweebwayo. Ekimu kyali ku baavu ate ekirala kyali ku kusindika bibinja bya biggya. Naye bwetufuna omukisa ekilubirirwa, olwo kibeera olugendo olumpi ennyo okutuuka ku ssanyu, obukuumi, okwesiima n'obutaba mu matigga mu kigendererwa.

Ensonga emu Yezu alaga obuzibu okuviiira ddala mu maaso, kwekulaga obujulizi ku kuyiganyizibwa eri abagoberezi be n'okulaga omukwano n'okusonyiwa mu bantu. Bino by'ebintu ebisooka!

Yadde ne mu bukumi bw'abazungu mu Bulaaya, abantu b'abulijjo bwe bajja eri Yezu, tubagamba beesaleko / bewale emikwano gyabwe emikadde mu kutya nti emikwano gyabwe emikadde giynza okubazaayo gyebaava. Tewaliwo buvumu ne mu bikemo ebya bulijjo. Twerabira "Wamaanyi oyo ali mu mmwe, okusinga oyo ali munsi" tufuna abakkiriza abapya nebakunaana naffe mu kutya kw'ensi era nebabeera nga bafanana nga ffe, boogera nga ffe nga era batambula nga bwe tutambula. Bafuuksira ddala kitundu ku nono y'obukulisitu era oluvanyuma , bwe basabibwa okugenda okusendasenda banaabwe bajje eri Kulisitu, baakizuula nti tebalina mikwano gya ddala. Enkolagana ezo zona zaggwawo.

Tuddamu mu kutya abo abatwetoolodde era netwewunya Iwaki tusalawo katini ku nsi eno! Tukola okwewala obubenje, obukuumi, obukakkamu nga bye bigendererwa olwo oluvanyuma netwebuuza Iwaki tuba mu kutya. Bwe tukola emikisa, naddala emikisa gy'ebyenfuna nga gy'egisooka, tuggwamu obukkiriza, omukwano n'enkolagana n'abalala. Tulina endowooza ennungi ez'emikisa naye ate tulina enafu ez'okutuntuzibwa n'okubonabona. Pawulo agezaako okutulaga okubonabaona okumu mu (2 Abakkolinso 11:23\_ 33) nga obukakafu ku kubeera omugoberezi wa Yesu era n'amaliriza (2 Abakkolinso 12:11) nti "ajja kwenyumiririza mu mbeera y'obutesobola, okuwakanya oba okunenya, mu bwetaavu, mu kuyisibwa obubi, mu mbeera etali ya sanyu. Kubanga bwembeera munafu mbeera wa maanyi" Twetaaga abantu bangi abayinza okwogera ku kubonabona nga obujulizi bw'obuweereza bwabwe.

Ekisinga okwenyamiza mu ekereziya ezedda oba zinansangwa kiri nti abaana abato abasinga baleka enkola y'okukkiriza kasita bakula. Kino kiyinza okuba olw'amazima nti tetulina kuloza ku kukkiriza okwaddala era n'okubeera abatunuulizi b'enkola z'eddiini si nsonga bupywa oba kunyuma kwa bubaka?

Twatondebwu ku lwa bukkiriza na mukwano. Twatondebwu kubeera ku njegoyego wakati w'obwakabaka n'okuyunga olwo bangi nabo basobola okuyingira mu lugendo luno olw'okutambula ne Katonda. Katonda si mulungi. Katonda kwagala naye okwagala kwe kwa ttabu, tekutegeerekeka era kunyonyolwa nga omuliro oguteta, amazzi agamaanyi n'empewo eri ku misinde egyptamanyi.

Twatondebwu ku lulwe. Tetwatondebwu ku lwa ndowooza na kutuukiriza bulombolombo. Twatondebwu lwa kwewaayo na nkolagana.

Abaana abakyali abato balaba obusobozi butono mu ekereziya ensangi zino nga fenna bwe tukimanyi. Balaba enkyukakyuka mu neyisa, ebintu evisobola okubayamba, amateeka n'enkola wamu nenfanana. Bamanyi biki eby'okukola mu bantu okusobola okukkirizibwa, okukuzibwa

n'obutabeera mu buzibu naye abalokole baling empewo "ekunta nga ezza jeyagala nga bwowulira eddoboozi lyayo,naye tosobola kumanya wa jeeva na wa jelaga." (Yokaana 3:8)

Okutambula ne Yesu tekibeerangako kyangu.Kyakolebwa kubeera kya bulabe era kya kugezesza.Ekyo Yesu kye yasuubiza,

"Ebyo mbibabuulidde, mube n'emirembe mu nze.Mu nsi mulina ennaku: naye mugume ; nze mpangudde ensi." (Yokaana 3:8)

Okunoonya okubonabona bulwadde bwa kukkiriza.Okubeera omwetegefu ku buli kyona ekisobola okujja olw'okugoberera Yesu,kakube kubonabona, bulamu bwa kukkiriza.Abakulisu abamu babonabona olwenjawukana mu by'obufuzi mu bukulembeze.Abamu babonabona olw'obubinja mu ekereziya obulumbagana abo abatagoberera bbo bye bakkiriza,enkola zaabwe oba obulamu obw'enjawulo bwebawangaliramu.Pawulo yayogera ku kubonabona kuno okwenjawulo mu 2 Bakkolinso 11:26 " mu bubi obuva eri abantu b'eggwanga lyange.....mu bubi obuva eri ab'amawanga.....mu bubi obw'ab'oluganda ab'obulimba."

Okutambula ne Yesu kujja kututuusa mu kifo we tunagezesewa era tumanye nti ye yekka ye mukwano gwaffe,engabo,omukuumi,mukama waffe era obulamu.

### **Ebibuuzo ebisinga okubuuzibwa.**

1.Lwaki mwogera nyo ku buzibu obuli mu kugoberera Yesu? Ekyo tekitiisa abantu okujja eri Yesu?

Yesu mu Luka 14:26-33 yalangirira nti tetusobola kubeera bagoberezi be nga tetulowoozezza ku biyinza kuva mu kwewaayo kwaffe.Ateeka obuzibu mu kifo ekisooka.Tugezaako okukweka obuzibu obuvaamu ne tuteeka bye tufunamu ku mwanzo! Kituufu nti kyowanguza abantu nawe kyoyagala bawangule.Yesu ayagala kutuwangula tusadaakire abalala ,ku kwolekereza kw'obukkiriza n'omukwano era n'endowoozaa y'okuleka bona okugobera Yesu.Noolwekyo, agenderera kutuwangula nga atuyita tweweeyo obutalekaayo eri ye yekka awatali

mulala. Agenderera kutuwangula yekka era n'okukowoolwa kw'okuwangaala nga bwe yawangaala.

Singa tuwangula emitima gy'abantu ne bagoberera Yesu nga tugoberera oba okussa essira ku byetaago byabwe eby'obuntu, tulina okuwuliriza n'okutuukiriza ebyetaago byabwe eby'ekika ekyo. Abantu bano bye basuubira bwe bitatuukirira babivaako era nebagambo nti obukulisu tebukola.

Omuntu tasobola kukkiriza baguzi kufuuka bagoberezi. Okukwoola abantu okwesonyiwa eby'ensi kyekirina okusooka. Naye enjogera ebunye enyo ekyogerako bweti, "Obukulisu tebugezeddwako ne busangibwa nga bwetaavu. Busangiddwa nga buzibu nga tebugezeddwako"

Enjogera eyo kyetayogeddeko kiri nti obukulisu tebukolera ku buvumu bwaffe naye lwa maanyi nga twewaddeyo mu bujuvu.

## 2. Noolwekyo, tokkiriza nti endagaano empya ndagaano ya kufuna mu bintu ebirabwako?

Nedda. Endagaano empya si ndagaano ya mikisa gyakufuna bintu na kubeera bagagga. Ndagaano ya kutendereza, egamba nti bwetuwaayo obulamu bwaffe eri Yesu, ajja kuleeta okutendereza mu bulamu bwaffe yadde biki byetuyitamu. Ekyamagero ky'omusaalaba kijja kukola okukyusa okubonabona kwaffe kufuuke ekitiibwa.

Endagaano enkadde yali ndagaano ya kufuna okwa kagwiirawo era kikyaliwo mu maka ,mu byalo ne mu mawanga. Okwonoona n'okweyaliza bireeta obulwadde, okutya okutwalibwa, okuwubaala, obwavun'okusaanawo naye okweyisa obulungi kubbulula ensi. Ensi tezibeera bulungi lwa nasiwa mu kange oba demokulasiya(democracy) naye kusinziira ku ngeri abantu mu ggwanga eryo gyebagobereramu amateeka ekkumi.

Endagaano empya ndagaano nungi olwoku nti mu ndagaano eno katonda ajja nabeera mu bantu be naye so leri abantu be. Abantu be bafuuka enyumba ye era obukulu bwenyumba eno kwe kuleeta ekitiibwa eri katonda nga tetufuddeyo ku byetuyitamu.

**ESSUULA EYOOKUNA.**

## EBISAWO BYA SENTE,OLUKOBA(OBUSAWO),ENGATTO N'OKULAMUSA KU BANTU MU KKUBO.

“Temutwala nsawo ,newankubadde olukoba,newankubadde engatto;so temulamusa muntu mu kkubo”

### A/ ENSAWO ZA SENTE N'EKİGENDERERWA.

Bwetweyongera okusoma, tulaba Yesu nga alagira abayigirizwa be okunoonya omuntu ow'emirembe ,bayingire mu maka ge,balye era banywe naye.Ekiragiro kye kiri nti babeere n'omuntu oyo era abalabirire mu maka ge.Bwetukola ebyo naddala bwetutandika olugendo nga tetulina sente,tubeerawo k ku muntu oyo buli lunaku.Nolwekyo,ensawo ya sente,newankubadde kituufu nakyo kifuuka ekigerageranyizibwa n'obuyinza na butya bwetwenññanga enjawukana mu buyinza.

Bwetukulembeza enyo sente,tusobola okweteerawo akazinga akatonotono ketweyagalidde mu masekkati g'obuwangwa bwonna era kyenyini ekyo abaminsane ab'ebulaaya kye bakoze okwetoloola ensi yonna.Osobola okugenda mu ggwanga lyona n'osanga oluggya olulungi olw'enkola y'ekizungu nga waliwo n'ekikomera ekinene ekiwanvu.Mu kikomera ekyo munda mujja kubaamu amaka ,essomero ly'abaana abava awaka,essinzizo(church),akalwaliro,amaka ga bamulekwa n,essomero lya Bayibuli.Abantu beerekerezza eby'obugagga,obudde n'amanyi mangi okuteekawo ebifo bino abazungu webawulirira emirembe, obuyiza era n'okufuga.

Ekigendererwa olwo kinyonyolwa nga omulimu ogw'okufuna abantu bangi nga bwejisoboka okuva mu buwangwa obwetoolodde okujja mu kifo ky'okusomesebwa n'okutendekebwa n'oluvanyuma okuba abakulembeze mu bifo ebyo.Naye singa abantu abetoloddewo Bahindu,Babbuda oba Basiraamu,ekintu eky'obuwakanyi omuntu oyo kyasobola okukola kufuuka mukulisisu.Nolwekyo enkola eno ey'okusikiriza yettanirwa nyo abavubuka abeegana obuwangwa bwabwe.Munda mu bizimbe bino oba ebikomera abantu bano bakyusa amannya gaabwe negafuuka ga kikulisisu,bakyusa webabeera ne beetendeka okubeera mu kazinga ako akaggya.Marshal McLuhan agamba, “Ekigatta bwe bubaka” era abawala n'abalenzi bano abato

bwe bayita mu kutendekebwé bamatizibwa nti engeri yokka jebasobola okubaamu abakulembeze kwe kubeera nga bawangaalira mu bikomera ebyo,okwambala amaganduula,okwogerera ku katuuti oba okulamulira ku mmeeza eyagulwa ne sente ezaava ebunayira era nga bwe bayambibwa n'ezo sente. Ekizibu kyeyongera kubanga okuteekawo ekifo bwekityo kya beeyi era bitono ku byo ebisobola okuzimbibwa.Ebifo ebyo era kyangu okusaanyizibwawo era n'okufuuka ekifo ky'okulwanyisa obukulisisu oba abazungu mu bantu b'obuwangwa obwo.

Gattako okukulembera n'okutambuza ekifo ekyo n'obwetaavu wamu n'embalirira enene,abakugu abetaagibwa ab'enjawulo n'okudaabirizibwa olutatadde byetaagisa abakugu okuva e Bulaaya n'obuyambi bwa sente bwekiba nti kinaddukanyizibwa nga abagabi b'obuyambi abazungu bwe baagala kitambuzibwe.Ekiluubirirwa kiyinza okuba nti banansi bajja kulagwa ebyalengererwa ewala akaseera kebanabeera nga betegefu naye olunaku olwo terusuubirwa kutuuka. Eteeka nelibeera nti "Oyo alina zaabu yaakola amateeka!"

Amazima amalala gali nti ebizibu bifá.Ekifo bwekityo si kyangu kukibeezawo nga tewali buyambi kuva wabweeru.Ekyagendererwa Yesu mu kino kiri nti ekyo kyokka ekisobola okubisibwamu oba okweyongera era nekikuumibwa mu bantu baabulijjo kikkirizibwa okulaga obwakabaka bwe.

Obuzibu,obugwiira n,okwesigama ku balala mu ekereziya mu China byasanyizibwawo Mao.Ekyali ekyangu era nekitwalibwa mu mitima kyakubisibwamu.

Naye ekizibu ekisinga nti abantu abasomye ennyo bagaaniddwa ab'oluganda lwabwe,emikwano n'obuwangwa bwabwe oba abntu ababeera nabo,noolwekyo basalawo kitono nnyo mu buwangwa bwabwe.Sente zona ezisaasanyiziddwa tezireese kusalawo mu buwangwa naye wabula kireese kugaanibwa okuva mu bantu ab'obuwangwa obwo.Tutuukiriza kyenyume kyekyo kye twagenderera okukyuusa.

## B/ OBUSAWO OBUTONO N'OBUWANGWA.

Nzikiriza nti Yesu teyalina buzibu ku nsawo z'okumugongo entonotono naddala nga nsitule emu ebiseera ebisinga.Obusawo,ensawo,emmotoka ezebbeyi oba emigugu nkola yakutambula na buli kimu ekyaffe.Obusawo nkola y'abyabuwangwa bwaffe bwona –byetwagala ne

byetutaagala,enyambala,eneysa,enyimba oba ebivuga byetwagala,embeera zaffe mu bantu,obufumbo,emmere n'ebirala.Obusawo bukwataganira ddala ku ku nsawo ya sente kubanga bwe tuba ne sente ezimala tusobola okkolawo embeera yaffe jetwegomba wonna wetuba tuli.Era ekyo kyenyini abaminsane abava e Bulaaya kyebakoze okwetoolola ensi yonna.Kino kireetawo okubuzabuza okw'obulabe mu mitima ne mu bwongo bw'abantu abo betunoonya okwegattira awamu mu Yesu n'okumugabana.Obwakabaka kye ki era obuwangwa bwaffe kye ki?Ebiseera ebisinga ekiddibwamu kitera okubeera nti bino bye bimu! Ebiseera ebisinga ebintu mu buwangwa ebitamwa ebintu by'abazungu(era waliwo n'obuwangwa bw'abazungu bungi Yesu bwatamwa) era bigaana ne Yesu kubanga abaminsane okuva e Bulaaya bagattise Yesu n'obuwangwa oba eneyisa y'abazungu ekigenze ewala nti n'olumu bifuisse birongo.

Abaminsane abazungu abaasooka baali bamanyiddwa nnyo mu kusomesa abantu n'olulimi olusingirayo ddala okuba olulungi n'enyimba ezitendereza ennungi mu lulimi olujamani oba oluzungu.Tuyinza okkitwala nti ennimi ezo ziraga obutafaayo, naye ffe tufaayo?

Era tukyayagala abantu bajje jetuli.Nga tuleeta abantu eri ffe, mu buwangwa bwaffe, mu bifo byaffe,mwetuli abasanyufu era wetulinako obuyinza tugezaako okukola ekintu Yesu kyeyagaanira ddala okukolebwa nga tukaka abantu okutufaanana.(Matayo 23:15).Abantu abo abafanana nga ffe,aboogera nga ffe,abasaba nga ffe era nga bakuma ebiragiro n'amateeka agawandiikibwa eran'okusiumuulwa abantu b'omunzikiriza yaffe.Ekigendererwa kiri ku ndabika ya bantu n'enkola yaabwe eri abalala.Enkola yaffe eya ekereziya eri abantu abatera okufanagana,abasaba era n'okusinza kyekimu era abagoberera amateeka gegamu aga butya bwebeyisamu.Wayinza okubaawo abantu abamu nga engoye ez'okwejalabya ke kalombolombo oba ewalala nga kibi okwekolako mu feesi oba awamu olina okuba omukozi owa maanyi okukkirizibwa.Endabika y'omuntu eyinza okwagalwa enyo abalabi naye ekigendererwa kiba kya kuvuganya ,okweyagaliza okuba abawaggulu,ab'obuggyaa ab'olugambo n'okusobya mu kyama.

Eugene Peterson ayogera ku bintu bino mu kukyuusa ab'e Ggalatiya 4:17,

"Abo abasomesa babasanyusa nnyo era nebabacamuukiriza,naye ebigendererwa byabwe bivundu.Baagala kubalemesa kufuna kisa kya Katonda olwo mubeerenga mubeererawo ku lwabwe okubakakasa n'okubaluŋŋamya olwo mubafuule ab'omugaso "

Kyenkana teeka nti okugoberera amateeka g'eneysa,okusuubira ebingi n'encola z'abantu mu diini bifuuka ekibikka ku kibi ek'ekyama.Tubeerawo ol'ekitiibwa oba okutamiira ekintu!

Kiyinza okufananako bwekiti.Omuntu omu yali atamidde ebiragalalagala oba obulamu obw'ettabu.Baatandika bakola buli kimu basobole okukkirizibwa ekibinja ky'abantu.Jebaakoma okuba abalalu oba ab'empisa embi,banaabwe jebaakoma okubakkiriza n'okubegomba.Akaseera bwekeyitawo basobola okukoowa obulamu bwe butyo era ne bakyusa.Bayinza okubeera n'obumanyirivu obwaddala mu kukyuka era ne bakyusiza ddala embeera zaabwe.Naye singa obwetaavu bw'okukkiriza okwo buba tebutuukirizidwa mu linnya lya Katonda, balimbibwalimbibwa mangu era nebabbeera mu kwolesa mu diini ne wabweeru.Bajja kukyusa enyambala yaabwe.Bajja kuwaayo sente zaabwe.Bajja kubeera mu buli nkunŋana.Baagala okukkiriza n'okukakasa byebafuna olw'okukkiriza kwabwe n'okwewayo.Naye oluvanyuma lw'akaseera,bajja kuwulira nga bamanyidde.Bajja kubeera n'obulumi wamu n'obukambwe era basobola n'okuddamu okwettanira ebintu ebibi byebaali beesonyiwa.Baakukyusa ekintu kyebaali baatamiira ennyo nebadda ku kirala.Baawanyisa ebibiina byababbi n'abayaaye ne befuula abagoberezi b'ediini.Tebaayiga kubeerawo ku lwa kisa kya katonda.

Obwagazi obungi okukkirizibwa n'okutongozebwu okuva eri abo abalabibwa nga ab'obuyinza era abediini era n'okwagala okumanyibwa nga ab'ediini enyingi mu kitundu kiyinza okuleeta amaanyi amangi mu kuleetawo enkyuukakyuka mu neyisa y'abantu.Kino kireetawo okusendasenda abantu abakola ebirungi kungulu okubalaba naye nga emitima jaabwe tejijjulanga Yesu.

Ensonga ya kukyusa mutima.Mu bigmbo bya Eugene Peterson bweyalu awa enyanjula mu kitabo kya Abaggalatiya agamba "Nga ayitira mu Yesu,Pawulo yayiga nti katoda tegaali maanyi ga kukozesebwu kusobozesa bantu kweyisa mu ngeri erina okweyisibwamu,naye omununuzi w'abantu okubeera mu bulamu obweyagaza. Katonda teyatukaka kuva wabweeru waffe wabula yatuwa emirembe okuva muffe mwenyini"

Amateeka ga Yesu gonna nga bwegaali mu kubuulira ku lusozi gatambuulira ku mbeera ya mutima nga okusonyiwa abatusobezza,okwetondera abo betusobezzan'okuddukira katonda mu kyama so si kukifuuli kya bantu bona munkunjana z'eddiini.

Ekikulu ky'ensi kwekubeera n'enkolagana so si nsonga oba mateeka.Obuweereza tebuli ku bigobererwa bituufu kubanga katonda si kyuma ki kalimagezi.Katonda ye kwagala.Obwakatonda bwe bwa kwagalana.Obuweereza bulina kuba ku nkolagana n'emitima emirongoofu era ejitaliimu bukyayi.

Tetugenda mu maka ga muntu ow'emirembe na nsawo ey'okweyagaliza kwaffe naye n'omutima ogw'okwagala,ekitiibwa n'eddembe.Obwakaba bwa katonda buli muffe .Ekyo kyoka kye tukkirizibwa okubeera nakyo! Ekyo kyokka kyetukkirizibwa okugabana.Ekiruubirirwa kukola mikwano so si kusendasenda bantu.

#### **C/ ENGATTO,ENKOLA Y'EBINTU NE BRUCHKO.**

Noolwekyo kiki Yesu kyatamwa ku ngatto? Bweyayogerera bino yali ayambadde engatto.Nkakasa nti mu kitabo kino ekya Luke 10 Manual,engatto zooleka butya bwetukola ebintu,butya bwe tutwala ebintu n,enkolagana yaffe ne Yesu.

Mu mboozи ya Bruce Olson,ono nga yeyatandikawo obu minsane mu India (Abaamutuma Bruchko) eryali eggwanda ly,omumasekati ga America edda enyo eriwa amaanyi mu byo,kukola.Yagenda mu nsiko nga talina kyalina ne mu kimu ku byalo byaabwe.Teyalina nsawo za sente oba obusawo obutono.Yabeera mu bbo era neyeeysa nga bbo era n'ayiga n'olulimi lwabwe nga talina bantu balala baawuliziganya nabo,obuyambi oba eddagala okuva ewaka mu America.

Emirudi mingi katono afe omusujja era yalwanyisanga ebiwuka mu nsiko. Oluvanyuma lw'emyaka mingi,yakulembera omuvubuka omuto naamuzza eri Yesu era natandika okukkiriza nti bangi bajja mugoberera.

Wabula yeetamwa olw'omuntu eyasooka okumwegattako kubanga omuntu ono yali talina kirowooza kya kutegeeza ku bantu be ku bikwata ku nzikiriza eno ne Yesu nga buli kaseera yekwasa nti akaseera ke okukola ekyo kaali tekanatuuka.Olson teyamanya lwaki omusajja omuto ono teyayagala kumanyisa ku bantu be ebikwaata ku nzikiriza eno eya Yesu.

Olwokuba enkola ya bantu bano yali nkadde,ebintu bye baagobereranga byali bya kwogeza mumwa so si biwandiike.Ebyafaayo by,obuwangwa bwabwe byayogerwanga buli omu nga bejjukanya ku bantu baabwe abaasooka era nga babaatula amannya buli kawungeezi era buli muntu yalina omulundi gwe mwakolera kino.Olson yali awulirizza abantu bano emirundi mingi nga basuuta ababasooka naye yalemwa okumanya amakulu gaabyo okutuusa olunaku lumu omugoberezi we lwe yamugamba nti omulundi gwe naye gwali gutuuse. Okwogera kwe omulundi guno kwalimu ekirrooto okuva ew'omuntu omukulu omu owedda nga kyali kikwaata ku musajja omuzungu ajja okujja jebaliababuulire amazima agawkata ku katonda ne Yesu okuva mu ndagala z'ebitooke.Omwogezি yayogera ekirrooto,naawa amakulu gaakyo era n'ayogera ku tuukirizibwa kwakyo nga kiyitira mu Olson n'obubaka bwa Yesu okuva mu Bayibuli.Ekiro ekyo abantu bonaabasinga baafuuka bagoberezi ba Yesu.

Olson yali alese ensawo za sente emabega n'okusolooza sente naye era yalina engatto za Bamerica.Yayagala abagoberezi be boogere kinoomu,mu kyama ku buli muntu mu buwangwa obwo.Okukyuka kwe kwaalitekusobola kutegeeza nkola ya bintu bwetyo.ensi ye yali ya bigambo era nga ya wamu so si kinoomu.Mu nsi eyookwogera,abapya batambulira ku mazima g,abakadde.Kyoka endowooza ye ey,obudde teyali ya kizungu.Teyalina kweralkirira ku kya budde.Yakimanya nti akadde ke kajja kutuuka.

Fenna tutera okulowooza nti engeri jetukolamu ebintu era jetubirabamu ye ntuufu nti era engeri abalala jebakolamu ebintu ye nkyamu.Ekyamazima tetwogera ku mbeera za mukwano,kwogera mazima,kusonyiwa,obutaba bakaba n'obuntu bulamu.Endagaano empya nambulukufuku mbeera ye nkolagana yaffe ne Katonda nga kwekubeera n'emitima emirongoofu era ejitaliimu kakyafu konna naye bino bisobola okwawuka okusinziira ku mawanga agenjawulo okusinziira nga mukama katonda bwe yagatonda.

## D/ EMBOOZI Y'ENDOGOYI N'EBIGAALI.

Ensi mu bukiika ddyo bw'olukalu lwa Asia erabye obuwereza mu Kristo okumala emyaka kikumi. Egiyise, nga n'enzikiriza ez'enjawulo zaggya mu nsi eno, empya, amalwaliro, amasomero agabuliggyo ate n'ago agasomesa ekitabo ekitukuvu ekya Bayibuli. Bagamba abo ababatiziddwa nti baali betaaga okukyusa amannya gaabwe begyeko ag'ekiwalabu badde ku g'ekikulistu. Babagamba era nti baali betaaga okukyusa ebifo gyebabeera baleme okumanyibwa mu neeyisa yabwe eyabuligyo ey'obusiraamu ekyavaamu mukino kiri nti abagoberezi abaga tebalina kinene kyebasobola kukyusa ku neysa yaabwe eyabulijjo nga mukukola, embeera mwebawangaalira, obufumbo n'enkuza y'abaana mu ngeri y'ekizungu mu bakulistu.

Obulamu bwabwe obw'omwoyo nga bwetoololera ku bizimbe n'amakanisa agamanyiddwa.

Ekkanisa muggwanga zaayawulwamu okusinziira ku nzikiriza z'abaminsani abamu baaligambye nti kitambula bulungi.

Oluvanyuma lw'emyaka kikumi eg'yobuwereza bw'abaminsani ab'enjawulo mu ggwanga eryo, ku bukadde bw'abantu kikumi mu ataano n'okusingawo, abantu emitwalo kkumi baali babatiziddwa.

Emyaka kumi n'etaano egiyise, abasaja embula kalevu babiri okuva mu buwangwa obwo bajja eri Yezu nebabaako byebeeyama. Nti tebalina kukyuusa mannya gaabwe wadde endagiriro zaabwe. Tebagya kwefaananyiriza abo abaali beyisa mu ngeri y'ekikulisu baayagala okukuuma obuwangwa bwabwe amazima agabakugira okuva mu buwangwa bwabwe okudda ku Yezu.

Baakizuula nti mu Quran mwalimu ennyiriri ezoogera ku Yezu nga eyazaalibwa embeerera, akola ebyamagero, ye kitangaala, ava wa Katonda era addayo ewa Katonda. Olunyiriri olulala lulagira abakkiriza okusoma endagaano enkadde n'empya nga tebanasoma kitabo kyonna. Eddiini yaabwe ey'obusiiramu eyogera ku bitabo bina ebyetaagisa mu nzikiriza omuli , Quran, Hadith, endagaano enkadde n'empya. Baakizuula nti okusoma Quran wamu n'okubuuza ebibuuzo ku Yesu, bavaayo n'ebibuuzo bingi nnyo awo nga balina okusoma endagaano, bayitibwa eka era basabibwa okufuuka abagobererezi ba Yezu nga bayita mu kubatizibwa.

Bwe baabuzibwa kye bamanyi ku Muhammed, baajuliza Quran w'agambira nti ye agoberera mazima era agakiririzaamu.

Bwebaabuuzibwa ku Yezu baasonga ku kanyiriri akogera ku Yezu ng'eyadda mu ggulu era Katonda Quran ekakasa nti Yezu teyafa okwawukana ku Muhammed eyafa.

Tewali bujulizi bulala bwetaagibwa. Beewala okukubagana empawa mwekyo kyebaali balowooza ne beyaambisa Quran nti eramula ebibiina by'abagoberezi byatandikibwawo mu maka, maduuka, mu butale ne kumirimu. Ng'abakkiririza mu nzikiriza enkadde bwe babuulirirwa ku kibiina nga tebakiriza bawoza tekisoboka. Baagamba abagoberezi abapya tebasobola kukuuma nzikiriza nti era baali baakukisanga nga kizibu nnyo okubeerawo awatali bukumi bw'abakulisisu. Ddala, waaliwo okusoomooza kuyitirivu naye ekibiina kati kyali kiwezezza abagoberezi nga akakadde kalamba n'okusoba era nga kikula. Bwe kyegereragerennyizibwa n'ebibiina ebikadde kyali kibikubisaamu emirundi kumu mu bagoberezi, olumu ekyaliko ekimu ekyewamu ku Bantu bona! Eno ngeri yanjawulo nnyo mu nkola y'ebintu n'okuzinga abamisani abefiriza ebingi okutandikawo enzikiriza y'ekikulisisu mu ggwanga. Ddala, abaminsani baali bamalirivu, beewaayo, beefiiriza n'okukola ennyo era beesitulira ebisawo byabwe ebya sente, n'ebisawo byabwe ebirala nebakkanya okutumbula nga bakola omulimu. Kikyali kizibu okukiriza ku nfumo ez'okukkiririza mu Yezu nti zisobola okukola mu ggwanga nga tewali bukulembeze n'ekyokulabirako kyabwe.

#### E/ OKULAMUSA N'EMIGASO GYAKWO.

Lwaki tetusaanidde kulamusa / kubuuza buli muntu gwe tusanze? Kirabika nga sikuabuntu. Kirabika nga tekirina muganyulo kubanga tutambilira mu antu era tunoonya kuba abantu baddembe."Ebyo nga biwedde Yezu n'alonda abantu abalala nsanvu era n'abasindika babiri babiri nga tanabeeeyoleka bagende mu buli kibuga n'ekifo ye kannyini gyeyali anaatera okugenda". Luka 10:1.

Ensanvu bano tebaalina kugenda mu buli kyalu wabula mu ebyo Yezu byeyali anaatera okugendamu! Yezu yalina enteekateeka namutaayika era gyebaalina okugoberera. Yezu yali mwerufu nti yakola ekyo kyokka kyeyalaba katonda akola (Yokaana 5:19) era ng'ayogera ekyo

kyoka kyeyawulira katonda ayogera. (Yakobo 12:49 -50). Yakola nga yesigama nnyo ku nkolagana ye ne katonda. Teyafanga ku byetaago by'abantu byokka. Ddala buli kyetukola nga tekigoberera nkola za Yezu naye sibweyakikola. Ddala / kituufu, mu Matayo 25 ne Yisaaya 58 bikinyweza nti byonna byetukola bingi n'aba Yisirayiri baabikola Yezu byataayimiriza.

Waaliwo abaafa bangi naye tebaazuukizibwa, waaliwo abayala bangi naye tebaalisibwa. Yezu yeeyisiza ddala ng'omuntu nga katonda bweyategeka. Waaliwo ebyalo by'abasamaliya bangi by'atayingira naye yayingira ekimu nga yeetaaga eky'okulya ku lw'okwagala kwa katonda. (Yowana 4:34)

Ebyetaago by'obuntu biyinza okuba byetaagibwa nnyo naye byonna biggwaawo. Bwekiba ng'ekyokuddamu kiri ku byetaago, tujja kusaanawo, tunyigire oyo alaba byetutalaba olw'obutatuwa byetaago.

Tetutambula ng'abatalina kigendererwa nga tugezaako okufuna buli kyetaago. Tulina okumanya Katonda kyagamba, laba Katonda akola era tutambula naye mw'ekyo.

Eno ensi siyiyo ne kkanisa siyoyo! Eno ensi ya Katonda ne Kkanisa ya Yezu.

“Nga bwetuli baweereza ba Katonda, muli nimiro za katonda,muli bizimbe bya Katonda. Okusinziira ku kisa kya Katonda ekyanzikako, ng'omukulembeze omugezi ntaddewo omusingi n'omuzimbi omulala azimbire okwo. Naye buli azimba abe mwegendereza”.

(Abakorinso II, 3:9-10)

Paul yamanya nti yali mukozi wa Katonda era nti n'gomuzimbi omugezi yamanya waalina okukoma ku byeyalina okukola. Yateekawo omusingi n'akiriza abalala bongereze akwo. Nimiro ya Katonda era nyumba ya Katonda. Osobola obutakisobola n'akatono.sigala ng'okola ekyo ekyakuweebwamu omukisa era okola ekyo bulungi. Okwo kuba kulowooza nti ebyetaago byo bisinga okukkiririza mu Katonda. Ekikulu Katonda n'ekitiibwa kye okwo kwekugoberera Yezu.

**EBIBUUZO EBISINGA OKUBUUZIBWA.**

- 1. Abakkiriza bwe batambulira mu neeyisa nga bwonyonnyola nti teri kabi mu kugattika eddiini oba enzikiriza, okugattika enneeyisa mu buwangwa n'enzikiriza ku bintu ebiri mu ndagaano enkadde?**

Ddala, bulijo kyakabi. Newankubadde, tuli bulungi nnyo mukulaba ebintu okuva mu buwangwa ebiyinza okuba nga sibirungi kugattika na njiri ya Katonda naye tuli babi nnyo mu kuba ffe tetweraba ngeri gyetugattika nzikiriza.

Abamu okuva e Bulaaya bayinza okubuzibwabuzibwa singa balaba abasiramu abakkiriza nga basaala emirundi etaano olunaku oba omuyisiramu okugenda mumaaso n'okusiiba nebwaba ng'omukiriza oyo asaba Yezu, ne baagala obutafananako Yezu mu bintu byonna ate nebawaayo obulamu bwabwe okukola ekyo.

Newankubadde, kinkakatako okulaba butya ebyobuggagga, okwefaako n'omululu bitutte bangi ate ne bifuula ekkanisa ekintu kyokwegaggawalaamu.

Nfaayo nnyo okumanya bameka abatadde essira kun kola ey'okutona, eneeyisa, okwatiikirira n'ebirabo ate tufudde ebitongole byakkanisa byonna byetuba tusinziirako okumanyikibwa. Twetaddemu omululu nga bakatonda bwe baagala ate n'embeera y'okwefaako fekka ng'omukisa gwa Katonda.

- 2. Bwoba nga totwala sente nemu osobola otya okukola emirimu gy'obuweereza n'oyamba abanaku? Ogwo sigumu ku mulimu gwaffe?**

Kituufu, tusonda sente olw'ensonga bbiri enku, okweyambisibwa ababuulizi b'enjiri mu bitundu ebipyia ate n'okuyamba abali obubi. Ekyo kimu ku mulimu gwaffe.

Newankubadde ekibuuzo kiri nti tutuukiriza tutya omulimu ogwo? Olowooza ngeri ki esinga okuba ennungi eyinza okuyitibwamu okusobola okuyamba enfuuzi mu kitundu ekyabalimu ababulijo.

Kubateerawo nkola zakizungu ng'amasomero ag'esigamiddwako ku mutindo gw'ekuzungu ebyetaago sente empitirivu n'abakugu okubiddukanya oba otekwa kuyamba maka amanaku n'okuyigiriza abantu ku ngeri y'okulabiriramu ba mulekwa?

Mu bifo era birirwamu bamulekwa eby'ekizungu baba balina okunaaba amazzi naye mu maka g'omubyalo ebyo tebibaamu. Ki ekiyinza okusingako obulungi?

Enkola z'ekizungu zitwala sente nyingi ate zisobola kuyamba enfuuzi ntono nnyo. Kyetaagisa obukugu bungi ate nga kino kizibu okutuukiriza.

Ab'omukyala tebasobola kukikwataganya oba okukikozesa ng'enkola y'okulabirira bamulekwa mu byalo byabwe ne mu byalo byabwe ne mu bibuga. Kizibu nnyo okuyimirizaawo byebatalina.

Enkola ezo zireeta obwavu, obulemu n'okuba nti abantu babulijo beesigama ku kusabiriza. Bireeta okuwakanyizibwa. Bireetawo n'abaana okuba nti tebasobola kubeerawo mu bifo mwebawangaalira, kati ani ayagala eneeyisa n'enkola z'ekizungu?

Butya singa tugamba abantu babulijo okulabirira abaana baabwe ne bamulekwa nga tubasanga mu maka gaabwe?

Ekyo kifaanana / kirabika kitya? Kiyinza okufaananira ddal nga mikwano gyaffe kyegikola e kenya nga bayamba amaka agali obubi n'ebirabo nga eggiali maanyi gakifuba nti bayinza okweyambisa eggiali ezo mu kusaabaza abantu nebafuna sente ate n'okutwaliramu abaana ng'abiri omulala yenna awangaalira mu mbeera eyo, kino kisobola okukola ate n'okukulakulanyizibwa.

Enkola eyo ewa esuubi nti ddala esobola okuyamba amaka agalimu bamulekwa bweba ng'ewagiddwa ebintu byabulijo mu kiundu. Enkola eno ewagira obuyiyya, ekwewayo ate n'etondawo obwetwaze.

Tetusobola kuzimba oba okulabirira amaka g'abamulekwa agali mungeri ey'ekizungu, kati lwaki tusigala tussamu sente n'abakungu okussa eri pulojekiti batuteeka mu kifaananyi ekirungi.

Batuleetera okuwulira amaanyi. Era kituufu, bino bisobola okuba nga bikyuka naye bikyalina okuba nga bikolebwa mu bitundu bingi.

Tuteekwa okulowooza mu ngeri eyabuliggyo, enyangu, etutwala ku ddaala eliddako, obuyiiya, etubeezaawo ate etukulaakulanya.

### **3. Ate ebyetaago byotasobola kufuna?**

Weesiga Katonda oyo alaba ebyetaago mu ngeri esinga okusinga nga bwolaba? Osabira abakozi? Osabira ebikozesebwu okuzaazibwamu? Osaba obuyiiya obunaakusobozesa okumalawo ebizibu byabadde nabyo? Onoonya emikwano egirina okuyitibwa okwenjawulo, abalina ebitono saako byeweetaaga? Abaaniriza? Oba oteekako katonda ekkomo kubyosobola okukola?

Brazil erina ekizibu ekinene eky'abaana b'okunguudo. Abaana bano banya ebiragalalagala, banuusa amafuta n'okuba okusobola okwebeezaawo.

Ebiseera ebimu Polisi ebadde emanyi mikwano gyaffe abateerawo bamulekwa ebisulo ebisobola okusulwamu abaana wakati we myaka 10 ne 12 ate ne bafunirwa ababalabirira nga maama oba taata.

Amaka gaabwe malungi naye abaana nkumi nankumi bali kunguudo. Omukago omwegattira Kanisa mu Brazil gusabye gavumenti ebeeko kyekolawo ku baana b'okunguudo. Kituufu ddala buvunaanyizibwa bwa gavumenti?

Mukwano gwaffe yatugamba nti singa buli mukulembeze w'eddiini mu Brazil alabirilayo omwana omu tewandibaddewo baana ba kunguudo.

Ozingiriddwa ebyetaago byotasobola kwetuusaako? Twala akalowoozo ka maama Tereza akagamba nti "Tandika n'ekiri ku bigere byo". Kola kyoyinza okukola, towaalirira kyotasobola kukola.

4. Omanya otya Katonda gy'akusindika? Yezu yabawa ebibuga ebimanyiddwa gyeyali alaga.  
Tumanye tutya ew'okugenda?

Tuli baakuwuliriza era tukole. Y'ensonga lwaki omusingi gw'ekkanisa be batume n'abalanzi. Tuyinza okuba n'ebirowoozo ebirungi bingi naye tuwuliriza? Tukiikkiriza mu olulimu lw'ebiriito n'okubonekerwa nga Petero mu bikolwa by'abatume 10 oba Pawulo mu bikolwa by'abatume 16? Tukiriza okugulwa kwe nzigi ez'enkolagana mu bikolwa by'abatume 18:1-3?

Tuwuliriza emitima gyaffe byegyegomba okumala ebbanga ddene? Katonda kyakutaddemu? Ki kyokiririzaamu era kyotwala ng'ekikulu? Weegomba okutandikira awo wooli?

## **EMIREMBE GYO N'OMUNTU OW'EMIREMBE**

"Naye mu buli nnyumba gyoyingira, sooka ogambe "Emirembe gibeere ku nyumba eno; Ate singa omwana ow'emirembe abaayo, emirembe giba ku nju n'abantu b'enju eyo; bwekitaba kityo, emirembe gyo gikuddira" Lukka 10:5-6.

### **A/ EMIREMBE GIBE KU GGWE.**

Okulamusia okumanyiddwa mu basiraamu yeya " As-Salamu Alaykumu!" ekivuunulwa nti "Emirembe gibeere naawe". Ekiddibwamu kiri nti " Wa – Alaykum As – salaamu". "Naawe emirembe gibeere gyoli". Kino kyekyo ddala Yezu kyagamba. Musajja ava ebuva njuba.

Okimanyi nti oli mubaka akiikirira obwakabaka obulina kabaka buli woolaga? Omanyi obuvunanyizibwa bwo ng'omukiise mu kusaasaanya emirembe mu bwakabaka? Weenyigira mu bintu ebipyia n'okutya oba mirembe?

Kola ebyo abatanamanya Yezu bye bawulira nti obakkiriza ate nga bireeta eddembe mu kifo kyokunenya n'okwetwalira waggulu. Mukama waffe yayitibwa "Mukwano gw'abanoonyi" Tulina erinnya lyelimu? Bamalaaya baamunoonya kuba baali bamanyi ebigendererwa bye gyebali bwali butuukirivu era n'abaaniriza.

Abakunyanya b'omusolo tebaalina buzibu naye kuba baali bamanyi taggya kubanenya. Omukisa ogusooka kuba kukuuma emirembe. Emirundi egimu okulumbagana, okusosola abalala n'okugaana olw'okuba kino kitusobozesa okugaana olw'okuba kino kitusobozesa okugamba nti twagezaako okugabana naye twawakanyizibwa. Eddiini egulumiza okulumbagana ng'eyita mu bigambo. Osanga bagyemera nkola zaffe naye si Yezu? Omulimu ogulina okusookerwako kwe kukuuma emirembe. Amazima gakusitula. Tweetaaga kusitula mazima! Kakkana mu mikono gye. Yezu lye kkubo, amazima n'obulamu ebyolekera oyo ayagala okuweereza. Si ggwe mulwanirizi w'amazima, amazima ge galwanirira ggwe.

Emirembe gibeere naawe!

### **B. OKUZUULA OMWA OW'EMIREMBE.**

Omuntu ono ayitibwa “omwana ow’emirembe” Kubanaga gwebanoonya. Katonda abadde akola mu mitima gyabwe ate tulina okuzuula Katonda waali ku mulimu. Tujja kuzuula wa Katonda nti anaatera okuja. Ozuula otya omuntu oyo?

Abatandisi b’ekibiina kya camel tracks emirundi egimu baagendako mu muzikiti ne basaba okusoma mu Quran n’abasajja abaalimu. Baasobola okusoma mu sura “Omukazi” era nebatandika okubuuza kyetegeeza. N’ebibuuzo bye babuuza ate bizaala ebibuuzo ebirala. Ebibuuzo ebibatwala ku bibuuzo ebikwata ku Yezu n’ebikwata ku “Ningel”, endagaano empya.

Emirundi egimu nga n’abasajja emboozi esobola okweyongerayo. Emirundi egimu omusajja omu yayinzanga okufuluma nabo n’abasaba okujjako mu makaage era nebamuleetera endagaano empya. Nga bayinza okunyumya naye emboozi eziwerako ate era ne bayittibwa olulala era nebasanga amaka gonna nga gajjudde ab’enjanda n’ab’emikwano ne balagirwa, ” kati mu babuulire buli kimu kye muñjambye.”

Okulabikirwa n’ebirooto byeyoleka nnyo mu bayisiraamu ng’engeri yokutandikamu emboozi balina kubabuuza oba baafunye ku birooto n’okulabikirwa. Singa omuntu oyo yali ku kukabikirwa kwa Yezu, nga beewuunya nnyo ekibuuzo kiba kibuza nti okulabikirwa kwalimu omusajja ali mu ngoye ezitemagana. Ekyabaleetera nga okwenyamira.

Bwosisinkana Yesu, emirembe gibeere ku maka go. Bwekitaba ekkyo, emirembe gyo giggya kuddira ng’oli kulugendo lwo. Okutukuzibwa kuno kwekubaawo kwa mwoyo mutuukirivu, emirembe gino gy’amaanyi era bwebujulizi obungi bweweetisse. Bwozuula Yesu, ekkyo kikola kinene okukuggulirawo omutima gwe n’eggulu. Kituufu abantu abamu abalina obukugu beenyigiddemu era kituufu tulina okubeera abagezi kubanga kino tekikola Iwabukugu n’okiregezaamu kw’abantu. Kikola kuba Katonda akola mu bo ng’ayita mu ggwe ate gy’emirembe gy’atuletera.

Omulimu ogw’amaanyi Katonda gw’akola okutubunya emirembe mitima egitasobola kutwawula wadde okuleeta obukyayi.

Omuntu ow'emirembe yooyo asooka okusembeza Yesu ku kyalo oba mu bantu. Obujulizi buno buyinza okuba nga bwakatemba okuggula ekyalo ekyo oba ekibiina okwaniriza Yezu. Kino kye kyatuukawo ku mukazi ku luzzi mu kitabo kya Yowana 4 n'ekya Maliko 5:19.

Omuntu ow'emirembe ayinza okuba oyo asobola okukyusa ku neeyisa ye. Waliwo obujulizi bungi obuva mu mambuka g'olukalu Iwabaddugavu (AFIRIKA) abakulembeze b'obusiraamu bafuuse abagoberezi ba Yezu nebatandika okukunga abagoberezi baabwe bafuuke abagoberezi ba Yezu. Omuntu ono omumanyifu mu kuleeta emirembe y'omu ku bogerwako mu lugero lwa Peter ono munju ya Cornelius mu kitabo ky'abatume essuula eye 10 ate ne mulugero lwa Pawulo ne Silasi ne mumboozi ya Bafiripi. Mu mbeera zino zombi, " ye n'abantu be baabatizibwa"omuntu ow'emirembe ayinza okuba oyo asooke okukyuka kuba kubatizibwa kw'abantu be bona olunaku lumu. Olumu twanguyiriza okubatiza ate n'ekireetawo enjawukana mu benjanda abalala. Wandibadde ofuna emisomo ku Bayibuli n'ab'amakago bona n'obakulembera okuba abagoberezi ba Yezu era mubatizibwe lumu. N'olwekyo okujaganya olwokubatizibwa ate kubere okujaganya kw'okutondawo ekklesia.

### **EBIBUUZO EBISINGA OKUBUUZIBWA.**

**Ate omwana w'emirembe mu kibuga ne mu buwangwa bw'abazungu?**

Twogeraganyizza emirundi mingi nga tugezaako okuzuula omuntu ow'mirembe mu bibuga oba mu buwangwa bw'ekizungu. Ekitabo kya Luka omutwe 10 kiraga ebuvanjuba ne mu byalo ewali emijiji esatu n'amaka agalimu abantu eb'enjanda n'abaweereza ne bakola amaka agalina abantuukati wa abiri ne ana. Okubeerawo n'okubasomesa emirembe okufuuka omubuulizi w'amaka n'emikwano gyago n'okulaba nti enjiri etuuka mumaka gebakolagana nago kyekyo ddala ekigenda mu maaso mu nsi ezikyali emabega. Enkolagana eyo eyongera amaanyi era n'ekulakulanya mangu ebibiina ebizimba ekklesia. Tusobola tutya okuteeka ebyokulabirako bino okuva mu Luka mu bazungu ne mu bibuga ewali abantu nga bemanyi ate nga beyawudde ekiremesa/ ekibuzaawo enkolagana mu b'enjanda.

Okusomesa kwa Yezu mu kitabo kya Luka omutwe ogwe 10 kwogera kubuwangwa bwonna? Ddala kyekyo, ye Yezu gwe twogerako! Mu bazungu amaka be Bantu betumala nabo obudde obusinga obungi, batera okuba n'ebjetaago / ebigendererwa ebiwerako mu bibiina. Ekizibu tekiri ku makungula. Linda amakungula okujja gyoli?

Jjukira Yezu tagambanga nt basobola! Yatulagira okusabira abakozi abanaagenda. Ajja kukusindikira ekyokuddamu okuyita mu ssaala zo. Eby'okulabirako ebimu ebipyga okuva mu bazungu.

Omukulembeze w'obuweereza obumu obukwasaganya ensonga ez'enjawulo mu Bungereza yeegatta ku kiraabu y'omuzanyo gwa kuliketi era neyeenyigira mu byonna ebya kiraabu. Ekyavaamu? Abantu bangi mu kiraabu baabatizibwa ng'abagoberezi ba Yezu.

Ow'omukwano omu mu Germany yawulira bulungi ekiragiro ekimugamba nti agende mu kinyero ekyabulijo. "Katonda wange " sigendangako mu kinyero/ bbaala mu bulamu bwange naye lwaki kati?" Yagenda ne yegatta ku bakyala abaali batudde okwetooloola emmeeza naye nga bakiririza mu mbeera nti omufu asobola okuweereza abalamu obubaka ng'abuyisa mu muntu omulamu. baali bakunjanye okukubaganya ebirowoozo nga bwebaakikola nga buli sabbiiti. Baamukiriza okwetaba mu mboozi yaabwe. Nga wayise sabbiiti ntono ng'amaze okubawuliriza n'okuddamu ebimu kubibuuzzo byabwe, baamuyita amale nabo akawungeezi kalamba nga bwanyumyako nabo ku nkolagana ye ne Yezu. Yakikola mwabo abakiririza mu mirembe. Okukeberakebera kwalinga kabaga n'abaami baabwe era bakizuula nti omu ku baami yali asoma Bayibili ne beewunya "singa omuntu omu asobola okunyamba okugitegeera?"

Ow'omukwano omulala omu German yatandika okubeera mu kifo ekimu ekyabulijo ekikunjaniram abantu n'abeerawo n'abatalina maka, abayaaye n'abantu abalala ku njegoyeego. Ekyavaamu? Banji baabatizibwa ne bafuuka bagoberezi ba Yezu mu kifo ekyo. Omusajja omu alina olugero olwentiisa olukwata ku bulamu bwe nga muto nti yali abeera ku nguudo okumala emyaka 15.

Oyagala okubeera omubuulizi? Lwaki tofuuka mubuulizi (kale omutendesi) wa tiimu mutabani wo mwali?

Ow'omukwano ow'okulusegere ekyo yakikola n'asisinkana taata gwe yallowooza nti munyikaavu. Emirundi egimu taata oyo yalekera awo okugenda okulaba /okwegezaamu. Mukwano gwange yakanya ku kubira taata ssimu naye nga tagikwata okutuusa ng'ebula akaseera katono ssekukkulu etuuke. Yakimanya nti yali asuuliddwawo era n'atandika okulowoozo ku kwetta. Ekyo kyekyasooka mu byayogerwa ebingi naye kati taata ne mukyalawe baafuuse bagoberezi ba Yezu.

Twasisnkana Petero mu Dushambe, Tajikistan, eyali akuleembedde okubuulira ekigambo eyo. Yalanga era n'asaasaanya enjiri nga n'ebikozesebw abigabire bwereere. Abavubuka abagala okuvumbula ebipyba baagala nnyo bitono saako emikisa. Petero ali mu kuteekawo emirembe gya Yezu mu buvubuka.

Mu kibuga kya New York waliyo ekibiina ky'abasipaana "ekikwataganya ebibinja ebirala" Abantu abamaanyi Yezu bayita mikwano gyabwe, amaka nebebakolagana nabo mu bizineesi mu maka gaabwe oba mu birabo by'emmere ewali emmere, film, embooz n'essaala eri abazitoowereddwa (abalwadde) Ekibiina ekikwataganya olufuna amawulire ga Yezu kisobola okufuukamu kkanisa z'omumayumba ate n'ebibiina ebirala ebikwataganya ensonga y'emu ne bimeruka.

Emu ku ngeri esinga obulungi okwanjula ekkanisa esookerwako mu kibuga/bibuga ye ya Neilcoles Organic church: ekkanisa ekula ewali obulamu, wiley Press, 2005.

Mu bibuga ne munkola z'ekizungu ennyumba ey'emirembe eteeka okuba ng'ekolalagana n'aba abakiriza emirembe. Ebibiina bino biva kubasuubuzia bamanyifu tubasenze abapya. Mwoyo mutuukirivu y'asinga mu nsi yonna mu buyiiya. Lwaki ekkanisa ezisinga obungi zirabwa nga ezitaliimu buyiiya? Mubuuze.Loota naye. Tambulira mu kukkiriza n'omukwano mu ye. Noonya omuntu w'emirembe gyo.Okulafuubana kwo kuli ewali amakungula go.Amakungula go wewali enkomerero yo.

## ESSUULA EY'OMUKAAGA.

### EBITEEKEDDWA OKULIIBWA N'OKUNYWEBWA

“Era mubeeranga mu nnyumba eyo, nga mulya era nga munywa ku bye bali nabyo, kuba omukozi asaanira empeera ye. Temugezanga kuva mu nju kudda mu ndala. Nabuli kibuga kye mutuukangamu, ne babasembeza, mulyanga buli bye bassanga mu maaso gammwe” Lukka 10:7-8

#### A/ ENKOLAGANA EY'OBWESIMBU N'OKWEKUBISAAMU OBA OKWEYONGERA.

Bwowulira ennyumba ey'emirembe beera eyo. Oba nga Peterson bwagamba mububaka,” Totambula nju ku nju ng’noonya omufumbi asinga mu kibuga”.

Bwozuula ennyumba eyemirembe, giseemu ekitiibwa. Laga enkolagana eyobwesimbu, eyamazima, obukkiriza n’omukwano. Singa Katonda aba akukuleembeddemu okugenda eyo, suula obutakwatagana n’ebizibu obeere eyo. Kikole.

Ekiragiro okusigala nga kikwatagana nekiragiro kya Yezu okusaawo abagoberezi, okubatendeka bona okukkiriza ebintu Yezu byaba alagidde. Tetuli mu kubala biragiro.

Enyumba yo ey'emirembe teteekewawo mulundi gumu. Kitwala akabanga! Sigala n'enkolagana ate tobavaako okutuusa ng’omulimu gw’obugoberezi agutuukiriza ate musigala nga muli bamukwano. Ow’omukwano omupya oyinza okuba nga awulira bulungi okuggya munju yo naye eb’enjuye n’emikwano tegiggya kujja. Toyagala ku kwebulungulula. Oyagala okugenda ku nju empya osomese omuntu ow’emirembe kyekimu. Oyagala ne nnamba egejje. Kuludda lwo kyosobola okulaba kwekukula n’okweyongera okwongerezaako nti ddi abagoberezi bo lwebakola kye kimu, otandika okulaba okweyongera mu muwendo.

Ku mugigi ogw'okuna tekisobola kulemesebwa kubanga ekikulu kiri nti kwekubisaamu enkolagana ennungi. Yezu yalina abagoberezi 12 n'abeera nabo okumala emyaka 3. Yagendanga mu maaso n'okwewala ebibiina by'abantu naddala bwewgatuukanga okwagala okumufuula kabaka. Obulamu bwe yabuteeka mu kumi n'ababiri. Teyagattako ku kumi n'ababiri olw'okuba yali tayagala kusaabulula nkolagana gyeyali agabana nabo.

Mpulidde obujulizi bungi obw'esanyu obukwata ku kutandika ekkanisa mu maka g'omuntu. Baakula ate ne bawulira nga beetaaga okuzimba ekizimbe ky'ekkanisa naye bwe bagenda mu maaso enkwatagana n'efa.

Mu kifo ky'emikwano, wajjavo entegeka eziwera naye bwe zeeyongera ate n'eziyitimuka naddala mumuwendo, zaafirwa omukwano gwebaasooka okuba nagwo. Kino kye kiva mu kukula ng'ogattako.

Yezu teyasaabulula mutindo ogw'enkolagana ng'akkiriza abalala mu kibiina kye ekya 12. Osobola okwanguirwa okutebeereza nti abalala baayagala okumwegattako naye nga tabawa mukisa. Singa buli omu ku 12 yalina abagoberezi era abagoberezi abo balibadde bafuna ku mukwano gwe gumu ogwa Yezu. Okukula kuyita mukweyongera mu muwendo n'okutandikawo omugigi gw'abagoberezi omupya. Kino sikwekubira bulango naye kwogera okwobutonde okulungi okukuma enkolagana.

Omulumu guno gutwala ebbanga, obukkakamu n'enkolagana. Kino si mukolo, kulanga mungeri esikiriza oba ngeri ekolebwa. Emikolo n'entegeka ez'enjawulo tebireeta bagoberezi. Abagoberezi bokka bebaleeta abagoberezi.

**B/ OKULYA, OKUNYWA N'OKUKKIRIZA OBA OKUBAAKO W'OGWA, EMPISA  
N'ENZIKIRIZA .**

Tukizudde nti buli buwangwa bwe bumu mu ngeri emu. Buli bwolya emmere ne mikwano gyo emipyga gibagyagala nnyo okumanya oba emmere ekuwoomera. Lwaki? Bwoba owoomerwa emmere olaga okukkiriza n'okunyumirwa mu neeyisa yaabwe, kuba bye baagala ne bye bataagala, ebirabo bye bakuwa n'ebyabwe.

Ekiragi kino ekyokulya n'okunywa “ebintu ebyo nga bwe bigabwa” kiragi ro ekinyiiza ennyo naddala nga mub'enju abatalya bintu ebisinga obungi nga babitwala nga “ebitali birongoofu” olya buli ekiba kitegeddwa? Kino nga kyawula mu bantu nga Petero yeetaaga ekirooto kyeyaddamu emirundi esatu n'alyoka akitegeera ne kikoma. Olw'ekirooto ekyo yali mwetegefu okulya ebitali birongoofu neba Gentiles abataali balongoofu mu nju ya Cornelius mu kitabo ebikolwa byabatume era nayimirirawo ku kyo mu maaso g'ababuulizi abalala mu kitabo ky'ebikolwa by'abatume essuula 11.

Kwata etteeka mu Luka 10:7-9 Tuli baakulya, okuweereza n'okulangirira obwakabaka. Okuliira awamu kitegeeza/kiraga kukkiriza ate mu buwangwa bw'ekiseera ekyo nga kisingawo nnyo. Okugabanyiza omulala ku mugaati nga kitegeeza kubeera mukwano gwabwe obulamu bwonna. Yezu addamu etteeka ly'okulya enfunda bbiri. Era tulina okuweereza era tulina okulangirira “Obwakabaka bwa Katonda buzze okumpi naawe”

Ekyo tukirabe mu ngeri endala, kyosooka okuba nakyo: omukwano ne wetuwangaalira, ekyokubiri, empisa. Okuweereze, okusisinkana ebyetaago n'ekisembayo enzikiri: amazima n'okwogera ku bwakababa, gyogwa, empisa n'enzikiriza. Ebibiina byevangiri emanyikiddwa bikuumye ebintu ebyo ebisatu babikuumye.

Tubadde tutera okusaba abantu okusooka okukkiririza mu mazima gaffe, akiriza mu ngeri yemu nga bwetukola ate era neyeyisa nga bwetweyisa era singa bakikola, gwo tubakkiriza basobola okuba abamu ku ffe.

Okukkiriza kwaffe kye kirabo kyetuwa abalala okutukiririzaamu nga bwetukola nga bakoppa empisa zaffe.

Yezu ekyo teyakikola. Yagenda munju ya Zaakayo (Luka 19) naye olw'empisa ey'okukkiriza n'omukwano, Zaakayo yafuna okukkiriza n'omukisa okukyusa empisa ze.

Ekyetaago ekisooka okuba omubuulizi w'enjiri omulungi si kuba tuyivu nnyo naye omuntu oyo alina obusobozi okusanyuka n'abantu ab'enkula yonna era asobola okunywa n'okulya nabo! Okutendekebwakwo kuli kutya?

#### **C / OKUBA NG'OSAANIDDE OKUSASULWA N'OBUVUNAANYIZIBWA OBULALA.**

Olkwogera ku sente mu buwangwa obumu, ebibiina byabannabyanfuna n'olulimi kizibu nnyo era bwogatta obuwangwa, ebyenfuna n'enjawuka mu nimi oba nekizibu ky'amaanyi. Bwetugezaako okuzimba enkolagana eyannamaddala tewali nsonge ereese mitawaana ng'okukwataganya eby'ensimbi.

Yezu atuwa obusobozi obutusobozesa okumanya butya gye tuyinza okwewala ebizibu. Agamba nti ng'osindise omu, weesigama ku nnyaniriza y'ennyumba ey'emirembe gwe ng'omukozi ogwanira empeera. Kino kikwatagana nabavunanyizibwa ate singa omu takiriza buvunaanyizibwa okuva mu ntandikwa ddala tebalyagala.

Omugagga singa ajja eri omwavu, kibeerawo ng'abo abalina ebitono babeerawo lwabo abalina ebingi. Okwesigama ku mulala kimalamu ekitiibwa. Tetulina kuteekawo nkologana ey'okubaawo olw'abalala. Mu kitabo kya Yowana omutwe ogwa 15, Yezu yatunuulira abatume 12 era n'abayita bamukwano.

Tetwagala kukola na baddu oba okuba abaddu. Tetwagala kubeera pulojekiti. Twagala kuba bamikwano era tuyisibwe ng'abemikwano.

Newenkubadde, emikwano tegyagala kubeera kizibu oba okutwala emmere okuva kubaana b'omulala. Emikwano gyefiiriza (giwaayo) lw'abalala era okuwaayo ng'okwo kabonero kakitiibwa mu buwangwa. Omu okugezesu ennyumba y'emirembe kugezesu kwaniriza bayinza okuba

omuntu ow'emirembe? Bayinza okutwala obuvunanyizibwa okulabirira oyo asindikiddwa mu bo n'emikwano. Bantu abawaayo?

Yezu mulambulukufu nti okuwaayo kwabuli lunaku bwe buvunaanyizibwa bwokka obw'enyumba y'emirembe okusindika omu. Kino kikontantana n'eddiini eziyisa obubi abantu ate n'okubanyunya. Eddiini ezimba amasinzizo newa amakakkalabizo, amammotoka, amayumba n'ettaka eri abakulembeze. Oba abantu bagagga oba baavu bayigrizibwa olwa sente ne babagamba nti bajja kukolimirwa singa tebawaayo era bajja kufuna omukisa singa bawaayo. Abalooma mu kkanisa yaabwe baatundanga byebaalina olw'emikisa mubulamu obudako naye ffe abaaleero tutunda emikisa mubulamu buno. Eddiini bulijo zitunda emikisa. Eddiini bulijo ziteeka omusango n'ebikolimo kw'abo abalemwa okugula emikisa egiri ku mudaala.

Eddiini zikuumira abantu mu bwavu. Okusinziira kubino, nyingi kuziyitibwa Kkanisa za Yezu kulisitu zaafuuka zabyanfuna tewali njawulo n'eddiini endala.

Yezu yagamba abagoberezi baafuna byabuwa era basaana baweeyo byabuwa. Obwakabaka bwa Katonda butuweebwa era tubufunira ku bwereere. Kyetubawanguza, kyetubaagazisa. Bawangula n'obwakabaka? Bajja kubeera mu Bwakabaka. Obawangula na muceere? Bajja kwetaaga omulala n'omulala singa otwala abantu okuba ensibuko y'ebyenfuna n'obeekwekerera olwa sente oba weggye wekka mu bwakabaka.

Naye sente kintu kinene! Ate n'amaaso, tutera okuwulira nga tusobeddwa olw'ebikozesebwaa ebitono. Newankubadde okukula kw'ekkanisa tekwesigama ku sente. Kkanisa zonna zitandika na bukkiriza, kwagala, okubeera ku mulamwa, okwefiiriza n'akasente akatono. Si sente nti ze zisikiriza okukola ekintu. Kwagala, ku kkiriza n'okubeera ku mulamwa bye bisikiriza okukola ekintu. Omutima gwa Katonda ogukolera mu mutima gwo gwe gukusikiriza okukola ekintu!

Kkanisa bwewga tekitegeeza bbula lya nsimbi Kkanisa eziluddewo nnyingi zirina ettaka, obugagga n'ebizimbe naye ziremererwa olwobutaba namulamwa, okukkiriza, obwesimbu nokwagala.

Bagudde Kkanisa ne zisigala awo mu byafaayo ebiraga nti baali b'amaanyi. Katonda tutunuulira nyo kyolina mu mikonogyo nga kyolina ku mutima gwo. Ebyobugagga bigoberera mulamwa n'abukkiriza.

Omuntu agamba tugenda kuba tulina mmotoka. Omulala agendera muntambula ey'olukale neyeyambisa obudde obwo okwogerako n'abasaabaze abalala. N'azuula abantu ab'emirembe mu bbaasi. Omulala talina sente kugula mmotoka oba ez'okulinnya bbaasi ey'olukale n'atambula era ng'atambula afuna akadde akasaba ate asisinkana omutambuze omulala ayagala ennyo okumanya ku Yezu. Ebilemesa ate bituviramu omukisa ogusisinkana Katonda.

Bwoba olinda kuweza sente olyoke okkirize Katonda, tolikkiriza. Katonda tasikirizibwa n'ekyo kyoyogera nti singa walina ebyobugagga kyewandikoze. Alinda kulaba ky'okola n'ekyo kyolina kati.

Yezu bweyali awa abagoberezi amateeka yatulagira okukola ekyo ekiga mu byobugagga bw'abantu abamu mu kaseera ako. Okusobozesa omugoberezi okuteeka obudde mu muntu oyo analongoosa omutima, bayirize kwekwata ku Yezu ali mu bo era abayirize okkubisa mu budde bwe bateeka mu bintu ebirala.

Ekyetaago kiri kimu kyokka budde. Ffenna tulina obudde bwenkana naye engeri gyetubukozesaamu eraga emitima gyaffe kyegitwala ng'eklikulu.

Naye oyinza otya okutambula nga tolina sente? Okutambula nga tolina sente kizibu naye okutuuka mu kyalo ekirala oba ensi tekyesigama nnyo ku sente. Bwofunayo omugoberezi omu mu Bantu bayiseemu nga otambula ne bakola kyekimu n'wooluganda mukibuga ekiddako nabo nebakola batyo amangu ddala oyinza okufuna abagoberezi munsi endala! Ekisinga okwetaagisa bwe budde! Enkolagana ekubisiddwamu ejja kubuna amwangwa awatali kkomo.

Singa oba oyogerera mu kibangirizi mu lujjudde lw'abantu, ani asingawo omugaso? Ggwe omwogezi. Mu buli buwangwa/neeyisa, omuntu oyo awulira nga wakitiibwa, wamugaso nti ayinza

n'okufuuka omumanyifu mu bantu bakoleramu. Mu byafaayo Yezu yakyasinze okuba n'abantu abamukunjanirako era tusoma nti olumu yabagobanga n'okubagoba.(matayo 14:22, 15:39, Mariko 6:45, 8:9)

Mu Yokaana, yayogera kaati ku muwendo ogwokumugoberera nt abagoberezi bangi "Tebaddamu kutambula naye" (Yokaana 6:66) Yezu yakimanya nti okuyitamu tekyetagisa kwebulungulirwako bantu. Olunaku olumu baali bagala ku mfuula Kabaka ate olunaku olwaddako nga baagala ku mutta. Omuntu kyakuwa, abantu basobola okukikugyako.

Okwawukana singa oba oyogera eri omuntu omu mumaka ge ani aba asinga obukulu mu kadde ako? Akuli mu maaso. Ggwe mugenyi, gwe muweereza. Enkolagana mu bugoberezi yeeyo buli muntu okumanya nti Katonda abaagala nnyo okutuuka okubasindikira Yesu kulisito oba mwanyinabwe. Katonda ayagala nnyo buli muntu era tasindika bubaka bwokka oba ekitabo oba pulogulaamu ku telefayina (TV) naye omubaka.

Yezu obwongo yabussa ku kumi n'ababiri. Obubaka obwali mu kwemalira ku 12 kwekulaba nti buli omu yeemalira ku Katonda obwo bwe bubaka bwe tulina okuba nabwo ku mutima nga bwetutambula ate tubuyingiramu omu n'abatono. Obubaka buno bwebugoberezi obusinga obukulu mu ngeri ya Yezu. Katonda ayagala okumugoberera n'omukwano mu gwe. Ate engeri esinga okumanyisa obubaka obwo kwe kuwa abantu obudde okulagaana naawe. Okukola kino kyetaaga kukola nga Yezu.

Ekirala mu ekyo kiri nti singa abantu bajja mu maka go n'obalabirira bajja kutandika okukwesigamako.

Okwegerezaako, newankubadde bayinza okujja gyoli, ab'eijnanda baabwe n'emikwano bayinza obutajja. N'olwekyo okugenda mu maaso kukoma ku mugigi ogwo.

Nga agenze mu maka gaabwe, weewo ab'eijnanda n'emikwano gyebawulira nga kyangu okujjayo. Nga omuntu ow'emirewmbe olina obuvunaanyizibwa okuba ow'ekisa ate nabo baggya kutwala obuvunanyizibwa ku b'eijnanda n'emikwa era kitwale enjiri ya Yezu kuddala eriddako.

Bwetugenda mu nnyumba y'emirembe ge magezi ga Yezu okwewala okuteekawo obuteeyimirizaawo n'okutuukiriza obuvunanyizibwa eri abagoberezi abapya.

### **EBIBUUZO EBISINGA OKUBUUZIBWA.**

1. Kyogamba nkuwulidde ng'owakanya okubuulira mu lujjude oba ku mikutu gy'ebryempuliziganya?

Ddala owulidde! Yezu yayogera muntu kumuntu okuwereza abasaja ekumi n'ababiri era n'okutusaba okukola nga ye era tukole nga bwewayakola. Yagoba abaali bamwebunguludde. Lwaki tulowooza nti tulina enkola esinga eyo? Enkunjaana ezimu ezisingira ddala obunene zibadde ku lukalu Iw'omuddugavu (AFIRIKA) eziweramu abirowooza ng'akakdde kalamba mu lukunjaana lumu. Nigeria ebadde n'enkuunjaana ez'ekika ekkyo nyangi era kati y'emu ku nsi ezirina Kkanisa ennene ennyo mu nsi yonna. Mu maserengeta ga Nigeria oba ebitundu 80/100 bagamba bakulisu naye era Nigeria esigadde nga y'ensi esingamu enguzi wansi w'enjuba. Rwanda nga tenagenda mu kitta Bantu egamba yalina abakulisu ebitundu 90/100 naye abakkiriza abaasinzzanga mu Kkanisa ze zimu beetirimbulu n'ebiso. Bangi balaze okwagala okwobutondo ku mitima ate abatono bayigiriziddwa okukkiriza byonna nga Yezu bwalagira.

Omuwendoo gw'abantu omunene mu lukunjana kifuula omubuulizi okuba omulungi era kimusobozesa okusolooza omusimbi naye nga tewali bibala. Lwaki? Tetukola Yezu kyatusaba okukola. Mu butuufu omuwendo gwabantu omunene, omwaliiro omunene n'omuwendo gwa sente omunene ogufunibwa buyinza okuba bwe bubaka bwokka obufunibwa obweerere buli ku oyimiridde wa, amaanyi, sente n'omuwendo gw'abantu. Kyoyimiriddeko, amaanyi, bugagga n'omuwendo gw'abantu bye befuze Kkanisa ku lukalu Iw'abaddugavu naye obwesimbu n'ekituufu sokyabaliko. Okukiriza kwesigamye ku sente n'amaanyi era kiraga nti ekintu kyonna ekisobobla okubatuusa kwebyo balakkiriza Ladiyo ya Bungereza (BBC) yalaga engeri bannabyabufuzi ne bannabyanfuna gye bawaayo obukadde n'obukadde bwa sente okuzimba ebizimbi bya Kkanisa okwetoolola ensi yonna bawa ekimu ekyekumi (1/10) ku sente zebanyaze mbu 90/100 kijja kuweebwa omukisa.

Kiwulikika bulungi nnyo okwogerako eri enkumi ne nkumi z'abantu ng'oyita ku terefayina naye oba ng'ekyo kyali kirungi nnyo Iwaki Yezu atusaba okufuna abagoberezi ate era atulaga engeri gyeyeeyisaamu ne 12? Obukulistu sikumanya bikwata ku Yezu kyokka. Obukulisu ye Yezu okukutambuliramu atambula n'abatono. Enjiri ya Yezu yakugenda mu maaso ng'eyita muffle okusaasaana ensi.

Emikutu gy'amawulire gitondawo ababuulizi b'enjiri abalinga banakatemba era ne babeera mu bululamu obwo.

Emikitu gy'empuliziganya gifuula obubuuliriza okuba nga bukola.

Yezu yannyonnyola obubuulizi nga enkolagana eyekubisaamu ng'eyita mu neeyisa.

Obubuulirizi bwokumpewo z'amawulire buli emirundi ebiri, okukola ekiteekeddwa okukolebwa ne sente, okwogera n'okitwala. Obubuulizi bwa Yezu buli emirundi esatu. Okubaawo, obwerufu mu neeyisa ate n'okukolagana mu mukwano n'amazima (awatali kwetaaga sente!)

## 2. OYAGALA KUKUUMIRA BANTU MU BWAVU?

Nedda! Newankubadde kyamazima nti obuwereza kye bukoma okufuna sente okuva ebweru waabwo, gwemugunjula omutono obuwereze gwe bufuna. Lwaki kino? Sikuba nti ensi eziri muluse olw'okubiri n'olwokusatu abantu babi nnyo mu kukwata sente okusinga abazungu.

Kiyinza okuba nti ekibiina ekibuulizi gy'ekikoma okukola sente nnyingi zigenda mu bitongole ebyebbeeyi nga amasomero n'amalwaliiro. Naye, nzikiriza nti ensonga enku lu eri nti sente ennyingi eziva ebweru, ab'ebweru balowooza nti balina eddembe okufuga abo babawe sente. Omuntu ow'ebweru bw'aba nga yafuga okusalawo mu Kkanisa kittabakkiriza, obuvunanyizibwa n'amaanyi agalaga nti abebweru balemesa Yezu okuzimba kkanisa ng'ayita mu bakkiriza abaabulijjo.

Eky'okuddamu ku kizibu kino "Si kukuuma Bantu nga baavu" Ekyokuddamu kwekukkiririza mu Yezu ensibuko y'abuli kimu n'okukkiririza mu mwoyo mutuukirivu nga omutima ogw'okuwaayo nga twefiriza, obuyiiya n'okuzaamu. Ekyokukola kwe kuyamba ab'emikwano okukola n'okukuma eby'obugagga byabwe. Kino kiyinza okwetaaga okwetaba mu by'enfuna n'okutendekebwa mu bizineesi. Abaavu mu nsi ezikyakula sibaavu kuba banafu. Bakola nnyo. Ensonga enku lu y'enguzi eyitiridde eremesa abakozi okufuna mu ntuyuo zaabwe.

Emabega twagezaako okukwatagana ne mikwana gyaffe abazungu betwalwooza tufaananya ebigendererwa. Naye, bwetwafunamu enjawukana akanzisibwako kaali, Iwaki tosobola kubagamba (ekibiina mu masekkati ga Asia) ki eky'kukola? "okukiriza kwabwe kwali nti olw'okuba nail mpagira ekibiina mu by'ensimbi nga zatambula n'ebikolwa eby'ekisa), Nina obusobozi okubagamba ki eky'okukola era nga balina okukikola olw'okutya okufiirwa obuyambi obwo.

Ekyokuddamu kyange kyali nti siyinza kukola ekyo kuba nail siyinza kukola nabaddu ab'abayambi naye abamukago n'emikwano.

Mikwano gyange mu masekkati ga Asia balina okukola okusalawo ku kyebalina okutam,bulirako. Tukiriziganya ku mulamwa omukulu era eyo mpisa yaffe. Tukiriziganya kunkola singa eba tetuukana namulamwa omukulu, tetukikola. Tusinga kufa ku buli omu ng'ab'emikwano era ab'omukago. Obuvunaanyizibwa bwange kubuulirira, kuwa magezi okubabuza naye ku nkomerero, balina okutambula nga bawulira nga Yezu y'abagamba okutambula. Ekyo kitegeesa nti mpagidde ebirowoozo era mpulidde nga ebitali by'amagezi. Naye, mu biseera ebisinga obungi kikakasiddwa nti mikwano gyange ebintu babikola mungeri ey'amagezi era kitegeesa nti mpagidde okusalawo ebirowoozo ebikakasiza nti sibyamagezi era nkoze mpita mu bivaamu wamu omukwano n'omukago bya mugaso nnyo okusinga okwesamba ababonaabona singa omuwendo gw'okwekuuma guli kiragiro n'akwefuga.

## ESSUULA EY'OMUSANVU

## OKULAGA N'OKULANGIRIRA OBWAKABAKA.

"Muwonyanga abalwadde abalimu ne mubagamba nti: obwakaba bwa Katonda bubasemberedde" Luke 10:9.

"Mulabe! Nnabawa obuyinza obwokulinnyirira emisota, nenjaba ez'obusagwa, namaanyi gonna ag'omulabe: tewali kintu na kimu kiribakolako bubi!" Luka 10:19.

#### **A/ WONYA ABALWADDE OLAGE N'OBWAKABAKA BWA KATONDA.**

Okusingira ddala obukulisu bukoleddwa bigambo.... bitabo, terefayina, laadiyo n'obutambi ate mu ngeri ezimu nga kisaana olw'okuba nti ffe tusaasaanya amawulire amalungi. Tulina "okulangirira Katonda mu mitima gyaffe ate buli kadde tube beetegefu okuwa obujulizi eri oyo abuuza ensonga ey'ensimbi ekulimu n'okwekwatakwata saako okutya", (1 Petero 3:15). Tulina okuyiga, okutegeera saako okuba abeetegefu okuwa obujulizi ku butukuvu bwa Katonda mu mitima gyaffe! Naye Pawulo yalangirira mu ba kKolinso (Abakkolinso 4:20) " Obwakabaka bwa Katonda tebuli mu bigambo naye mu maanyi." Okusimbulizibwa okwo kuli mu kutegeera kwe naye kutusanga ku kizibu ekinene. Tetuyinza kumatiza bantu butuufu bwa bwakabaka bwa Katonda nga tveyambisa bigambo byokka naye Yezu teyatusuubira kubikola.

Yatulagira okuwonya abalwadde era n'alangirira obwakabaka bwokka bwe yali yakatulaga amaanyi n'okubaawo kwabwo. Tekyali kyakubaawo mu lukunjana lw'enjiri olutongole olulimu ababuulirizi abatali babulijjo nga abayimbi bayimba okusobola okuteekawo embeera ekisobozesa okubaawo.

Okulondebwra tekyesigama ku mbeera etondebwawo abayimbi (kwaaya) ez'olulango okuyimba okumala essaawa. Okuwonya tekujja gy'etuli. Oyinza okuteebereza Yezu agaana okusabira abantu okutuusa Petero amaze okusinza okumala essaawa era yalangirira eri olujjudde nti mwoyo mutuukirivu yali azze?

Okusiigibwa amafuta n'okulondebwra kiraga amaanyi n'okubaawo kwa mwoyo mutuukirivu akola mu ggwe era akuliko.

Twetaaga okusoma Luka 4:18-21 era! Tetukyali mu ndagaano enkadde okulondebwra bwekwajja ate nekuba ku bantu abenkizo. Omubiri gwo y'enju ya mwoyo mutuukirivu. Okulondebwra

tekujjirira ku ddayo, ajja kusigala naawe. Tuli nnyumba ya Katonda, atubeeramu naye tatukyalira bukyalizi.

Ekizibu ekiri mu bigambo nti buli omu asobola okwogera obulungi n'awulikika ng'omulongoofu nanokolayo/najuliza ebyawandiikibwa naye bayinzaokuba boogera ebibasukulumyeko. Oyinza okukyelimbikamu olw'ebigambo era n'okiraga mu lujjudde ng'akiri n'okubuulira okulungi. Ekizibu kyokusaba n'omu oba ababiri abalwadde oba abantu abaliko amasitaani mu kisenge oba awatali lujjudde, awo tosobola ku kyelimbikamu, tebanamanya Yezu. Tebakumanyi. Bayinza okuwonyezebwa n'okusumululwa oba obutawona. Gwe oyinza okuba ng'omanyi Yezu ne mwoyo mutuukirivu ali mugwe oba nga tomanyi.

Kino tekiri ku bungi bwa nnyiriri zooleeta okuva mu byawandiikibwa owulikika otya ng'osaba oba eddbooz ijomwanguka nga kya busiru okuwoggana n'okubuukabuuka okwetotloola ekiyungu bafuna okuwonyezebwa olw'obukkakamu bwetwoleka eri mwoyo mutuukirivu akola mu ffe n'obukkiriza nti alina obusobozi okwagala n'okubawonya.

Ebyetaago bituleka bukunya mu maaso ga Katonda. Tutambuza obwakaba bwa Katonda oba nedda? Tusobola okulaga obwakabaka bwa Katonda oba nedda? Twagala abantu oba nedda? Mwoyo mutuukirivu atubeeramu oba nedda?

Okuwonya abalwadde era kisobola okutegeeza okuweereza abantu mu ngeri erabwako. Enjogera enkadde eri, "Abantu tebafaayo ku ki kyokiririzamu okutuusa lwe bakkiriza nti ofaayo kyenkana ki ?" olumu ow'omukwanoo omu yatandika okugenda mu kifo ekya kimanyiddwa ng'ekinywerwamu ebiragalalaga "The Drug Park" n'abantu ab'okunguudo, abatamiira ebiragalala ate abatalina webabeera. Yabavuga n'abeetoolozaamu awo, yabaawo ebirabo ebitonotono nga obusente obwabuliwo era n'abakkiriza okuba nga baba naye. Kituufu sente zonna bazigulamu sigala, biragalalagala n'omwenge. Kituufu, yakimanya nti ye yabaleetera okugula sigala, ebiragalagala n'omwenge naye yabaweeereza. Oluvanyuma lwakaseera abantu b'okunguudo baatandika okukiriza nti ddala yali abafaako ne batandika okumubuuza ebibuuzo. Mu kaseera ako ekifo

kyafuna erinya eppya okuva ku lya "Drug Park" nekifuuka "The Prayers meeting Park" ekivuumulwa nti ekifo ky'okusabiramu essaala. Obuwereza obulabikako bwaleetawo okuwonyezebwa, okusumululwa, okununulwa n'okutandikawo kkanisa mu ppaaka.

Bujulizi bwalutentezi okwetooloola ensi yonna nti ebibiina by'abakkiriza bitandikawo n'okwekubisaamu olw'ebikolwa bya mwoyo mutuukirivu eby'okuwonya n'okusumulula abantu bulijjo omuntu ow'emirembe y'oyo awonyezeddwa oba asumuluddwa ab'akulira amaka omuli omwana oba omukyala awonyezeddwa. Ki kyomatiza omuntu okukiririza mu bigambo by'omulala ayinza okuba n'obusobozi obumumatiza nga takozesezza bigambo naye ng'olabye omukwano gwa Katonda oguwonya oba ng'ayogera ku mwagalwa, omanyi ki kyolabye.

Abakulisu abamu, naddala mu bazungu, boogera nnyo ku butya obuwangwa bwe butakyakiririza mu mazima agenkomeredde oba okukiririza mu babaka ba Katonda n'obuyinza bwabwe. Boogera ku butya embeera z'abantu bwe zikiririza mwebyo byokka ebituuka ku Bantu era mazima gokka agabagambiddwa emikwano gyabwe ge bakirirza. Kino bakiyita ndowooza eyawaggulu egamba nti kyomanyi gemazima, byolowooza bwebukakafu ate okukakasa bwe bujulizi n'okubeera n'ewmikwano.

Abakulisu bangi baggweramu ddala essubi ery'okugabana kano ne Yezu nti amazima gabaawo wadde abamu balowooza nti galina kugeregeranyiza ku bintu birala.

Kituufu, empisa eno tekiririza mu mazima ag'enkomeredde oba okuwuliriza amazima okuva eri abesaawo ng'ab'obuyinza. Naye tewabaawo buwangwa bulambulukufu ku maanyi g'obwakatonda n'okulaga obwakabaka bwa katonda.Tebajja kujja mu nkunjanana zaffe kulaba nga tukola.Balowooza nti byetukola bya wqggulu nyi era bya sente era bwolaba okwogera ku by'okuwaayo ku nkunjanana enene ne ku telefayina (TV) batuufu.Ebyo byona biri ku sente. Lwaki banditwesize? Tulina okugenda jebali ne mu mikwano gyabwe tukole eby'obwakabaka nga balaba. Tewabangawo mulembe nga kyangu okulaga obakabaka.Naye tulina okugondera Yesu netugenda jebali.Tulina okukikolera mu bo mwenyini,lwebajja okuyiga okukakasa nti balina kuba bantu na mikwano so si sente na buyinza.

## B/ LANGIRIRA ERA OTAMBUZE OBWAKABAKA BWA KATONDA.

Wabaddewo ebibiina by'obusumba n'enzikiriza bingi okuva 1970 era ekigendererwa ekikulu ekya byona kuzaawo buyinza n'ekiruubirirwa ekikulu eky'abatume nga ab'obuyinza okusinga abantu bona mu kkanisa. Enjogera nga; "okutereera", "okuwa obutukuvu ekitiibwa", "okubeera abagonvu eri ab'obuyinza mu bwakabaka", "okubeera ab'eddembe", "okuweereza", "okubeera abagonvu eri abaweerreddwa obuyinza", "okuwa ekitiibwa omusajja wa katonda" n'okukuza abantu mu diini byafuuka abyaliwo mu buweereza bwona. EKifananyi ekivuga kiri y'empagi yeb'yobufuzi, ebibiina bye byenfuna n'obwakaba bowekizikiza ekitiibwa n'obugagga nebigoberera ng'okulagira n'okwefuga byo biggwaawo. Obuyinza, ekitiibwa n'obugagga bw'omuntu ali waggulu businziira ku bantu bameka abali mu ssa eryo.

Kyabulijjo ebibiina bino okwogera ku kusaawo abagoberezi naye muntegeera yaabwe bategeeza kuteekawo muddu – omuntu ateequa okusaba olukusa okukola buli kyayaga okukola. Ekigendererwa ky'obugoberezi kwekuteekawo entegeeka okuva ku w'amaanyi okutuuka ku wabulijjo. Mu bwakabaka bwa Katonda obukulu bw'obugoberezi kwe kugabana emitima ne twetowaza tufuuke bamikwano (Yokaana 15)

Bino ebibiina by'obutume ebipyा byonna bisuubiza eddembe mu mwoyo era bisinza mu nsinza eriko, okuzina, okuwanika emikono, okuyimba ennyimba z'obutume ate n'okubuulira eby'obunabbi. Ekimu ku byawandiikibwa kyebabasinga okukoza kiri," Ewali mwoyo wa Katonda wa baawo eddembe" (Bakkolinso 3:17). Bonna ekirungi bakkiriza nti eddembe liri wakati w'empagi nnya nti era kyesigama ku ngeri gyotambuzaamu omubiri gwo mu kusinza okwo. Enkula y'obukulembeze emanyiddwa eringa mpagi singa ova kumpisa ezitwalibwa nga zezisaana mu buli ngeri, otwalibwa nga tosaanira bukulembeze. Omusajja awakanya buli kintu ye Abasalamu ate omukazi abaana kubuli kintu ye Jezebel.

Obukulembezi obuli mu ngeri y'empagi buyinza okuba nga bwebwokka ebitongole ebinene ate ebizibu nga e (KGB), ba mafiya, ababanda n'obwakabaka bw'ekizikiza kisobola okukola engeri

gyekiri omuntu yenna asobola okuba mu kifo kimu ku budde bwebumu era asobola okusigira obuyinza ate n'abuulirwa ebibaddewo watabadde ng'ayita mu bamuli wansi. Omuntu omu yagereeseza nti eddiini eteekeddwa teekeddwa obulungi n'ekibiina kyabazzi b'emisango abeetegese obulungi bifaananira ddala naye ababanda bebalina webalya awasingako obulungi. Wadde nga kiri kityo, waliwo omulimu omunene ogukoleddwa ba nnabyanfuna mu nsi nga bazimba ebitongole ebiri awo nekumaanyi g'ebibiina ebtalina bukulembeze.

Omubiri gwa kulisu kye kibiina ekiri kumuseetwe. Taliiko kkomo. Alina amaanyi agakola buli kimu era buli wamu abaawo. Ebifo byonna abaamu buli kadde.

Alaba bulikimu era amanyi buli kimu. Teyeetaaga kumuloopera oba okusigira obuyinza.

Tawangako muntu yenna buyinza ku mulala. Ye," Amaanyi ag'enkomeredde ku mulabe" (Luka 10:19). Naye talina waweera musajja oba mukazi yenna buyinza ku munne. Mu butuufu embeera ey'ekika ekyo yagigaana." Tekijja kubamu mmwe"!

"Awo Yezu nabayita waali, nabagamba nti mumanyi ng'abatwala amawanga bagafuga n'abakulira bannaabwe bababaako obuyinza. Sso mu mmwe sibwe kiriba; buli ayagala okubalyamu obukulu abeera muweereza wammwe buli ayagala okubeera omubereberye mu mmwe abeera muweereza wammwe. N'omwana w'omuntu bwatyo! Teyajja kuweerezebwa, wabula okuweereza, n'okuwaayo obulamu bwe okununula abantu." Matayo 20:25-28.

Oyinza okubuuza nti naye "omutume" si yasinga okuba waggulu ku birabo byobuwereza? Ekyo ndowooza naye tekeyesigamye ku ndagaano empya. Mu nsi yaaleero, abantu ½ baali baddu, abalala ½ baanunulwa okuva mu buddu ate abalala 1/3 baali bananyini baddu. Tebwali buddu obwokubeerako obwannanyini nga bwe kyali mu Amerika oba nga bwe kiri mu mambuka ga Africa abasiraamu abawalabu gye baalina Abafirika abaddugavu ng'abaddu. Mu mateeka g'obwakabaka bwa ba Looma. abaddu baalina okufiibwako, baalina okuteebwa nga bamaliriza ebbanga ly'obuddu nga bayinza okuweebwa obuyigirize obwawaggulu, nga beesigwa mu maka era nga bakola ne bizineesi ezaabwe, baasomesa abaana baabwe nga basobola okusasulira eddembe okuva

mansawo zaabwe. Abaddu abateebwa nga baddayo mu mbeera z'obuddu kuba baalina obulamu obulungi nga baddu okusinga kati nga sibaddu.

Ekigambo "Omutume" kitegeeza "oyo asindikiddwa" naye tufiiriddwa amakulu gaakyo. Omuddu ow'eddaala erisembera ddala wansi ye "mutume". Lwaki? Enjendo z'obudde obwo zaali zabulabe nnyo era nga nzibu. Bwe wabanga kulugendo lwo olw'emirembe, oba ng'olina ddiiru ennene ey'obyobugagga ng'eteekwa okutambula n'abakumi abalina ebyokulwanyisa okukuuma obutabbibwa. Bwewabanga ositudde bintu ebitali bya bbeeyi wagendanga bw'omu. Nyini baddu yasabolanga okusindika abaddu abatali bamugaso nnyo okumaliriza ensonga / okunona ebintu. Obutawa bukumi oyo "omutume" ayinza okubbibwa oba okuwambibwa natundibwa ng'omuddu. Bwoba nga wali muntu wamugaso omutono ennyo eri mukamawo, wali mutume. Abaluumi 1:1 eraga ebisngawo kubino.

"Paul, omuweereza wa Yezu kulisitu, yayitibwa okuba omutume n'ayawulwa ku njiri ya Katonda."

Tuyinza okutegeera nti Pawulo yeefuula omuddu asinga okuba owawansi. Naye kino kirina makulu ki mu bwakabaka bwa Katonda? Buli kimu! Enjiri y'obwakabaka bwa Katonda eteekwa okuba mawulire gasanyusa eri buli agawulira. Era bwe kiri! Enjiri y'obwakabaka eri nti Yezu ye Kabaka, Mukamawo, mukulembeze wo, sannyu lyo era abeera mu ggwe era ly'esuubi lyo ery'ekitiibwa.

Sikirungi okubuulirwa ekyo okuba mu bwakabaka bwa Katonda oteekwa okwewaayo gyendi! Okubuulirwa nti buli munti mukulembezeewo mu mwoyo oba nze okwe kwekerera. Temoseewo 2:5.

"Kubanga waliwo Katonda omu era omutabaganya wa Katonda n'abantu, Omuntu Kristo Yezu."

Kinyuma nti tukimanyi bulungi nti okununulwa kwaffe kuyita mu Yezu yekka era yemukulembeze waffe buli omu. Tuwakanya abakatolika n'abasodookisi ku ndowooza egamba nti kabona asonyiwa ebibi ne tusimbuliza 1 Timoseewo 2:5 okukikola naye bwetutuuka ku kukola, obulamu obulungi mu bwakabaka bwa Katonda tubuulira nga basodookisi n'abakatolika mu ndowooza ku kukkiriza obukulembeze obw'obuntu.

Tugambibwa nti tusobola kukolera mu bwakabaka singa tuba tukkiriza obukulembeze bw'omuntu. Tugambibwa nti enkolagana yaffe ne Yezu eteekwa okweyolekera munkolagana y'omuntu omu n'omulala so si na Yezu.

Kino bwekibaawo, Yezu afuuka mukulembeze o'wekifaananyi. Naye, Yezu ali era aija kuba nga y'emutuufu akola ng'omukulembeze mu ffe.

Okusomesa kwaffe ku kwegulumiza ng'abantu n'okukkiriza obukulembeze obw'obuntu kukubagana mpawa mu birowoozo.

Era kyewunyisaamu katono nti "kizibu" kyabulijjo obukulembeze bwa Kkanisa busanga ekizibu kyabagoberezi abapya okuba abemputtu, abawakanya, abagala "obwetwaze" nga beetaaga okuyiga "okukkiriza mu babatwala."

Ekizibu kiri nti abagoberezi abapya balabye Kabaka waabwe, eddoboozi lya Kabaka libavugira mu mitima gyabwe, mwoyo wa Kabaka abatambulamu era bali ku buzibu ne Kabaka waabwe omupya abajjuza n'obukulubwe ate n'omukwano gw'abantu. Ekkanaisa ezibeetoolodde zibakase okugaana eneeyisa, z'eddiini ez'abantu abefaako oba beegwanyiza nsi ebeerooolodde eterina gyeraga.

Kya maanyi nnyo? Ndowooza nedda. Kkanisa kyenkana zisigadde nga bwezaali mu myaka abiri egiyise. Naye, mu biseera ebyo byonna babadde balangirira n'okusaba okukyusa, okulagula nti kijja kubaawo mubwangu. Batta obulamu bwa Yezu mu bagoberezi abapya ne bakuba enkuujjana ez'okuzza obulamu obwo bwebaba bafiiriddwa.

Kyetaaga okulowooza kungi, okwagarisa n'okukyusa ku neeyisa okufuula omugoberezi omupya mu ddiini n'okukiriza nti kyabulijjo okubaawo obujeemu mu Kkanisa yonna. Ebyawandiikibwa bitabulwa bubi era bifullibwafuulibwa okumatiza abagoberezi abapya nti obutakkiriza buno n'obutasinza nti abantu abalungi ddala bebakulu baabwe mu nzikiriza! Eno nkola ya kuleeta Bantu kukkiriza ndowooza zo mu kifo kyokubafuula abagoberezi ba Yezu. Eno nkola ya kugulumiza omuntu okumutuusa ku ddaala nti mwesimbu eri Kkanisa okusinga bwe bakola ku Yezu.

Obwesimbu buba ku bakulembeze ne Kkanisa bifaanana n'obwesimbu obwetaagibwa ababanda. Oli mwesimbu nebwomanya nti ebyo byokola waggulu bikyamu. Oli mwesimbu era n'amazima nga gonoonebwa obwetaavu bwo obwensimbi bwebuba bungi okusinga obwamazima oba tokyali mu bwakabaka bwakatonda. Oli mu abo abalina kyebakkiriza.

Oli mu kibiina kyabamenyi bamateeka era batera okweisa ng'ababbi bwoba abalaga ensonga ezaamazima! Kino kiraga ki mu Luka omutwe ogw'ekkumi (Luka 10)? Tulina okulangirira obwakabaka bwa Katonda nti buseembedde nga tumaze okulaga nti obwakabaka buwonya abalwadde. Ki ekikulu wano? Ki ekituukawo singa mutabani , omwami, omuwala, omukyala oba taata w'omuntu awonyezeddwa nga bwemwasabye? Buyinza okutwalira waggulu ennyo. Oyinza okwanguyirirwa okweyambisa embeera eyo okufuuka kabaka. Naye gwe ekyokuddamu kiri ki? Eky'okudamu ekyo kulangirira nti obwakabaka bwakatonda buli kumpi. Kino Pawulo ne Banabaasi kye baakola mu Bikolwa by'abatume 14:8-18," ffe era tuli basaja abatondebwa nga mwe." Ekyo kitegeesa ki? Kitegeesa nti gwosenzezza ayinza okuyingira obwakabaka singa alondawo okukikola ate naaba n'amaanyi gegamu agawonya n'okugoba amasitaani nga bw'okola. Gwe "mutume" wekka alaga obwakabaka ne gwokyaziza ng'asobola okubulaba era n'abuyingira n'amanya Kabaka Yezu ye kennyni.

Tulaga obwa Kabaka nga bwe tulaga obuyinza bwa Kabaka nga tusaanikira obwakabaka bw'ekizikiza ate tweyise mu kifananyi kyo bwakabaka bwa Katonda nga tusigaza abaweera Katonda n'omuntu. Tetusuubiriza bukulembeze obw'omwoyo mu balala.

Kino Kitunuulirwa nnyo abava mu busiraamu, abamu bakwata ekibagambiddwa kasita bamanya amazima era nebaba beetegefu okufiiririra ekyo kyebateegedde ng'amazima. Obusiraamu ddala kitegeesa kukkiriza Katonda. Naye, okugambibwa ekyo nti osobole okuyingira mu bwa kabaka bwa Katonda, alina okukiriza eddiini engwiira, okwegulumiza oba okuyingira ebizimbe bya bagwira musango munene olw'okuba awulira nti kimuli mu mwoyo, ng'era kituufu n'olwekyo okukkiriza okwekika ekyo kukyamu.

Tulaga obwakabaka bwa Katonda mu maka ge ne mubuwangwa bwe. Tetukyali Kabaka naye buli kadde tuli baweereza era omulimu gwaffe kulaga bwakabaka bwa katonda mu ngeri nti asobola oasobola okubuyingira nga ayita mu Yezu yekka era n'abubeeramu nga yeewaddeyo ng'akiriza Yezu yekka. Ddala kituuubuyingirafu, mu buli buwangwa oba ekibiina.

### C/ ANI AVUNAANYIZIBWA?

Ekibuuzo ekisooka mu kitongole eky'obuntu kyonna na mubuli kkanisa kiri nti "ani avunaanyizibwa?" ekifaananyi ekyenteekateeka ekitujjira mu bwongo ky'empagi yobukulembeze era okukiteekawo mu kitongole olina okumanya butya bwojja mu buyinza. Ebibiina by'obutume ebipy'a bigezaako okumalawo n'ebiyobugagga bwa kkanisa ez'abulijjo nga bateekawo obukulembeze obwawakati n'okufuga.

Bagamba nti kino "kwekuzaawo" ekyaliwo mu kkanisa ezaasooka era kino ddala y'enkola enkadde eya Paapa.

Twala Paapa, Calidinaali, Bishop, Faaza noyo aliwo kulw'omutume, omulanzi Pasita, omukulu. Kino kiteekawo ba Paapa abato bangi, abaddu bangi, ebizibubingi nga tebalina kyakukola mu kkanisa ezaasooka. Empagi z'abantu abaafa. Empagi zizimbibwa baddu! Lwaki bangi bakyakubira Pharaoh amatafaali?

Naye Luka 10 atusiigira ekifaananyi kyanjawulo. Ki ekyali mu maka g'omuntu amalala bulijjo abeera mugenyi, era omuweereza. Tokyali mu mitambo/bufuzi. Totandika kubagamba kutereeza bibajje/ntebe, meeza, okuwa nnyinimu ebiragiro oba okuyoya emmere gyoyagala. Omulimu gwo mu kulaga obwakabaka kwekugoberera omugenyi wo, okufuuka omusumba/bisopu oba omukulu w'eddiini (Byonna byeyambisibwa nga biwanyisigibwa mu ndagaano empya laba bikolwa by'abatume 20:17 ne 28) ku b'enjanda n'emikwano obuyinza obw'obutonde buletera era bulaga obwakabaka bwa Katonda mu nsi kiyita mu nkolagana eyabulijjo nga mu njanda n'olujegere lw'abemikwano.

Ekyennaku nga kituufu mu Kkanisa nnyingi ez'ekitongole nga banoonya obudde bwa'amaka amakkiriza badduka mu nzikiriza zaabwe mu myaka gyabwe egg'yekivubuka.

Bwolangirira obwakaba bwa Katonda era alangirira nti abagoberezi bo abapya kimu kubwakabaka bwabawereza n'eggwanga etukuvu (Petero 2:2-10), Mutabani oba muwala wa Katonda (Yowana 3:1-3) atuuka mu kifo ekitukuvu n'ayita mu Yezu.( Hebrews 10:19-25, 12:22-24) mwoyo mutuukirivu akola muffe y'atutwala mu mazima gonna (yowana 16:13-15 and Yowana 2:24-27) alina omutima omupya Katonda kuwandiika amateeka go (11 Abakolinso 3:3), Yezu yalina ekitiibwa n'obukulembeze bwaba (Abakolinso 1:18) era alina bulikimu mu Kulisitu (Ephesians 1-3 ne 1 Abakolinso 3:21 -23).

Obukulembeze obw'obuntu bugya butya mu kino? Omulimo ogusookerwako ogw'omuweereza kwe kulaga obwakabaka ng'alaga obwesige n'obuvumu mu abo abali mu kulisitu n'okwesiga Katonda abakulemberemu. Obukulembeze bw'obuntu bulikukwagala n'okukakasa abantu okwekwata ku bukulembeeze bwa kulisitu mu bintu byonna.

"Situbavunvubika buvunvubisi mu ku kkiriza kwammwe, wabula tukukolerako wamu nammwe, mulyoke mwesiime. Mu kukkiriza muli banywevu ekimala" 2 Abakkolinso 1:24.

Okumalako ekyabakolinso ekisooka n'ekyokubiri Pawulo agenderera kubudaabuda n'okusemdasenda abakolinso okwekolerera n'okuza empisa mu booluganda abannonyi. Tawandiikaza bakulu n'abalagira okukola kino! Tagendera ku mateeka g'obuyinza obusigire oba abakulembeze. Awadiikira kkanisa okukola ng'egoboberera kyelowooza nti kituufu kubanga yabaagala ate era n'abaweweera ku muwendo gwe.

Obukulembeze mu bwakabaka bwa Katonda bukola nakulaga kyakulabirabiko n'okubudaabuda. Okubudaabuda kigenda n'abagezi oba bagwanga ne kireetera okusalawo okusembeyeyo eri abo abeetegefu okutambulira okusembayo eri abo abeetegefu okutambulira kusalawo okwo. Kino kikwatagana okuleka abantu bakatonda oktuukiriza obuvunaanyizibwa bwe mu maaso ga

Katonda oleke Yezu azimbe Kkanisa ye. Obukulembeze mu kkanisa zaleero nnyingi buli ku kugaba lukusa. Kigenda nakugamba nti ye oba nedda. Bakugambe kyosobola okukola oba kyotasobola. Ekyo kikwatagana na kulagira n'okukugira abaana tamanyi Katonda era abatamanyi na ngeri ya kukwatagana na Katonda.

Kiteeberezebwa nnyo nti mu bitongole ebinene wateekwa okubaayo okulagira n'obufuge. Kale, naye kkanisa ya Yezu yali etegeeezaako ekitongole ekinene? Singa tukkiriza Yezu ne tusaawo abagoberezi mu maka ne tubakubisaamu, buli kkanisa ntono nga buli omu mwetegeefu okuwulira ebbanga lyonna n'okukiriza eddoboozi ly'omukulembeze nga buli omu alinda ku mulala. Yezu yalaga ekyokulabirako kya kkanisa eye 12. Kkanisa ya Yezu kulistu gwe mubiri ggwe.

abantu bano abatono ennyo okwetoolola obwakabaka bwa'balooma bwekulisaamu okutuuka 1/10 mu bwakabaka bwa looma baafuuka bagoberezi ba Yezu. Baakola kino nga tebalina kkanilabizo obukulembeze, kitegeeza obukulembeze obufuga omukutu gwa sente gwonna oba okusonda sente ezawamu n'okusaasanya. Buli mugoberezi yalina endaga buttoned y'ekitongole mu mitima gyabwe. Buli mugoberezi/omukiriza yalina omukulembeze w'ekitongole mu mitima gyabwe. Buli mugoberezi mubwesimbu yazaazaamu okusinziira ku ndasga buttoned ya mukamawe. Kiba kikyamu obukulembeze obw'obuntu bwebujja wakati w'omukulembeze n'abakiise b'omubirigwe! Kiba kikyaamu abantu bwe bafuuka ekitongole.

Tulabye ekkanisa nga bwetugimanyi okumala ebbanga ddene nti tetusobola kuteebereza kkanisa Yezu gyayagala! Yezu ayagala kkanisa ye eddewo!

Tulabye nga kiriko obukwakulizo okukiriza, okwetaaga n'okwesiga obukulembeze bwobuntu ate tetuyinza kuteebereza nti Yezu ddala alagira omubiri gwe.

Tuleeteddwa okukiriza obwetaavu bw'obukulembeze bw'obuntu ng'okulaga nga twesiga Yezu ng'omukulembeze w'omubiri gwe kitwalibwa nga obwetwaze obuzibu!

Kiki ekisinga ekiraga kkanisa nga Yezu bwatambula nakyo mu Luka 10? Omuti gwawaka oba ogw'enkenene? Enjovu oba akamyu? Ye, Katondas yatonda byombi naye kiki ekyeyisa nga kkanisa okuva mu kukkiriza okusinziira ku Luka omutwe ogwe 10? Ekyokuddamu kirambulukufu! Emiti gy'enkenene oba obumyu. Kyebalize mukama ku lw'enjovu n'omuti gwa'waka naye lwaki abantu abasigala bagezaako kuzimba muti gwa waka n'enjovu? Osobola okuzimba obwakaba mu muti gw'awaka oba ku njovu era ensi yonna esobola okulaba ku namulondo yo ne balaba obugoberezi obwamaanyi bwolina. Naye olabika ng'omubuyabuya okutunula ki enkenene oba okutandika okutambulira ku mugongo gw'akamyu.

Kale singa osimba enkenene emu mu nimiro ejja kuba amatabi era etandikewo enkenene endala. Buli kimera kifuna emilandira gyakyo era nekyenoonyeza amazzi g'obulamu ate era buli kimu kireeta ebikoola ebyakyo era kijjule okwagala kw'omusana era amangu ddala enimiro yonna ejja kuba ebuutikiddwa enkenene. Zijja kuba zegasse lwa nkolagana naye sirwakufuna buyambi ekimu okuva kukirala. Era ojja kuba tosobola kwawula nkenene ki eyasooka mu nimira.

Singa oleka obumyu bubiri bwokka okumala emyaka ebiri ojja kuba ofunye ekitono ennyo obumyu akakadde kalamba. Oluvanyuma lw'emyaka ebiri enjovu ebbiri zijja kuzaalayo endala emu ate ng'ogitatde mu okukola. Ekizibu kyebitongole ebitalina bukulembezi kiri nti kizibu okubyeyambisa okufunamu obugagga bwo. Obukulembeze butondawo okugoberera eby'obugagga. Omuntu omu agambye nti omusajj tajja kutegeera kintu singa omusaala gwe gwasigama ku ye so si kugutegeera. Nga bwebagamba, singa oba oyagala okumanya ekintu bwezikola, goberera/ londoola sente. Ekizibu ekisinga obunene ekiremesa mu kkanisa ezimanyiddwa y'ensonga y'omusaala n'obukuumi ku by'obugagga.

Owomukwano omupya asoma diguli yakusatu mu byeddiini mu seminale ey'ekinaku. Abayizi bangi abasoma diguli ey'okubiri ne y'okusatu bakubaganya ebirowoozo ku kkanisa eri empya era batandika okukiriza nti yeeyisa nga bayibuli bweraga. Naye, balina ekizibu kinene. Basomedde emyaka munjiri okuyiga butya bwe balina okukwata ebifo byobuweereza mu kkanisa enene. Singa bakkiriza ebiva mu ndowooza zaabwe ekikwata ku kkanisa entuufu era ekyo kye kiragiro kya Yezu

kwe kusaawo bajja kuba balina okuzuula enkola endala okwewagira n'abenjanda. Bajja kuba sibabiri mu buvunaanyizibwa. Ani avunaanyizibwa? Yezu!

#### **D. BULI KADDE OMUWEEREZA NAYE SIKABAKA OBA ATE ABAKADDE?**

Tumala okuyita mu Luka 10 n'okuyita mu ndagaano empya awasigadde osobola okulaba kkanisa nga 15 ez'omuwala ezirabika obutereevu n'endala nga 15 ezitalabika butereevu.

Gano ge maka omuntu ow'emirembe mwabadde esomozebwu okufuuka omusumba / bishop oba omukadde mu ddiini owa famire ye n'emikwano.

Ye, naye ate okutikkira omukulu?

Ekyo tekitegeeza bukulembeze?

Ekisooka twetaaga okwewala ekigambo "Okutikkirwa mu ddiini," Mu mazima kitegeeza kuwaayo kifo n'obuyinza eri omu okuva ku mulala abali waggulu mubukulembeze. Newankubade enkola Pawulo agyogerako mu 1 Timoseewo essuula 3 ne mu Tito essuula 1 eraga okukakasibwa kw'ekisa kya Katonda ku muntu. Tulina n'okussa essira ku buwangwa bw'abantu bona ab'ebuvanjuba obussa ekitiibwa mu muntu omukulu mu myaka, byalabye mubulamu ne bbanga lyamaze mu bwakatonda.

Eno si yengeri abazungu gyebakwatamu obuvubuka okusinziira ku bitone, ekikola oba okwagala okukuleberamu abalala mu bintu okusa ekitiibwa mwabo abakulu mu kitiiibwa mwabo abakulu obulambulukufu.

Kale Pawulo yagenda mu kitundu kya Crete n'azimbayo Kkanisa ezaawera ez'ebizimbe. Ne mui Tito 1 alagira Tito okuddayo asse ekitiibwa mu bakadde era amulagira okunoonya obwesigwa n'enkolagala ey'obwesimbu okusinga ebitone oba embeera y'obuntu bwanakola. Bwotunula okuyita mu Luka 10, kino walina okubaawo omukadde mu nnyumba era eyalikakasiddwa

okuweereza ebweru wamakage era nga alina obusobozi okubuulira obalala mu nkunjaana zakkanisa z'ekibuga.

Abakulembeze abamu tebalina kisaanizo mu bulamu bwabwe ekyetaagisa okubakakasa ng'abakulu. Abo abaakola beebakulira ba Kkanisa ya crete.

Ki ekyakyuka mu maka g'omukulu omupya? Tewali kyakyuka mumaka omuntu omu gyatatalibwa nga mukulu? Tewali, Naye, omukadde ayinza okusibwamu ekitiibwa ng'ayinza okugamba ekkanisa endala enzimbe mu kitundu.

Katutunuulire Pawulo gyakwatamu abakadde mu efeziyani. Enkola yemu ey'okutandikawo, okugezesu n'okukasa eyabaana mu Befeeso era, Pawulo bwe yayita abakadde wamu mu kulambula kwe okusembayo e Yerusaalemu, yabalabula mu bikolwa by'abatume 20:29\_30.

"Nze mmanyi nga bwendimala okuvaawo, emisege emikambwe gyiriyingira mu mmwe, tegirisaasira kisibo. Era mummwe mweka mulina abantu nga boogera ebigambo ebikyamye okuwalula abayigirizwa emabega waabwe."

Alaba obuzibu bwa mirundi ebiri. Abasooka okuva abawakanya nga tebali na mu bbo era yayogera mu II Bakkolinso 11 ayogera ku butume ab'obulimba abafa ku buyinza n'esente. Yakigamba ne Tito.

"Abagwira okuzibirwa nga emimwa kubanga abo bebavunika ennyumba ennamba nga bayiyigiriza ebitabagwanidde, olwamagoba ag'obukuusa." Tito 1:11

Obuzibu obw'okubiri nga buva mu bo. Obuzibu okuva mubo nti abagoberezi abamu bajja kweddizibwa abakadde kakodyo ki akali awo?

Omukadde muntu akakasiddwa mu kkanisa mu maka ge n'eyomukibuga. Ndaba obuvunaanyizibwa bw'omuweereza ng'oyo okusooka okufaayo ku kkanisa eyewuwe ng'alaga era ng'atumbulira mu kifaananyi kyo bwakabaka bwakatonda; ekyokubiri ng'awonya abalwadde

ng'ayita mu kubasaako emikono; ekyokusatu okukwatagana nekkanisa endala mu kitundu. Ekyokutaano kwekazaasanya obutume mu bitundu ebirala nga Pawulo bwayamba abalina ebitone mu Masedoniya, Bakolinso n'okwewyambisa kkanisa eziriwo nga Pawulo bwayamba ab'e Juda abaali mu njala.

Mu kifo kyokutuukiriza emirimu egyo etaano egg'yomuweereza, abakulu abamu beyambisa ebitono byabwe okukyusa obwakabaka ne bafuula abagobere ababwe kubwabwe okuva mu kkanisa endala. Singa basobola okugenda mu maaso n'omulamwa gwa Luka 10 mu maka gaabwe buli kadde baba baweereza. Bagenda kuba buli kadde buli kadde bayamba abagoberezi abapya okufuuka abagoberezi ba Yezu.

Naye singa abakadde bafuula abagoberezi abaabwe kubwabwe, basobola okufuuka babaka. Basobola okwewyambisa ebitone byabwe, okussibwako omukono, amaanyi g'ekyo kyebali okuwamba ekifo kya Yezu ku Kkanisa. Basobola okusaawo ekibanywereza mu kifo ekyo, amaanyi n'obugagga ate n'okulemesa abagoberezi okwekubisaamu. Pawulo agamba nti abo abalemesa omuweereza okugenda ne batandika okwekuunjaanya bayinza ku kikola mungeri emu yokka "kwogera ebitajja".

Naye mu bukulisu obuliwo abo abeddiza ennamba ennene gyebali balabwa nga bebasinga obulungi era okuyita olukunjaana okusomesa abakulembeze abalala engeri y'okutuuka kubuwanguzi obwo. Okusinziira ku ngeri y'okwogeramu ebintu ebibi.

Ddala ye, abakadde baakakasibwa, naye tebakola nga bagamba abalala kyebayina okukola oba obutakola. Tebaagala oba okunyweza olukusa. Baaweereza abantu ne babaleetera okutambilira mu mateeka g'omulala okusalawo butya abalala gyebalina okuweereza si mulimu gwabwe. Okuwa olukusa okuva mu bakadde tekiva mu ndagaano empya.

Abakadde b'omundagaano empya beeysa kikulu, balabirira bulungi kkanisa ezisookerwako. Singa basalawo kweddiza kulwabwe, boonoona kkanisa. Singa bafuuka bagabi baalukusa batwala ekifo kya Yezu, omukulembeze ow'omubiri.

Oli mukadde? Oyagala abantu? Singa oba ojja kubawa eddembe lyerimu mu Yezu nti okwagala kwo n'okweysa mu ngeri ey'obuntu okwogera amazima, okuwa n'okufuna amagezi.

#### **E/ YESU, MUKULEMBEZE OWA NAMADDALA SI WAKIFAANANYI.**

Era tulina okulaga obwakabaka nga bwetussa ekitiibwa mu kabaka. Butya abo abayambala omubiri gwa Yezu gyeboolekamu omukulembeze wabwe owabuli kadde? Butya abantu abasulwamu/ababeera mwoyo mutuukirivu gyeboolekamu ekitiibwa n'okusinza eri Katonda ku maka ga buli omu? Elikulu ekinnyonnyola omubiri gwa kulisitu mu ndagaano empya kitandikira mu mubiri, mu kkanisa, famire n'eggye.

Abagoberezi tebeyambisibwa! Omubiri tegukolebwa balabi abasasula okulaba abakulembeze abamanyifu bakola ekkanisa. Tewaaawuddwamu bakulu mu Kkanisa n'abatali, banakatemba n'abalabi. Singa tukkiriza nti mwoyo mutuukirivu ali mubuli mu kkiriza n'olekyo twetaaga okulaba nga buli mukkiriza alaga nti mwoyo mutuukirivu ali mubo.

Waliwo ennyiriri ng'ana ezitulagira okukolagana nga "yagala muno" "Linda munno" "ffa kubizibu byamunno" "yogera amazima eri munno" era waayo eri munno ng'otya Katonda" (okumanya ebisingawo soma Apendedekisi #3). Singa tugatta ennyiriri ez'ogera ku mikwano oba ab'oluganda n'amateeka ku nkolagana gasukka mu nsanvu era ddala, mubo ekiragiro kya "Yagala muliraanwaawo nga bwewayagala".

Naye, waliwo ennyiriri nga mukaaga zokka ezitulagira okussa ekitiibwa mw'abo abatuli waggulu mu mukama. Nnyiriri ki ezisinga okussibwako essira mu kkanisa? Kituufu! Ezo entono ku kuwuliriza abakulembeze. Eno nsobi eneerondere. Ennyiriri zonna zeeyambisibwa okunnyonyola

obukulembeze naye ebyawandiikibwa ebisinga obungi, ebyogera ku mubiri gw'akabona ali wansi wakabona omukulu tezifiibwako. Kino kiringa okuvumaganya ebyawandiikibwa mu America eyamaserengeta gye balonda ebyawandiikibwa ebitono ennyo obyogera ku buddu oba mu nsi ya South Africa gyebyeyambisibwa okuwagira obusosoze mu langi ate ebyawandiikibwa ebisinga obungi ebikwata ku mwenkanonkano n'obwasseluganda gye butaayogerwako.

Era, kyenkana ennyiriri zonna ezogera ku kugulumiza abakadde ziri mu mbeera "eyomu n'omulala" ddala enkolagana yonna elagiddwa mu Befeeso 5 bya luvanyuma "Kukiriza omulala mu kutya Katonda" (Abefeesoa 5:21). Ekiragiro mu 1 Petero 5:5, "mwe abato mugondere abakadde" mu lunyiriri lwelumu kyongerezebwako nti "Ye, mwena mu kiririze mu banamwe ate mube nga temwegulumiza kubalala," Ye, waliyo abakulembeze, ye, byonna bilinya era nebigwa olw'obukulembeze. Naye Petero agamba mu 1 Peetero 5:3 tetulina kukulembera "nga abakulembeze eri abo abatukiririzaamu nga tukola ng'ekyokulabirako eri ekisibo" Kulemberamu nga gwe asooka okunyigirizibwa, asooka okuwaayo obulamu bwo, asooka okusonyiwa ate era asooka okugamba "Nali musobyia ononsonyiwa"

Okusingira ddala tukulembera n'abyakulabirako n'obumanyifu. Omukulembeze eyeetaaga okumukiririzaamu afiiriddwa empisa ez'obukulembeze. Naye mwagala kuba ba bboosi nabaddu oba baluganda n'ab'emikwano?

Kino sikuaddiini, obuddu oba ekintu ekikwagaza ennyo okukola. Kino sineeyisa ey'obulimba. Ye, tulibaana bakabaka. Ye tuli mutwe si mukira. Ye, tutudde ne Yezu mu ggulu. Naye tetuli bakugoberera ebiragiro mu Bafiripi 2:5-8,

" Mwe mubeerangamu okulowooza . Okwali mu Kristo Yez, tekyalowooza kintu ekyagambibwa, naye yeggyako ekitiibwa bweyatwaala engeri y'omuddu nabeera mu kifaananyi ky'abantu, era bweyalabikira mu mutindo gw'obuntu ne yetowaza nga muwulize okutuusa okufa ku musaalaba."

Kiriza endowooza eyo yeeba ekubaamu! Kale singa Yezu y'anaaba omukulembeze w'omubiri gwe owaddala nataba bubeesi mukulembeze w'abantu seekinoomu, emu ku mpisa esinga obukulu mu mubiri kwekuyiga okkusa ebbali ffe byetulowooza nti bituufu twerinde. Ekyo kyekimu kububaka obusinga obukulu mu I Bakolinso 11:27-34.

“Enonga abangi banafu era balwadde mu mmwe ate abangi bebaka.” Si bya bantu bamu, bwananyini, ebibi ebiteneenyezeddwa yeyali endowooza yaabwe ku mubiri gwa Yezu okulaga bwe baalira awamu.

Tulya omugaati okulaga nti tuli mubiri gumu. Tunywa ku kikompe okulaga nti tugabana obulamu bumu. Tulangirira okufa kwe mulujjudde okutuusa lw'anaakomawo. Tulangirira okufa okwatufuula omuntu omu. Bwetukunjaana okuliira awamu, tulina okulinda ku balala. Kyali kizibu ki mu Bakolinso? Ekyeggulo kya Katonda kye kijjulo ekituufu. Sikabonero ka kijjulo. Obugagga bwaleeta eby'okulya n'eb yokunywa era baalya okutuusa nga bakkuse era baanywa okutuusa nga batamidde naye abaavu baagenda njala. Abagagga baali balaga abaavu kyebataali.

Tebaalaga “kifaananyi kituufu eky'omubiri kya Yezu”. Abaavu kitundu ku mubiri gwa Yezu ng'abagagga. Mu kuyisaamu abaavu amaaso baali tebassa kitiibwa mu Yezu ate nga bonna yabafiiririra.

Ekyokukola? “Bwe mukunjaaana awamu okulya, linda ku balala”. (1 Bakolinso 11:33) ate bwoba muyagala nnyo ng'atasobola kulindako? Obeera olina okufuna ekyokulya nga tonajja kisobozese obutesuula muntata (1 Bakolinso 11:34) ate singa waliwo omusajja omwavu atasobola kweriisa oba okuliisa famire Ye? Kakasa anti alya awaka ate ekyetaago kye takiraze mubangi olwo obuyambi bwo bukuume ekitiibwa nga omu ku mubiri gwa kulisitu.

Okulinda kubalala kino bingi byekiraga. Singa ddala ntwala Yezu ng'omumukulembeze, nja kusaamu ekitiibwa era ninde bakadde n'abamutegeera okusinga. Nja kukakasa kulisitu mubo. Ekyo kye kyogerwako mu Bebulaniya (Herbrews)13:8, “Yezu kulisitu eggulu limu, leero na bulijjo” Ekyawandiikibwa ekyo tekyogera ku Yezu yekka. Ye, ekyo kituufu ku Yezu naye tekyetaaga kuba

nga kyogerwa. Ekyewunyisa nti omuntu asobola okutambulira mu mukisa gwa Katonda ng'atambulira mu kifaananyi kya Yezu. Ekyawandiikibwa ekyo kyogera ku kyetulaba ng'ekiva mu bulamu bw'omuntu.

Tulaba Yezu mu bulamu bwabwe? Obwo bwebukkiriza bwetulina okugoberera. Abantu ababalimu tulaba Yezu Kulisu takkiriza mu kubakiririzaamu! Singa ddala mba ntambula ne Yezu ng'omukulembeeze wange ng'omukiise omukulu mu mubiri gwa Kulisu, nja kukkiriza n'okwaniriza memba asinga obugya/obupya mu mubiri. Nja kulaba Yezu mu bo. Yezu sijja kwetaaga muntu mulala okuzikiririzaamu. Singa baba tebulaba Yezu mu nze era singa mwoyo mutuukirivu tasobola kwogera gyebali, lwaki nze kibaawo kitya ku nze?

#### **EBIBUUZO EBISINGA OKUBUUZIBWA.**

1. Ate bakitaffe mu nzikiriza? Tetwetaaga bakitaffe mu nzikiriza okututeekateeka n'obkutusumulula mu lugendo lwaffe?

Ye, Pawulo yayita Tomasi “Omukiriza omutuufu” (1 Tomasi 1:2) era kyeraga bwerazi yatambulira mu ngeri ey'okusomesa, okukubiriza n'okulaga enkolagana eri Tomasi. Pawulo era yalaga okwagala kwa Katonda abalala abatuufu mu kugerageranya n'abasomesa abangi abaaliwo (1 Abakkolins 4:15-17) Ekizibu kya bakitafe mu nzikiriza nga bwekirabwa ku mpagi y'obukulembeze kiri nti fuuka enkola ey'okukugira, okussaamu sente n'okukulakulanya. Kino kyekituukawo bwe wabaawo obwetaavu nti buli omu ateequa okubeera n'amukulembera mu ddiini era nga omu oyo ateequa okussa ekitiibwa mu oyo amutwala ng'amuwa ekimu kya kumi.

Eby'okulabirako ye Joshua wansi wa Musa, Elisha wansi wa Elijah ne Tomasi wansi wa Pawulo. Ekyokuyiga okuva mu by'okulabirako bino kiri nti oteekwa okuba ng'olina akulembera okukuyisa mu lugendo lwo. Naye amazima g'ebiyokulabirako gulaze nti si Moses, Elisha oba Pawulo balina Kitaabwe mu Katonda. Eby'okulabirako bya njuyi ez'enjawulo. Kirungi okuba ne mukulu wo,

gwolabirako bataata mu Katonda naye si kyabuwaze oba kyetaagisa. Obutabaawo obwo tebubalemesa kutuukiriza njendo zaabwe!

Ddala, Pawulo yeambisa amazima nti tegalina ba mukulemberamu mu nzikiriza ekakasa nti yafuna okubuulirwa okukwe okuva ku Yezu. (Abeggalatiya 2:6)

“Naye abatenderezebwu okuba abakulu” (ngabwebali kye kimu gyendi, Katonda tasosola mu Bantu) abaterezebwu nze tebanyongerako kintu”

Ate n’agamba okwogera kwe okwabatume mu Yerusaalemi. “Abo abalabika okuba nga balina kyebali” Bakitaffe mu Katonda abatuufu bateeka abo. Bebakulembera babateeka mu Katonda kitaffe ow’omuggulu era nebabbeera n’ebigambo bya Yezu ku mitima gyabwe n’obutenyigira mu bi mu nkologana. Abo abalabye Yezu tebetwala oba okutwala akulembeza abalala nga ekikulu.

Matayo 23:8-12:

“Naye mwe temuyitibwa nga babi kubanga omuyigiriza wammwe ali omu namwe mwena muli baluganda, era temuyitanga omuntu kensi Katonda kubanga Katonda ali mu ggulu. So temuyitibwanga balagirizi kubanga omulagirizi wammwe ali omu ye Kristo. Mu mmwe abasinga obukulu asabanga muwerezwa wammwe, nabuli anagulumizibwanga, anakakkanyizibwanga, nabuli anekakkanyanya.”

Ate bakitaffe mu Katonda ekiweebwayo kyabo be bakulembera? Pawulo yagamba nti okwagala sente. Kubajjako obukulembeze obwabuli ngeri era agamba abakkolinso ku ndowooza ye ku bwataata.

“Laba omulindi ogw’okusatu kakaawa , neteeseteese kujja gyemuli so siribazitowerera kubanga sinoonya byamwe wabula mwe; kubabga tekigwanira baana okuterekeranga abakadde, wabula abadde okuterekeranga abaana.” 2 Abakkolinso 12:14.

**2/ Ate omutume Ivan oba Nabbi Jimmy? Kituufu oba kikyamu? Tumanya tutya?**

Okusinziira ku Yezu mu Matayo 7:21-23, ekizikiza kiyinza okukola ebyewuunyo n'obubonero n'eb Yamagero naye era kukola Katonda kyayagala oba tomumanyi.

Ebyamagero ebituufu bikolebwa mu linnya lya Yezu teyonoona bagoberezi. Ebitone tebikolebwamu kopi. Naye neeyisa, nkolagana ey'obwesimbu ewa ekifaananyi ekituufu ekyomubogerezi, ekitone n'omuntu.

Okusinziira ku Yezu Matayo 23 obubonero bw'obukyamu kweekussa akazito ku bibegaabega by'abantu (nga 1/10 ekyobuwaze) ekifo mu by'omukwano ebitiibwa n'okulabirawo abantu.

Okusinziira ku Yezu mu Matayo 20:25-28 ekibi kyeragira mu by'obufuzi nga abafuzi bayagala nnyo okulabwa nti bamaanyi n'ebitiibwa mukifo ky'okukozesa ye nga bweweweereza mungeri ey'okubafiirira.

Okusinziira ku Pawulo mu Bikolwa by'abatume 20:30, ekibi kyeyoleka mu kwogera ebikyamu ku bwakabaka bwa Katonda. (nga okuba n'akutwala mu ddiini nga kyateeka).

Okusinziira ku Pawulo mu Bikolwa by'abatume 11 obubonero bw'omtume omulimba y'engeri gye beegulumiriza ku Bantu be bebakulembera n'engeri gyababaggyako sente zaabwe.

Omukyamu kyeraga n'okutamiira obuyinza ne sente. Omukyamu yeeyambisa ebitono ebituufu, ebyamagero ebituufu n'amaanyi agensuso okwesaawo n'okukozesa abantu ba Katonda olwa sente. Kkanisa nnyingi leero ziriwo lwa sente oba neeyisa y'abantu. Obugole bwa kulisu bwonooneddwa.

Okwogera obubi? Ow'omukwano omu mu Nigeria awa obujulizi nti ekyawandiikibwa kyokka ekikozesebwa/ekibuulirwa abantu b'omukitundu kye ye Malaki 3. Abakulembeze basaba abantu baabwe ekimu ekyekumi (1/10) era n'okuwa ebiweebwayo nga basuubiza emikisa singa bakikola era nebabasigamu omutima ogw'okutya ebikolimo singa tebakikola.

Abakumbeze bano bavuga emmotoka Benzi naye ng'abantu baabwe tebasobola nakuliisa baana baabwe. Ogamba, "Eyo Africa" kale, singa oba oyagala okumanya obutuufu bw'ekintu okufundikirira gye kiraga okole okufundikira okwamagezi.

Twala enjiri y'Abamerika ejjuddemu sente ogitunuulire gyegwera. Terabika bubi nnyo mu Amerika olw'okuba nti buli muntu wakiri asobola okuliisa abaana be. Lwaki tekifaananga mu Africa? Kirabika nga okubba abanaku. Ate era ddala kye kiyitibwa obubbi.

Singa omubuulizi omukiriza alina okukkiriza kungi mu kusiga n'okukungula, Iwaki tawabulwa buli muntu ali mulukunjaana doola kikumi (\$100) olwo n'afuna amakungula g'okukiriza kwe n'okusaddaaka kwe? Ensonga Iwaki takola bwatyo eri nti kuba amanyi tebijja kukola. Akimanyi nti bulimba. Lwaki bangi bagenda mu maaso okuwa mubulimba n'obufere. Bagala kukiriza bulimba. Kino kya byanfuna bya kulisisu. Oba ku mulundi guno nya kuba n'eddiini nnyingi, kumulundi guno oba kinaankolera, oba olyawo omulundi guno gwe mulundi gwange ogw'okuva mu katuubagiro ke by'ensimbi!!!

Mukunyumyamu n'omwogezi omu mu lutuula/ olusirika akaseera akayise yakola sitimenti eno, "Aboogezi abasinga abatambula bamalaaya. Abasumba babasasula okuwa abantu ebikwata kubulamu bwabwe obw'omwoyo okukuuma abantu nga bajja n'okuwaayo kugenda mu maaso! Ekitongole bwekfuka eky'ebyenfuna, obwo bwamaalaya. Ate omubiri gwa kulisisu?

Ow'omukwano omulala atera okugamba, ngamaze okuwulira obulyake mu by'ensimbi mu bukulisisu. "waliwo abanyuunyunsi ku mubiri gwa Kulisu"

Omugenzi John Wimber olumu yalinnya emmoyoka Takisi okuva ku kisaawe ky'e nnyonyi ng'agenda ku kabaga n'agezaako okunyumya n'omugoba naye omugoba bweyakizuula nti mukulembeze wa bakulisu yamuggulako lutalo abanaddiini basereebu ate ng'abawulikika mu babba sente z'abantu, n'okwenyigira mu by'obuseegu! Yali abamanyi bona! Bweyatandika okukakkana Wimber n'amubuuza, "Naye singa waaliyo Yezu ng'alina ekkanisa, ki kylowooza

kkanisa ye kyeyandibadde ekola?" omuvuzi wa Takisi yaddamu, " Bandibadde baagalana n'okuyamba abanaku." Ensi emanyi ki kye tulina okukola n'abutya bwetulina okubeerawo. Nkola ey'abangiabeeeyita abakulisitu naye nga tebali.

**3/ Ate abo abagamba nti omubiri gwa Yezu sibwebwerufu naye obukulembeze nti kale tuteekwa okukkiriza mu buyinza obwatusigirwa Yezu eri ebigobererwa ebitaano?**

Ye, omubiri gwa kulisisu bukulembeze naye bw'okiriza obuyinza bw'omuntu omulala toli mu kulembeze wa kulisisu. Oli mu bwakabaka. Yensonga Iwaki Katonda ne Samuel mu Samuel 8:7 yali tayagala kuwa bantu Kabaka " tebawekanyiza wabula bawakanyiza nze, nteekwa okubefuka" tewaliyo buyinza busigire mu mubiri gwa kulisisu. Waliyo kukabanyizibwa kubuyinza bwa Kabaka eri buli omu ate tulina okukoza obuyinza obwo okuweerezeganya. Beera mwengendereza nnyo abakulembeze bwebatandika okwogera ku Sawulo, Dawudi ne Solomon eby'okulabirako byaffe si Dawudi ne Solomon. Eby'okulabirako byaffe ye Yezu ne Pawulo.

Tuli mubukulembeze era Yezu ye Kabaka.

Ffena tuli baweereza, baluganda n'emikwano gye ate nebanaffe.

Mwagala babafuga oba baaluganda?

Ate ki ekiyinza okubaawo singa ab'oluganda tebakiriziganya?

Singa oba mwetegefu okutambula n'okukolera awamu, ojja kuba okulinda ku mulalal okutuusa mwena Iwemunaawulira kyekimu okuva ewa mukama wammwe. Ate bwe muba temusobola kukiriziganya? Bikolwa by'abatume 15:34 – 40, okiriza ku butakiriziganya n'ogenda maaso n'omulimu.

**4/ Ate ensobi n'ebyo ebiwakanya kanisa ez'abulijjo?**

Kaneyambise ebigambo bya Roland Allan “Endowooza entuufu eva mu amaanyi ga kulisitu amatuufu okusinga ebirowoozo ebisome okuwakanya tekuleetebwa butamanya naye okutebeereza kw’abo abeeyita abamanyi”

Twesiga mwoyo mutuukirivu nga Yezu bweyamukiririzaamu? Obwesige bwe bwali nti mwoyo mutuukirivu ajja tukulembera okulaba amazima gonna. Okwo kwe kwali okwesiga kwe bwe yayabulira abayigirizwa oluvanyuma lw’emyaka esatu nabo. Tuleetera abantu okubeerawo ku lwaffe oba ku lwa mwoyo mutukuvu? Twandiwandiise Yokaana 16 eri abagoberezi baffe.

**5. Mulinga abagamba nti abakulemeze b’obuweereza obunene abalina endowooza embi ezimalamu amaanyi nti abo abatambulira ku njovu bakikola kubalaba?**

Kituufu, kiyinza okubeera bwekityo, naye waliyo abakulembeze bangi mu mbeera nyangi. Katonda yatonda enjovu n’emiti. Waliwo abakulembeze abalungi ku njovu n’abagoberezi bangi abaagala okuliisa enjovu. Naye ekikulu en si kuzuula abatono abagaala kutambulira ku njovu n’ebigendererwa ebituufu n’okunyonyola abo bona abalina ebigendererwa ebiriko akabuuza nti bagezaako okutambulira ku njovu olw’ebigendererwa byabwe. Ensonga kubeera bagoberezi ba Kulisitu n’okukola ebintu nga bwewatulagira.

Tuli bagoberezi ba Yezu oba basajja abatutumufu? Ekituufuu kiri ntio ebigendererwa ebisinga obungi, bwetukola ebintu Yezu bwataabikola ate nga teyatugamba kubikola, tufundikira tukoze ensobi. Tuli bagoberezi abekyokulabirako n’amateeka ga Yezu! Naye, nkisanga nga kizibu okutegeera batya omuntu yenna alina okubikulirwa kwa Yezu n’obwakabaka bwe asobole okusigala nga mumativu n’okuliisa enjovu.

**ESSUULA EY’OMUNAANA.**

**OKUGAANIBWA, OKUKKIRIZIBWA N’OKWEYOLEKA.**

"Naye buli kibuga kye mutuukamu nebatabesembeza mufuma nga mungudde z'ekyo mugenda mugamba nga nti nenfuufu ey'omukibuga kyamwe, tusbaanye mu bigere, tuyaibakunkumulira mwe. Naye mumanye nti obwakabaka bwa Katonda bubasemberedde.... Oyo abawulira ampulira era oyo abagaana enjana, era oyo aŋŋaana aba aganye eyentuna." Lukka 10:10

Ennimiro ntagaavu era neetegefu ku makungula naye singa oba tonafuna, ggyawo Kasasiro mu kifo ogende mu maaso! Yezu akola ekimusuubirwamu wano!" sibonna nti banyaniriza sibonna nti kikwaniriza" Twala amagezi gano ate tokiriza kuwakanyizibwa kuyita mu ggwe" : kitegeere nti kino sikuabantu. Tekiri ku ggwe. Kikwata ku bwakabaka bwa Katonda obwatusembezebwu ate kyebawakanya."

Omuntu omu yagambye nti eggeyeena eyaniriza ekyo ddala kyetusaba, efuna ddala ekyo kyewtagala. Owkanya obwa Kabaka bwa Katonda? Katonda ajja kukiriza okulondawo kwo okw'obulamu obutaggwawo era ojja kuzuula nti kiringa ewatali kisa kya Katonda. Oyagala kulekebwu wekka? Ojja kuzuula obubi bw'okubeera wekka ewatali Katonda. Oyagala kukola bintu mu ngeri yo? Ojja obulamu obutaggwaawo.

Tewali kiringa bunyogovu. Tosobola kufuula kintu kinyogoga nnyo nnyo ng'okigattako obunyogovu obulala.

Oyinza kuyita mungeri emu okufuula ekintu ekinyogoga ennyo ng'ojjawo ekireeta ebbugumu.

Mu kukiriza tewali kintu nga kino tosobola kukola kizikiza ng'oleeta kizikiza. Ekizikiza kyeyongera nga oggyewo ekitangaala. Ekizikiza ekijjuvu bwebutabaawo nsibuko ya Kitangaala yonna.

Tewali kintu nga sitaani omuntu tayongera kwonooneka ng'ayongerako obwonoonefu naye ng'agaana ekituufu buli kadde. Ekizikiza ekyanamaddala kwekulawo kwobutuukirivu.

Tewali kintu nga obukyayi. Tosobola kuleeta muntu kukyawa ng'omugattako bukyayi. Omuntu akyawa nnyo ng'agaana n'omukwano omungi obukyayi obwenkomeredde kwekubeerawo kw'omukwano gwonna.

Owakanya obwakabaka? Owakanya Katonda? Owakanya obutuukirivu bwe n'omukwano gwe? Ajja kukiriza okusalawo kwon aye tujja kukiriza bwakabaka bwe, omukwano gwe, ekitangaala kye, obutuukirivu bwe n'ekisa kye okujja gyoli ate era bwakola ekyo, ojja ku kitegeera nti yensibuko yabuli kirungi.

Katonda teyatonda kibi. Katonda takiriza kibi. Atuukiriza okukola ebyaffe. Omuwakanya? Ajja kukiriza okusalawo kwo era ojja kuba olekeddwamu bwomu obwenkomeredde era n'enzikiza. Ekintu kino ekyokukiriza oba okugaana kitiiisa. Eddembe ly'obuntu okwesalirawo litegeeza kinene ku bulamu obutaggwaawo kyewunyiza ate kitiika.

Naye, kyewunyisa nti Yezu atweyolekera ddala mu bujuvu naffe nga tugenda mu makungula.

Omuntu okiriza oba okugaana ffe kwe ku kiriza oba okugaana Ye n'okukiriza oba okugaana ye kweukirizaoba okugaana kitaffe owomuggulu. Tuli mubiri gwe era atufuula omu naye. Ago gemazima gegamu agayolekera Pawulo ngagenda e Damasiko (Ebikolwa by'abatume 9:4-5) Yezu bweyamubuuza, "Sawulo, Sawulo lwaki onwanyisa? Ye nagamba " ggwe ani mukama wange? Awo Yezu n'amuddamu, "Nze Yezu gwolwanyisa."

Yezu yeeyolekera mu bujuvu mu Matayo 25 ng'akubiriza okukyalira abalwadde n'abasibe, okuliisa abayala, okwambaza abanaku n'okuzimbira ababundsabuda. Abagamba, "Nga bwemukikoze ku Bantu bange abanaku, mukikoledde nze. Ayongera okubeyoleka bwagamba abaamuli ku kkono we, "Nga temukikoledde abo abali obubi, temukikoze ku lwange." Okubagyemera kuba ku mugyemera.

Yezu akola okweyoleka okwenkomeredde n'abaavu, ababonaabona, abali obubi ennyo n'abalema. Baamulekwa, abayala n'abaana abato abalwadde abatunuuliza kisa.

Ebiseera ebisinga abantu ab'omutima omulungi bajja kubuuza ebibuuzo ebizibu. "Wa Katonda wabeera feesi y'ababonaabona? Butya Katonda bw'akiriza ekyo okutuukawo? Asobola atya okuba Katonda ow'omukwano naye nga siwabikolwa? Ddala alina amaanyi matono n'obusobozi? Oba asobola atya okuba Katonda ow'amaanyi eyatonda ensi oba takola? Munafu nnyo nti tasobola kulaga mukwano gwe?

Katonda atunuulira ensi gyatonze n'atunuulira omuntu gwawadde eddembe n'oyo gwakoze naye mu kulabirira n;okukuma ensi eno era abuuza ebibuuzo bye bimu."Muyinza mutya okuleka okubonabona okwo okubaawo?", "Kyemugamba muli banafu?", "Kyemugamba mwefiirayo kitono?"

Kituufu teri n'omu kuffe asobola kukikola kyonna naye buli omu ku ffe asobola okubaako kyakolako. Lwaki tukola kitono nnyo? Tulina eby'okulya ,eby'okwambala,eby'okusoma n'ewokusula ffena nga bwetuli ku nsi naye lwakuba tetulina kwagala oba kukkiriza. Wakiri twonoonera sente mu bizimbe, enkuñana, emizindaalo ejoogera enyo n'okwejalabya okwa ssekinoomu okusinga okuliisa abaana abato.

Katonda ali ludda wa mu kubonabona kuno kwonna? Ali mu bifo bibiri. Ali mwoyo abonabona. Ali mu bantu abetaavu. Ali mu bantu be. Katonda yeyleka nga abantu be bafa ku beetavu

Kuno okulabikirwa kwa katonda si kwa katonda wa maanyi n'obuyinza ayinza okufuula abantu abamukkiriza. Okusinza okwempaka si kusinza. Kino kye kigambo ekifuulea omubiri abakkiriza kye beekwatako ekijjudde ekitiibwa n'amazima. Ono ye Yesu eyakulira mu lubuto lw'omukyala embeerera era eyakula okugamba " Muleke abaana bajje jendi kuba bbo bwe bwakabaka bw'omuggulu"

abantu abasalawo okulaba okusinza kuno era basalawo okwagala,okusinza era ne babeera nga Yesu.Bakkiriza Yesu nabayingira era nabajjula era nabeera mu bbo.Bakkiriza ekyamagero okweyongera.Basalawo okulowooza ku beetavu.

## **EBIBUUZO EBIBUUZIDDWA ENNYO.**

1. Ekitegeeza katonda teyatonda kibi?

Nedda,katonda teyatonda kibi.Katonda yatonda abantu ne bamalayikanga balina kye bafaanaganyaera nga bwe busobozi okusalawo okumusinza oba okugaana.

Ekizikiza n'obukyaayi,okweyagaliza ffeka n'obwagazibw'obuyinza bye biraga obumalirivu bwovo agaanye omukwano gwa katonda.

2. Ekitegeeza katonda talina buyinza bwa nkomeredde?

Nedda,Katonda si yaafuga mu mbeera nti buli kimu kisalwawo ye.Byetwagala kikulu nyo era bijja tubuuzibwako.Tetuli bitonde birina kukola bukozi.Tuli mu bwakaba wosanga nga ekitiibwa n'okumanya bikola enjawulo.

Ye,ebigendererwa bya katonda byona bijja kutuukirizibwa! Byonna bye yasuubiza bijja kutuukirizibwa mu Yesu.Naye kiringa gwe bwonooba n'enteekateka okutambula okuva mu Oslo okutuuka e Brussels.Osobola okuyitira ku nyonyi nootuka nga tokyamye wantu wonna.Osobola okukoza eggali y'omukka .Osobola okukoza emmotoka.Bwokoza emmotoka osobola okulinnya ekidyeeri okuva e Oslo okutuuka e German oba okuva e Oslo okutuuja e Denmark.Osobola okulonda okukoza ku luguudo lwonna lwoyagala.Osobola okupangisa eryaato n'osinga kutambulira ku mazzi era emmotoka n'ojikoza okuva e Antwerp ppaka Brussels oba n'oyitira ku mazzi ppaka Brussels.Osobola okukoza ekidyeeri n'otambula ekitundu ekisinga obuwanvu.Buli lugendo lw'enyonyi,emmotoka oba okutambula lukozesa amakubo ganjawulo.Buli lugendo luyinza okubaamu obubenje,n'okukerewa.Ebuntu bingi bisobola okutuukawo.Onoobyenqanga otya?Waliwo engeri nyingi ez'okutuuka jogenda!

Obugulumivu bwa Katonda bwebwo okuyitira mu kyamagero ku musaalaba gwa Yesu. Asobola okukyusa obubi bw'okulemwa kw'omuntu nga ayita mu bussukulumu bwe. Okusonyiwa kwamaanyi okusinga okwonoona kwona. Okuwa omukisa kisinga okukolima. Okwagala tekulemererwa Katonda asobola okukozesa ekkubo lyonna, okulemererwa kwona era naakifuula ekitiibwa n'ettendo.

Ku mirundi jenasooka okugenda mu masekati ga Asia nail nvugibwa mu nsozi n'omuvuzi eyali omumalirivu okututta ffena. Yali ayisa nga bwagenda ku butunnumba mu bufo obuzibu. Oluvanyuma lwokuwona okukoona emmotoka eyali eva waggulu ku lusozi nga ewenyuka buweewo nayimiriza emmotoka era nga ndi mwetegefu okujifuluma ntambuli singa omugoba teyali mwetegefu kukyusamu. Bangamba nti nail sitededde nkola ya mugoba. "singa katonda ayagala tufe, tuja kufa ate singa tayagala tetujja kufa" Nabaddamu nti tuli bagoberezi ba Yesu abatambulira mu kitiiibwa n'okumanya Katonda si yaatutambuza mu byetukola. si yaatufuga.

Tetufuga katonda . Tewali nkola ya bukkiriza yonna ekuma bulamu bwo nga tebutuukako kubonabonan'obugubi. Tewali nkola ya bukkiriza eteeka katonda mi nsawo zo. Tetusobola buli kassra kulondawo mbeera zaffe naye buli kaseera tusobola okulondako eneyisa yaffe ku mbeera zaffe. Tetuli bazzi ba misango okujjako nga tusazeewo okubeera tutyo.

Naye byona bikola ku lw'obusukkulumu bwa katonda era tusobola okutendereza nga tukimanyi nti kireeta essuubi era essuubi eritamalamu maanyi kubanga kubanga okwagala kwa katonda kuiyiriddwa mu mitima gyaffe nga mwoyo mutukuvu yaakola kino kubanga yatuweebwa. (Abaruumi 5:1.5) era tukimanyi nti teri kisobola "okutwawula ku mukwano gwa katonda" era nti "mu bintu bino byona tusingako ne ku bawambi nga tuyitira mu kwagala kwa katonda" (Abaruumi 8:18.39)

## ESSUULA EY'OMWENDA

## OKUJAGANYA OLW'ENKOLAGANA.

"Awo abo ensanvu nebacomawo n'essanyu nga bagamba ntumukama waffe,ne badayimooni batuwulira mu linnya lyo.N'abagamba nti nalaba sitaani ng'avudde mu ggulu okugwa nga okumyansa.Naye ekoy temukisanyukira,kubanga badayimooni babawulira;naye musanyuke kubanga amannya gamwe gaawandiikibwa mu ggulu" Lukka 10:17\_20

"Awo mu ssaawa eyo Yesu n'asanyukira mu mwoyo omutukuvu nagamba nti nkwebaza mukama w'eggulu n'ensi kubanga bino wabikweeka abagezi n'abakabakaba n'obibikkulira abaana abato;weewawo ,mukama,kubanga bwe kyasiimwa bwekityo mu maaso go. Byonna byampeebwa mukama,tewali muntu amanyi omwaana bwali,wabula mukama newankubadde mukama bwali ,wabula omwana n'oyo omwana gw'ayagala okumubikkulira" Lukka 10:21\_22.

#### A/ OBUYINZA BWONNA.

Enyiriri zino okuva mu Lukka zeekusa ku Matayo 28:18-20 era zibuulira butya ebyawandiikibwa bino bwe biteekewa mu nkola.Yesu alangirira nti alina obuyinza bwonna mu nsi ne mu ggulu era nti awa abagoberezi be obuyinza ku maanyi ga balabe baabwe naye tewaliwo mu njiri Yesu waweera bagoberezi be buyinza ku bagoberezi banaabwe.

Tewaliwo wantu wonna mu ndagaano empya obuyinza webuweebwa mubuulizi omutuukirivu ku mubuulizi omutukuvu omulala.Ekiragiro ekikulu kiri nti tulina " okujjulwa mwoyo mutukuvu.....okwebaza buli kadde ku buli kantu konna.....okwewayo eri banaffe ku lw'okutya katonda" Abeefeso 5:18-21.Obutuufu bwa mwoyo mutukuvu mu nda mu mitima kwe kukolera awamu n'abo ablina mwoyo mutukuvu era n'okwewa ekitiibwa. Namulondo ya katonda eba mu mutima gwa muganda wo osobola otya okwewanika waggulu we?

Naye, Yesu atuwa obuyinza eri abalabe baffe .Kiba kyewunyisa bwolaba okuwonyezebwa n'okusumululwa.Kino kye kitono enyo ekiraga obwakabaka bwa katonda.Kino kiraga nti obwakabaka bwa katonda buzzze wano wano.Ate bwosaba newatabaano kibaawo kyonna? Abebbulaniya 2:8-9 kiraga amazima nti "obuyinza bwona" n'amazima nti tebiwonyezebwa mu kutya kwa bantu naffe kyetulina okukuuma.

“Wateeka ebintu byona wansi w’ebigere bye.Kubanga mu kuteeka ebintu byona wansi we,teyagyakokintu obutakiteeka wansi we,naye kaakano tetunalaba bintu byona nga biteekeddwa wansi we. Naye tutuunulira oyo eyakolebwa okubulako akatono okuba nga ba malayika,ye Yesu olw’okubonabona kw’okufa ng’assibwako engule ey’ekitiibwa n’ettendo,olwekisa kyua katonda alyooke alege ku kufa ku lwabuli muntu”

Tulaba Yesu naye tetulaba bintu byona nga biri wansi we.Tubonabona nga naye bwe yabonabona. 1 Abakkolinso 15:20-28 kyogera ku mazima ge gamu.”Alina okufuga okutuusa nga abalabe be bona bali wansi we” Ye mukama wa bona naye si buli kimu nti kiri wansi we.Alina obuyinza naye si buli kitonde nti kinagoberera ye.

Obwakabaka buli wano naye obwakabaka bujja kujja.

Obwakabaka bwa kati era obwakabaka tebunaba.

Obwakaba buzze era obwakabaka bujja.

Obwakabaka busobola okujja kubanga obwakabaka bwazze dda.

Obwakabaka bwetyongera okujja buli muntu omupya bwatandika okwagala n’okugondera kabaka.

Buno bwe bukkiriza bwaffe yadde nga tulabye ebisuubizo nga bituukirizibwa oba nga tubonabona nga tulinda bituukirizibwe(Abebbulaniya 11:40).Tuyinza obutalaba mangu bintu nga biri wansi waffe naye tulaba Yesu.

Naye ekisinga si buyinza ku dayimooni.yesu teyafa nti tubeere nobusumba oba obukulembeze.Yafa musobole okuyingira mu nkolagana ne Katonda. Eugene Peterson bweyali akyuusa ekitabo kya Matayo 11:25-30 kino akijjayo bulungi.

Mu mangu awo Yesu yatandika okusaba,"Nkwebaza mukama w'egguli n'ensi,kubanga wakisa ebiligambo bino ab'amagezi n'abakabakaba n'obibikkulira abaana abato.Ye,mukama yeyo engeri joyagala okukolamu"

Yesu yaddamu okwogera eriabantu."Katonda yampa ebintu bino byonna.Naye sibisirikidde era sibyekuumidde ,ndi mwetegefu okubiwa buli muntu omweteeefutefu okuwuliriza" "Mukooye? Muzitoweereddwa? Mutamiddwa eddiini? Mujje gye ndi nange naabawuzanga. Nja kabalaga okuwummula okwa ddala. Mutambulenga n'ange era mukolenga n'ange- mwetegereze butya bwenkola ebintu. Sija kubateekako kintu kizito . Mubeerenga wendi era mujja kuyiga okubeera mu mirembe era nga temuzitoowererwa."

Mu luberyeberye nga omuntu tanasobia,nga omuntu tanetaaga kununulwa,nga sitaani tanatandika kutawaanya muntu ku nsi nga obw'obuntu tebunayonooneka era nga tewanabaawo bwetaavu bwa buntu,katonda yalina ekigendererwa mu Yesu.Ekigendererwa ekyo kyali kya kutonda bantu ku lw'enkolagana ne Katonda.Yayagala enyumba nga ye muntu olwo omwoyo mutukuvu abeerenga omwo ku lw'ensi.

Okwagala kwa katonda kwali nti okubonabona kw'omuliro n'obwagazi byeyongera mu mitima gy'abantu abandyerondedgewo okuyingira mu kubonabona kwe kumu okw'omuliro n'obwagazi.Omuntu omu tasobola kuyitibwa kwagala.Omuntu omu asobola okwogerwako nga ayagala.Katonda ye kwagala.

Yesu ye yali era ye ndiga ng'ensi tenabaawo kubanga okwenyamira kw'omukwano oba okwagala bwebulamu obuteekebwawo mu kitibwa, mu kwsigangana n'okwerekereza ku lw'obulingi bw'abalala.Ebibala by'okwewaayo okwo biyinza okuba obwagazi obususse naye okwewaayo okwo kuyinza kusooka kuleeta kubonabona n'okwerekereza.

Ebyo byonna katonda bye yategeka eri ensi era n'abijuliza mu budde bw'endagaano enkadde,yabikwasa Yesu.Katonda yali mumativu nti Yesu yali ajja kusobola okukola emirimu nga

katonda bwewali ayagala jikolebwe era Yesu yatuukiriza obwesigwa buno okutuusa lwe yakomererwa ku musaalaba. Yesu teyakolanga kusinziira ku kwagala kwe wabula okusinziira ku kwagala kwa Katonda.

Ebyo byona Yesu yabifuna okuva eri katonda era nebikolebwa mu budde, era yeesiga mwoyo mutukuvu. Yesu yeesiga mwoyo mutukuvu era mwoyo mutukuvu naye akola kusinziira ku kwagala kwa katonda. Byonna yesu bye yafiiririra okumaliriza yabilekera mwoyo mutukuvu era alindiridde mwoyo mutukuvu okubitukiriza mu nsi. Kubanga mwoyo mutukuvu agondera Katonda ne Yesu era asonyiwa ebibi byona naye tajja kusonyiwa kibi kya kwegaano mwoyo mutukuvu. Teri ayinza kugoberera Yesu okujjako nga akkiriza mwoyo mutukuvu.

Ekigendererwa kya katonda kijja kutuukirizibwa okuyita mu nkolagana oba emikwano so si bikolwa bya buyinza oba maanyi. Wa nkolagana. Okwagala kwe kwa waggulu era kwe kusinga. Atuyita tuyingire mu kwagala okwo. Ekigendererwa kye si kuyimusa bantu babuze kyoka. Ekigendererwa kye kyaali kumanyisa bantu bona obuyinza bwa katonda okuyita mu Yesu. Yesu teyafa omuntu asobole okubeera mu bulamu obulungi era obweyagaza kati. Yesu yaqfa osobole okubeerawo ku buyinza n'obusukkulumu bwa katonda.

Yesu teyafa nti mubeere basanyufu mu ggulu. Omuntu si yentabiro n'ekipimo ky'ebintu byona. Yesu yafa musobole okubeerawo ku lw'obusikkulumu n'obuyinza bwa katonda wano era kati era n'olvanyuma eyo.

#### **C/ MBAYISE BAAMIKWANO.**

"Tewali alina kwagala kuneneokusinga kuno omuntu okuwaayoobulamu bwe olwa mikwana gye. Mwe muli mikwano gyange, bwe mukola byembalagira. Sikyabayita baddu; kubanga omuddu tamanyi mukama we by'akoa, naye mbayise ba mukwano; kubanga byonna bye nawulira okuva eri katonda mbibaabulidde mwe" John 15:13 -15.

Eyandiberedde ddala nanyini bukulembeza, nanyini bitiibwa, nanyini busukkulumu, nanyini kitiiibwa n'obuyinza teyakikola! Yatunuulira ddala mu maaso g'abasajja abaali banaatera okumulyamu olukwe era n'abayita mikwano gye. Bweyakola kino, yasaanyizawo ddala mu bujuvu

n'ebiseera byona obusobozi bwona oba embeera yonna eraga emitendera gy'obwakabaka bwe.Okwesukkulumya kwa bantu abaafa!

Ng'entebe tenafuuka Nyanja ya giraasi!Tewali nsozi oba biwoonvu ku Nyannja.Buli kiwonvu kivunukiddwa era buli lusozi luseteewaziddwa.Ffena tuli baaluganda mu maaso ga namulondo! Eno ye nsonga lwaki waliwo amateeka amakumi ani mu ndagaano empya naye nga erisinga okuba eryawaggulu lye ly'okwagalana!

Mu buli bukulembeze obw'amadaala abantu abali wansi balagirwa kugoberera ekyo ekiba kisaliddwaho abakulu.Abakulembeze bano basobola okukozesa olulimi olwokwagalana naye kikozesebwa okulagira n'okufuga.Okugulumira n'obusukkulumu bwa bakulembeze bano bikolebwa baddu era abantu abaawaggulu batwalibwa nga baakitalo nyo.Oyinza okusalawo n'obagondera naye era bamaliriza bakufuze.Osobola okukozesa olulimi lw'omukwano,ekitiibwa n'okusukkulumya naye era ekivaamu kkuzibwa mu bitiibwa.Abo abakuli waggulu n'abali mu daala limu naawe b'ovuganya nabo.

Yesu atulagira tuleme kufuga nga ba Gentiles abaalaga obuyinza obususse eri abo bebaakulemberanga.Tulina okukulembera nga Yesu bwe yakulembera.Ekigendererwa ky'obukulembeze bwe kyali kugabana mutima gwe n'okukkakanya obulamu bwe wansi ku lwa mikwano gye (Yokaana 15:15).Ekigendererwa kyo bwekiba kulinnya madaala tojja kubeera na mikwano wabula ojja kubeeranga na bantu baakukozesa.

Eugene Peterson nga avunuula 1 Abakkolinso 10:14 alumbagana, "Noolwekyo mikwano gy'ange abaagalwa bwemulaba abantu nga bakakkanyiza katonda okufanaanako ekintu kyebasobola okukozesa n'okufuga,mubaawukaneko mangu nyo nga bwe kisoboka"

Ekigendererwa ky'obugoberezi kukola mikwano.Ekigendererwa nkolagana na mikwano ensi mwesobola okulabira okwagala,okuwanqana ekitiibwa,okwesiganqana n'okuyambagana mu linnya lya katonda.

Eky'okulabirako kya Yesu nga bwe kinyumizibwea mu 16 Yokaana kyaali kyewunyisa nyo era nga si kya bulijo.

"Naye nze mbagamba amazima; kibasaanira mwe nze okugenda; kubanga nze bwe sirigenda,omubeezi talibajjira;naye bwendigenda,ndimutuma jemuli" Yokaana 16:7.

Agagoberezi baali tebalowooza ku kintu kibi nga Yesu okugenda oba okubalekawo! Yesu,omukulembeze asinga eyali akoleddeko ku nsi,abagamba nti kisingako jebali ye okubalekawo! Nga ate tulowooza tuli ba mugaso ,abatasabolwa na kwewalwa?Tulowooza ffe baani?Yesu yakimanya nti kijja kuba kisingako abagoberezi okukulemberwa mwoyo mutukuvu munda mu bbo n'okusinga obukulembeze bw'omubiri n'omusaayi gwe! Yesu yayagala mikwano gye okumanya omuliro gw'omunda ye gweyali amanyi.

Obuvunaanyizibwa bwaffe kujjawo buli kiremesa mikwano gyaffe okumanya obufuzi bwa mwoyo mutukuvu munda mu ffe n'enfuga ya Yesu kulisito wano ku nsi eri obulamu bwaabwe n'obwaffe okutwalira awamu.Ebiseera ebisinga ffe tubeera ekiremesa ekinene!Ekigendererwa ky'obuwereza gwe mukwano ogwesigira ddala mwoyo mutukuvu mu ye okumuluŋnamya mu mazima gonna.

Obukulembeze bw'abantu obusinga butunuulidde kutegeka bantu abayimirizibwawo ffeabalinda ffe,abajuliza ffe era abatuwagira.

Okuteekawo obugabirizi kuba kuteekawo bwa kabaka bwaffe. Kuba ku lukwe mu kabaka wa bakabaka.

Yesu yali mwetegefu okwesiga obusobozi bwa mwoyo mutukuvu okukulembera abantu mu kkubo eryamazima.Tuli? Eno y'ensoga Iwaki Yesu yagamba nti yalina okugenda! Y'ensonga Iwaki yalagira abagoberezi be okunoonya abagoberezi abalala era n'okugenda ku kyalu ekirala okufunayo omusajja ow'emirembe.Baali tebalina kubeerawo lwa banaabwe.Baali tebalina kubeerawo kufuuka ba kabaka.Baalina kwanjula mikwano gy'abwe eri kabaka wa bakabakaera baberekere obulabirizi n'obukuumi bwe.

#### **D/ OBUVUNAANYIZIBWA N'EDDEMBE LY'ABEMIKWANO.**

Mazima ddala emikwano bwejiba ja kunyimirwa bwa kabaka bwa katonda mu bulamu bwabwe bali okutuukiriza obuvunaanyizibwa obumu.Awo obuzibu we buva! Emirundi mingi abantu

tebaagala buvunaanyizibwa obw' emirembe. Waakiri baagalamu emirembe gy' obuddu nga ly' eddembe okuva mu buvunaanyizibwa. Waakiri babeera ne kabaka naabalagira eky' okukola! Wabeerawo abo ebiseera byona abaagala kabaka era n'abo abaagala okubeera ba kabaka naye mu kukola ekyo bombi balaga nti tebalabanga ku kabaka!

Ndaba obuvunaanyizibwa bwa mirundi ena oba eddembe mu bwakaba bwa katonda. Okukubiriza abagoberezi bamwe okutegeera obwakabaka bwa katonda n'eddembe kye kimu ku buvunaanyizibwa bwoyo anoonya abagoberezi.

### **1/ Okwefuula kabaka gwe kenyini.**

Ekyo kitegeeza nti obeera werabirira! Ekyo kitegeeza nti oleka obuyinza bwe nebufuga mu bulamu bwo Obeerawo ku lw'ekisa kya mukama oba okumanyiira embeera. Era okubeezebwawo abalala okubi okukukasa, obufuzi bwabwe n'okufaayo kwabwe biraga okumanyiira ekintu. Gino emikwano nya ttabu era si mirungi naakamu. Okujja nga tulidde omubiri era netunywa omusaayii gwa mukama waffe, tetulina bulamu munda mu ffe

(Yokaana 6:53) era tetulina kya kuwanqana.

Kiwulikika nnyo mu bagoberezi mu ekereziya ez'abantu abangi nti ba kabona baabwe oba abasumba "babaliisa bulungi oba tebabaliisa bulungi." Bwoba ogabirira omwana ow'emyeezi munaana ekyo kya bulijo naye bwooba okyalisa oba okugabirira omulenzi oyo ku myaka kkuminamunaanalina , mwembi ye naawe mulina ekizibu kya maanyi! Lwaki abantu abakulu bandyetaaze omuntu onulala okubaliisa oba okubagabirira?

### **2/ Okutuukiriza "ebiragiro bya buli omu" n'abatono.**

Bwoba tosobola kubeera ekeereziya n'omwagalwawo oba bwoba tosobola kubeera ekereziya n'abantu babiri oba basatu, olwo okusinza okwabantu abangi kuba kweraga bwerazi era tekuwa makulu.

Abeefeso 4:25, "Kale mwambule obulimba, mwogerenga amazima kubanga amazima mu kwagalana , gakula mu buli kintu mu Yesu mukama waffe kubanga mu ye omubiri gwonnna mwe gwegattira era buli nyino mweva nga buli kitundu kikola ogwakyo, okuleetera okukula

kw'omubiri” Kye kimu ku biragiro bya buli muntu eri munne ekisinga okuba eky'omugaso newankubadde ekitundu ekyo tekyeyambisiddwa mu mboozi eno.Naye ebigambo “omubiri gwona”, “buli nyingo”, “buli kitundu kikola ogwakyo” bikozesewa era amakulu gategeerekeka! Bwetutayogera mazima mu ffe eri buli omu mu kwagalana,tewali kukula kwa mubiri.

Nina okubeera n'omukwanon'obuvumu okwogera amazima,kagabe amazima agatiisa,eri mikwano gy'ange.Nina okubeeramu ak'obuntu n'obwesige okufuna amazima okuva eri mikwano gy'ange n'omwagalwa wange.Obuteekuza n'okuwawuuka byonoona kino kyona.Bwemba sikwagala kimala kukubuulira mazima olwo mazima nkugaana era omukwano ne guggwawo.Bwemba mu butuufu sisobola kufuna mazima kuva jooli olwo sikwagala era si kwesiga nga mukwano gwange!

Ekitundu ekisinga ku mubiri gwa Yesu gusigala mu mbeera ya bukendeevu bwa mwoyo n'obuto mu nzikiriza kubanga bawulira ago gokka amazima agoogerwa mu lujjude ku butuuti.Ago mazima ga ludda lumu.Twetaaga amazima ga mirundi ebiri era ago ge mazima agava mu mitima gya mikwano gyaffe. Bwoba onanoonya abagoberezi olina okuyiga okwogera n'okufuna amazima mutima ku mutima ate maaso ku maaso.

Yesu yali musajja wa mu buvanjuba naye yava mu mpisa yewaabwe natandika okwogera amazima yadde nga ganyigiriza gatya! Yayogera amazima eri omulembe gwe ne mikwano gye.Buli bantu balina ensonga zaabwe n'ebizibu byabwe ku kwogera amazima.Bwetutabeera na mazima ga ddala,tufuukira ddala abantu abalimba abawedde emirimu.

Embalirira si kye kikulu.Ekyo kigambo kirala ekivoola enzikiriza.Kitegeeza enkolagana y'okwesigangana n'omukwano nga tusobola okwogera n'okufuna amazima okuva eri buli omu mu ffe.Omusajja bwaba tasobola kunyumiza ku muganda we olwo ani gwaaba ananyumizaako?

Ensi tetyoboolwa na buntubulamu,okulangirira amazima n'okulemererwa.Ensi etyoboolwa na bukuusa,obuteefirayo n'obulimba.Tuli bagoberezi ba Yesu ate nga ye mazima.

### **3/ Okufuula abaana bo abagoberezi ba Yesu.**

Bwoba tosobola kufuula baana bo bagoberezi ba Yesu, olwo osobola otya okuyitaabantu mu mawanga? Bwoba tolina nkolagana nungamu n'abaana bo, olwo enebaawo naani? Bwolemererwa nga taata olwo obuwanguzi obulala bugasa ki?

Emu ku nsonga lwaki abaana abasing mu maka ga bakulisu tebagoberera Yesu nga bafuuse bantu bakulu eri nti kubanga bazadde baabwe batutte obukulisu nga ebyenfuna okusinga enzikiriza ey'enkolagana. Abaana balabira ddala ekituufu era nebalaba n'obukuusa mu bukulisu. Abaana baffe n'abantu betukola nabo eby'enfuna(business)tebaagala saala zaffe za mu lujjuddeoba ebyawandiikibwa bimeka bye boogera. Balaba neyisa yaffe, butya bwetuyisa abaagalwa baffe era oba tutuukiriza obuvunaanyizibwa bwaffe ewaka oba nedda. Balondoola oba olina obukugu mu bulamu bw'ensi oba osobola kukola bukozi katemba mu diini.

### **4/ Okuyimusa enkolagana yo ne kabaka nga tuyitira mu kuweza abagoberezi ba Yesu.**

Ekiragiro kya kabaka ekikulu kuwera bagoberezi! Matayo 28:18 -20 kye kigendererwa ekikulu, so si kirowoozo kikulu. Kino tekikwata ku mikolo oba bikujjuko! Abagoberezi bafunibwa mu nkola ya nkolagana nga eri mu bwerufu n'obuntu bulamu obw'okukolera awamu!

Abagoberezi bokka bebasobola okwongera ku bungi bwa bagoberezi. Naye abagoberezi bo bwebaba tebaleeta bagoberezi balala olwo naawe oba tolina kyokola ku kwongez bagoberezi! Obuwanguzi buli mu bazzukulu baffe. Obuwanguzi buli mu mulembe ogw'okusatu! Katonda ye katonda wa Bulayimu, Ayizaaka ne Yakobo.

Singa tukola nga Yesu bwe yalagira era netutendeka amawangaokukola nga bwe yayogera, yandikoze nga bwe yesuubiza n'azimba ekereziya ye.

## **EBIBUUZO EBISINGA OKUBUUZIBWA.**

**1/ Ate ebizimbe? Si kituufu nti ekereziya y'omundagaano empya teyazimba bizimbe ku lw'okuba obwavu oba okuyisibwa obubi?**

Kituufu,tewaliwo bujulizi bulaga nti waaliwo ebizimbe ebyazimbibwa okusisinkaniramu mu byaasa bisatu nga ekereziya etandise.Naye kino tekyava ku bwavu oba kuyiganyizibwa.Abakkiriza bangi baalina sente ate era yadde waaliwo ebiseera by'okuyigganyizibwa ,naye era waaliwo ebiseera by'obutebenkevu n'emirembe. Baalina sente n'ebjetaagisa okuzimba ebizimbe singa kye baali baagadde.

Waaliwo n'okusabibwa kwa maanyi eri ekereziya eyasooka okuzimba n'okukozesa ebizimbe eby'enjawulo okusisinkanirangamu.Bo abaju baalina amasinzizo amazimbe nga galina n'abakulembeze.Bo abalooma waaliwo eky'okulabirako ky'amasabo g'abatakkiriza Yesu ne ba kabona baago.Ate nga ekereziya yasanga okusoomozebwa kwa maanyi nyo nga batuntuzibwa kubanga tebaalina bizimbe byeyawulidde yadde abakulembeze b'ediini yaabwe. Bo abalooma omuntu bwejabanga talina sinzizo nga liriko n'ekituuti,baabanga bantu abatakkiriza nti katonda jaali era abakulisitu abaasooka baatuntuzibwa olw'okubeera nga batwalibwa nga abatakkiririza mu kubaayo kwa katonda.

Okukakibwa kw'abantu kwaliwo,sente zaaliwo era n'ebiseera by'eddeme n'emirembe ebyandyeyongedde singa baali bazimbye naye tebaazimba.Abakulisitu abasooka tebaazimba bizimbe bya ekereziya mu kubikkulirwa kubanga bakiririza mu buli mukulisisu okubeeera kabona noolwekyo tebaalinangawo ba kabona ba njawulo.Bakkiriza nti obwakabaka bwa katonda bwali buzzera nge bwali bwabuli omu eyabukkirizanga mu bulamu bwe.Noolwekyo tebakkiririzanga mu bifio bitukuvu nge bizimbiddwa.Ensi yonna ya katonda!Yesu yafa kulw'obulamu bwa bantu n'ebintu byona ebikolebwa mu nsi.Baasisinkanaga mu mayumba okukakasa endowoowa oba enzikiriza yaabwe nti emibiria jaabwe jejiali enyumba ya mwoyo mutukuvu nti era katonda tasangibwa mu bizimbe bizimbiddwa na ngalo naye mu yekalu enamu ezimbiddwa amayinja amalamu.amayinja amalamu gakungaanganaga buli obulamu lwebabangawo okulaga nti Yesu ali wakati waabwe.

Mu kulemera ku ndowooza yaabwe nti emibiri jaabwe ye nyumba ya mwoyo mutukuvu, tebateeka sente mu matafaali na byuma wabula mu bantu. Obiweebwayo mu ndagaano empya byatwalirwanga abayala, eri bamulekwa, banamwandum n'abaavu oba abanaku.

Twandisobodde okumalawo obwetaavu bwa banaku obw'obutaba na wakusula, obutasobola kusasula bisale bya ssomero, emmere n'amazzi singa sente eziteekebwa mu bizimbe, mu bidongo, mu makakkalabizo ova yafeesi ne mu bukulembeze bw'obukulisisu okwetoloola ensi yonna singa zandibadde ziteekeddwa mu nyumba entuufu eya katonda. Matayo 25, agamba nti buli ekikolebwa eri abantu abawansi, kiba kikoleddwa eri Yesu, kyekyandibadde ekipimo eri abo abeyita abagoberezi ba Yesu kwe bandilamuddwa. Eyo y'engeri butya Yesu bwagenda okwawula endiga ku mbuzi.

Ebizimbe tebiragakwagala bantu na kusinga Yesu. Ebizimbe bya bwakabaweka bwaffe obutonotono. Ebizimbe bya kulaga maanyi, buyinza na kitiiibwa kya busukkulumu ku balala. Bijuukizo eri obusukkulumu bwaffe era n'obwetaavu okubeera nga abo abalala abatwetolodde.

Buli nnusu eteekebwa mu kuzimba, kitegeesa enusu etoleddwa kwezo ezandiyambye abayala, ezandyambazza abayita obukunya, ezandiyambye abalwadde n'ezandilambudde abasibe mu makomera. Buli kizimbe kijukizo ku kweyagaliza n'obuteefirayo. Noolwekyo buli sente eneteekewamu ejja kulamulwa Yesu nga sente y'embuzi.

Abo abakozesa emboozi z'endagaano enkadde ku kuzimba emizimbo ova ebizimbe bakyaamu mu kukola ekyo. Tetuli mu ndagaano nkadde naye ebikolwa bino biyingiddwa nnyo! Yerusalem yagaziyizibwa Stefano bwemala ekyafaayo kya katonda n'abaju nga alangirira nti "oweawaggulu enyo tabeera mu nyumba zizimbiddwa na ngalo" (Ebikolwa 7:48) Stefna yeerarikiriza enkola y'enzikiriza yaabwe yona n'engeri yokukolamu sente bwemalangirira nti esinzizo erizimbiddwa n'engalo si kifo kya katonda kuwummuliramu.

Omujulizi eyasooka mu ekereziya yawayo obulamu bwe nga alangirira nti katonda yali mu bantu so si mu bizimbe by'enzikiriza. Yena agezaako okulumbagana ebizimbe byaffe afuna

okwanukulwa okw'obukambwe na leero.Mulowooza okwogera ku sente z'embuzi kya bukambwe nyo?Kambanyumizeeko embooz ssatu.Emu ya kumpi wetubeera nga tuli mu Canada.

Ekinja ky'abavubuka baali bagenzeeko mu emu ku nsi ekyakula. Era nga ekitundu mu Igendo Iwabwe baali bakyaddeo mu kifo awakuumirwa ba mulekwa.Baasanga abaana basiiba njala kubanga obuyambi bwaali bukendedde nga era ebbeyi y'omuceere yali yekanamye omwaka ogwo.Bwe baddayo ku ekereziya yaabwe enene era engagga,baali banatera okubaako kye boogera ku kukyala kwabwe eri bamulekwa,omusumba omukulu yasisinkana nabo era n'abagaana okubaako kye boogera ku bwetaavu bwa bamulekwa mu kwogera kwabwe. Lwaki? Singa baamanya ku bwetaavu,abamu ku bagoberezi bandiwaddeyo sente eri ba mulekwa bano era kino kyandikendeezeza sente ekereziya zeyandifunye ate nga ekereziya yali eyagala sente esbole okutambuza enteekateeka yaayo ey'okuzimba.

Embooz eyookubiri eva mu kibuga ky'omu Armenia ekyayuuzibwa enyo musisi mu ntenu ngu musanvu,1988 ekyavaako okufa kw'abantu 25,000 okwetoloola ensi eyo.Bwenakyalira ekibuga ekyo,nategeezebwa nti ekitundu ky'omumasekati g'ekibuga ekyo kyaali kikyayisibwa bubi olwa musisi nti era abantu ababeera mu kitundu omwo baabonabona nookutuusa nga ne mese okutambulira ku baana baabwe abato.Mu kutambulako mu kibuga,nalagibwa ekereziya empaya ey'abamerica ey'ejjinja elisikiriza eribalirirwamu obukadde bubiri mu emitwalo kinaana eza doola ya America wano nga emisubaawa wejasulanga nga mikalu era nga jibuguma.Twasanga ne ekerereziya endala empaya nga nayo ya bamerica nga mulimu ebisenge by'ebyma bi kalimagezi n'ebisenge by'okusomeramu olungereza.Nayo yali ya bbeeyi nyo.Yali yamalawo obukadde bwa doola z'America buna era ebyuma bi kalimagezi byebakanga bulungi era bibuguma ate nga bikalu ekiro.

Oluvanyuma twalya ekijjulo nga omwami n'omukyali bali n'abaana baabwe bataano ne jajja waabwe omukyala mu nyumba ya nyumba ya bisenge ebisulwamu bibiri ne muganda waabwe omulenzi,mukyala we n'omwana waabwe.Baali basaba buyambi kubanga omulenzi yali talina mulimu era nga teyeesobola.Nabuuza oba omulenzi ono yali anoonya omulimu nentegeezebwa nti yali akola ku ekereziya empaya eyali ezimbibwa mbu kibuga.Nabuuza lwaki yali takyakolerayo nangamba nti yali takyasobola kukolerayo kubanga sente ezamusasulwanga e wiiki zaali

tezisobola na kusasulira ntambula ye okugenda n'okuva ku mulimu ku baasi.Ekyokuba nti ekereziya yali tesobola kusasula musajja munaku sente zisobola kumubeezawo kya nyiiza.

Akawungeezi ako twali tuvuga okusisinkana abantu abalala eyali ankyazizza nagamba nti tuvuge tuyite ku ekereziya eri mu kuzimbibwa.Kyali kizimbe kya maanyi nga era kiriko amayinja agamatiribona mu maaso.Obwongo bwange bwagezaako okuleetawo enjawulo wakati w'obugagga n'okunyigirizibwa kw'abanaku abaali bazimba omuzimbo guno bwenatunula ku luuyi olulala olw'ekibuga n'endaba ebifunfugu ebyalekebwawo musisi eyagoya ekibuga ekyo emyaka amakumi abiri ejayita.Abantu abaasulanga empewo n'obunyogovu mu bifunfugu nga emmese bwezirumbagana abaana baabwe baazukukanga buli lunaku nga batunuulira abakulisu nga bazimba ekifo ky'okulaga obusukkulumu bwabwe.

Emboozi ey'okusatu eva mu kifo ekijudde obwavu mu masekatti ga Asia Ivan jaakolera.Ivan yajja eri Yesu mu kkomera nga ayitira mu bantu abalina endowooza ezedda.Abo bokka be bantu beyali amanyi era nga abaagala nyo.Ivan bweyava mu kkomera yatandika okutalaaga amawanga nga ateekeyo ekereziya.Bwe baali bombiriri bakyaali mu kkomera,yakulembera mukwano gwe Alexander eri Yesu era bwe baava mu kkomera,Alexander yagenda mu kifo nga talinayo bakkiriza baamanyiyo kwongera ku bagoberezi.

Alexander oluvanyuma yakulembera akabinja k'abagoberezi batono eri Yesu,naye akulira poliisi yajja namusaba okuva mu kitundu ekyo kubanga "Yali tayagala mitawaana mu kifo ekyo."Eyali akulira omuzikiti mu kitundu ekyo yajja n'amusaba aveemu oba si kyo obuzibu bwali bujja kuja. Alexander yasigala era olunaku lumu yali asomesa mukyala we n'ab'oluganda babirimu kusinza,abasajja basatu bajja nebamukuba amasasi nga gayita mu dirisa naafa.

Ivan bweyanyumiza emboozi eno,yagamba nti okufa kwa mukwano gwe kwamuleetera ebibuzzo bingi n'okwenyamira.Nabuuza Ivan oba kino kyajja lwakuba yali atidde.Ekibuzzo kyenkana kyalinga ekimuvuma.Yali tatya ku lwa bulamu bwe naye yali yeebuuza oba okwewaayo n'obuzibu byali bisaanidde.Awo nange nabuzabuzibwa.Lwaki?

Ivan yangamba nti ekibuzzo kye kyali nti lwaki yanditadde obulamu bwe mu matigga n'obulamu bwa mikwano gye okukola ebibinja by'abagoberezi mu bifo ebipyga nga ebibinja bijja kujja

bizimbe ebizimbe,biteekoko ebituuti wamu n'abasumba oluvanyuma abagoberezi abapya baddukire eyo.Abagoberezi abapya baali bantu ba mu Asia.Baatulanga wansi okumala essaawa nya,nga banya caayi nga bwe boogera ne ku Yesu.Naye bwe baaweranga nga kkumi na bataano,ekibinja kyazimbanga wkereziya era nebateekawo essomero lya Bayibuli nebatendeka abasumba okuva wa bweru.Aba Asia batandikanga okutambula oktuusa lwe waasigalangayo abagoberezi abakadde abakyaala bokka.

Ivan yatandika okugenda eri abakulembeze b'ebibinja bino naababuuza Iwaki baali balina okuzimba ebizimbe ebikola nga eby'okusisinkaniramu nga ate baalina amayumba ag'okusisinkaniramu.Baali tebeetaga kizimbe kirala mu kyalo.Waaliwo n'amayumba omutaali babeeramu.Baali betaaga migaati na ngato abaana baabwe bambale.Baagala kuituula wamu banywe caayi nga bwe boogera ne Ku Yesu nga bali ne mikwano gyaabwe.Tebaagala kuwuliriza mugwira muto okuva mu nsi eyali enfuzi y'ettwale ly'ensi yaabwe nga abayigiriza.Abakulembeze tebasanyukira bibuozo bya Ivan era Ivan naagobwa mu bbo nga omuwakanyi.

Okuva ekiseera ekyo Ivan yakizuula nti waliyo abantu bangi okwetoloola ensi yonna abalwooza nga bwalwooza nti era si muwakanyi.Yaddayo eri abo abaamufuna obubi era naabasaba bamukkirize.Oluvanyuma Iw'akabanga ,baamukkiriza.Ivan kati afunye abagoberezi bangi nga asinziira ku Likka 10.Alexander teyafiira bwemage.

Okwonoona n'obuteefirayo mu kuzimba ebijukizo olw'okweraga mu diini tebisobola kusiigibwa kazigo.Buli ebizimbe ebyo Iwebizimbibwa buba bululizi obulaga obujeemu n'okulwanyisa ebigambo n'enkola za Yesu.

Naye,tukyetaaga abantu okuwonya n'okusembeza okuyamba abatalina wa kusula,abaaleméra ku bintu ebimu,n'abalekwawo.Si bibinja binene naye abantu abali awamu abatonotono okubeerawo ku Iwabo abatalabanga ku mukwano gwa katonda.Si bifo biteekeddwatekedwa mwoyita mu mitendera ejenjawulo olvanyuma nogenda,wabula abantu abatonotono abali awamu okwekaanya n'okuwonya nga abantu basobola okubeerawo lubeerera bwe baba baagadde era basobola okweyongera mu nkola y'obuwangwa bwabwe.Bino tebidukanyizibwa bakugu naye okusinga abo abavudde mu buwangwa bwe bumu era abasobodde okuwonya mu bbo,okutendereza n'okukola.

Waliwo abantu abapya abeyongera mu bibuga eby'omunda bingi abantu nga bakolera wamu,batenderereza wamu era nga bateekawo n'ebifo webaaniririza abantu mu sanyu,nga bawonya era nga bayamba n'abatalina we basula,abakozesa ebiragalalagala n'abalwadde b'emite.

Ekinja mu kibuga eky'omumasekati ga Asia kirina akabinja bwekatyo akabantu abatono munda mu kibuga.Olunaku lumu ekinja kino kyamanya ku musajja eyali ava mu china nga ayimiridde mu katale.Baamubuuza oba yali mu bwetaavu bwe kifo ewokubewera.Yagamba ekifo akyetaaga era nagenda nabo ewaka.Oluvanyuma lw'emyezi nga ali n'abantu bano,omusajja yawulira eddoboozi nga ligamba, "Abantu bano abakulabirira bantu bange,bawulirize.Bakubuulira mazima." Yafuuka mugoberezi wa Yesu era yabatizibwa.

## **2/ Ate okusomesa ediini?**

Tetwetaaga kukuñana ne tuwuliriza ku kubuulirirwa okulungi? Ekibuzzo kisanyusa! Waliwo ekiruubirirwa kya maanyi mu kubuulirira mu buli kizimbe kya bakkiriza.Omusumba jakoma okuba omubuulizi omulungi,jaakoma okufuna abagoberezi abangi era ze sente enyingi zaafuna.Okubuulira ngeri ya kusikiriza bantu na kumanyibwa.

Twalabye dda endowooza ya Pawulo bweyali eri abakadde abakungananga. Okulengera kwe kwali tekawukana n'okwa Yesu mu Lukka 10.Okwo kwe kulengera kw'obubiina obutono nga bweyongera olw'enkolagana nga buyitira mu mbeera z'abantu ab'omukitundu mwebuba buli. Abo abakadde abakuñananga baali bakola byabwe kubanga baayimiriza enkolagana wakati w'abagoberezi wamu n'okweyongera kwabwe.

Endowooza ya Pawulo omutume yali etya ku kuyigiriza? Mulambulukufu ku kino mu 1 Abakkolinso 2:1-5,

"Nange ab'oluganda bwe najja gye muli, sajja na maanyi mangi ag'ebigambo oba amagezi nga mbabuulira ekyama kya katonda.Kubanga namalirira obutamanya kigambo mu mwe,wabula Yesu kulisito era oyo eyakomererwa. Nange nabeeranga nammwe mu bunafu ne mu kutya ne mu kukankana okungi.N'ekigambo kyange n'okubuulirira kwangetebyaabanga mu bigambo

ebyamagezi ebisendasenda, wabula mukutegeeza kw'omwoyo n'amaanyi,okukkiriza kwamwe kulemenga okubeera mu magezi g'abantu wabula mu maanyi ga katonda."

Tetutegeera kigendererwa kya lunaku olwo era n'olwekyo tusubwa ebigenda mu maaso wano. Ekimu ku bigendererwa ebikulu eby'olunaku olwo kuba kwogera eri abantu.Aboogezi abaasinga nga be baakabi mu nsi ya Balooma,nga bakaabya abantu amaziga n'okubasesa olw'okwogera kwabwe okulungi.Pawulo kino yakimanya era nga omusajja eyasoma enyo mu nsangi ezo,yalinga eyatendekebwa mu kwogera.Abakkolins baasubira nti Pawulo yali waakwogera nabo mu ngeri bweti.

Pawulo yagaana okukola kino.Waakiri yali mwetegefu okujja nga omunafu,omutitiizi era atya enyo.Ekyandibadde ekizibu abantu okumuwliriza okusinziira kun kola mu kitundu ekyo.Naye Pawulo si kyekyali ekigendererwa kye.Yayagala obukkiriza bw'abantu bubeere mu mikono gya katonda n'okukola kwa mwoyo mutukuvu.Yagaana okukolera mu bifo omumuweebwa ebirabo,okukoza amagezi g'obuntu n'amanyi g'obuntu.

Obuzibu buli nti bwokkiriza bwokkirizsa abantu abamu okukubuulirira buli saawa ,wiiki ku wiiki,nkungana ku nkungana oba maloboozi agenjawulo basobola okulowoozes nti ekiddugavu kmyufu.Ensobi zikolebwa naye nezitwalibwa nga amazima.Ogamba tekisoboka? Kisobokera ddala.Kibeerawo buli kadde.Butya engiri y'okukulakulana oba ey'obugagga bwe yasaana era n'ekkirizibwa mu bitundu bingi okwetoloola ensi eno? Ekintu ekitalina nsibuko mu ndagaano empya bwekyandikutte kityo ku mitima gy'abantu ne ku bwongo bw'abakkiriza? Buli luvanyuma lwa ssaawa ey'okusomesa n'okubuulira nga bakozesa ebyawandiikibwa nga bijjidwamu era nga byoleka omululu gw'abantu n'obwetaavu.

Nga tanafa,Keneth Hagin omukulu,atera okuyitibwa taata w'ekibiina ky'abakkiriza,yawandiika ekitabo ekiyitibwa "The Midas Touch" Mu kitabo kino,yagugumbula abagoberezi be olw'okwagala enyo eby'enfuna by'ensi n'obukodyo bw'okujja sente mu bantu obususse. Ekyo si ky'ekitabo ababuulizi b'enkulakulana ,abayita Hagin taata waabwe mu nzikiriza,kyebasobola okukusindikira nga obuyambi obuddako.

Okusalawo kwange kugamba okubuulira kw'ebyenfuna n'okutiisatisa n'okusubiza emikisa nga giyita mu kuwaayo eri ba kabona kye kintu kye kimu nga okutayirira bwekwali ku mulembe gwa Pawulo.Lino nalyo somo ddala era Pawulo alivumirira nyo mu Abaggalatiya 1:8, "Naye oba nga ffe oba malayika ava mu ggulu bw'abuliranga enjiri nga si nga bwe twababuulira,akolimirwenga."

Pawulo awa Timoseewo ku butwa bwalina okukwata ensonga z'ababuulira obulimba mu 1 Timoseewo 6:3-6 era naamaliriza nti bano "bantu ba bwongo obukuusa era abakweeka amazima alowooza nti obwakatondo ngeri yakufunamu bufunyi.Okuva kwekyo wejeemu"

Ekyo kiragiro kya maanyi naye kyetaagibwa!

Mu mbeera eno ey'okubuulira okw'ebibuuzo,1 Abakkolinso 14:26 kya maanyi. "Kale kiri kitya ab'oluganda? Bwemukunqana,buli muntu alina oluyimba alina okuyigiriza,alina ekimubikkuliddwa,alina olulimi,alina okutegeera,byona bikolebwenga olwokuzimba."

Bwetugoberera ebiragiro bino,tewali muntu ayinza kwefuga,kubuzabuza oba mungeri yona kutwala ngeri ya kubuulira n'enkola y'ebintu mu luuyi lumu. Eno y'embeera y'ebibuuzo n'okuddibwamu,ey'okusomoozebw n'okuddamu. Eno y'engeri oba enkola mwoyo mutukuvu jaasobola okulunqnamyamu nga ayitira mu buli muntu mu kibiina. Eno y'enkola Yesu jasobola okubeereramu ddala omukulu w'omubiri gwe natabeera bubeesi mukulembeze nga abantu bakola bye baagala. Eno y'enkola y'okuwaayo nga bwofuna wosanga nga buli kyawandiikibwa kyenkanyenkanye n'ekirala era nga Yesu asobola n'okwogerera mu buli muntu w'omubiri gwe.

Bwetuyingira mu kubuulira okwamaanyi abakulembeze ebiseera ebisinga bateekateeka embeera nga balangirira oba okulaga nti oyo abuulira ddala "musajja oba mukazi wa Katonda"(Eno nkola ya mu ndagaano nkadde era buli ajikozesa ayolesa obutamanya ku ndagaano y'obubuulizi empya ey'abakkiriza bona) ani alina okuwulirizibwa nga tewali bibuuzo. Wano obukkiriza mu diini babulabira mu kukkiriza okutaliimu bibuuzo n'okwewayo eri omuntu n'ebisomesebwa. Eno y'enzimba ya buli kibinja.Baagala okubuuza okwabulijo era okutonotono. Eno si ye ekereziya ya Yesu.Buuza buli kimu! Mwoyo mutukuvu tasobola kkulunqnamya mu mazima gona nga tomubuuzizza bibuuzo.

Nga Yokaana bwe yalangirira mu Yokaana 2:24-27,"mwe kyemwawulira okuva ku luberyeberye kibeerenga mumwe.Kyemwawulira okuva ku luberyeberye bwekinaaberanga mumwe,namwe munaaberanga mu Yesu ne mu Katonda.Nakuno kwe kusuubiza kwe twasuubizanga,obulamu obutaggwawo.Ebyo mbawandiikidde olw'ebigambo by'abo abakyamya.Namwe okufukibwako amafuta kwemwaweebwa ye kubeera mu mwe,so temwetaaga muntu yena okabayigirizanga, naye nga okufuka kwe okw'amafuta bwekabayigirizamu bigambo byona era kwa mazima so si bulimba,era nga bwekwabayigiriza mubeerenga mu Ye"

Ekimu ku bizibu by'okbuulira,ensomesa y'enkungana eri nti olina okubaawo n'ekintu ekipya buli kadde okusobola okutunda ebitabo ebiwerako,okufuna enkungaana eziwerako,okutunda obutambi bw'ebifananyi n'okufuna ababalaba ku Tv abawera.Olina okufunayo ekipya okusobola okusobola okuyingiza sente n'okubeezawo obuweereza.Temuli mu bwakabaka kugenda ku kyalo kirala okutandika okusisinkanira ewaka okwesomesa ku by'obulokozi.Mwogera bwogezi na kutwala butwazi.Bwewayitawo akaseera,okufuna ekintu ekipya eky'okutunda,olina okutandika okukikola.Webuuza butya omuntu bwayinza okukikola? Ekyo si kizibu nyo bwoba ofuuse omuntu atunda ekigambo kya katonda. Bwogwamu ensonyi nova ku mulamwa n'ofuuka omutembeeyi w'ekigambo kya katonda,oba oseemberedde okutandika okutunda obulimba.

Ate okubeera abaamazima,abamalirivu ku lwa katonda abatwaala obuvunaanyizibwa bwabwe obusooka nga okbuulirira baliise abantu baabwe n'okubazaamu amaanyi bakole emirimu emirungi? Ekizibu ky'okbuulirira era kisigalawo.Okbuulirira abntu okulaba nga bakyusa n'okukola emirimu gy'obwakabaka kibanga kusoindioka mujuwa.Noolwekyo,omubuulizi yetamwa kubanga kitono ekibaawo.Naye,obukulembeze bw'obukulisitu tebutambulira ku kuzzibwamu maanyi.Ebigambo ebyo si bya Bayibuli.Obuku;lembeze bw'obukulisitaayo butambulira ku kubeera kya kulabirako n'okulaga abalala.Osika omuguwa nga gwe asoose okukola ekyo.

Nyumba ku nyumba,nkolagana ku nkolagana kwe kusika omuguwa.Ekikulu si kya si bungi bwa nbigambo,ndabika,kikula kya muntu na mbeera za muntu.Nyumba ku nyumba kiyamba okukuza enkolaganan'okulaga enkola y'obwakabaka.

Omuntu omu agambye nti abagoberezi tebafunirwa ku katuuti. Abagoberezi bafunibwa ku makubo.

Era, ate okubuulira? Kirina ekifo kitono nyo. Okunoonyereza kusobola okutwalibwa nti okubuulira kye kintu kyetukola nga tetunafuuka bakkiriza. Abakkolinso 14:26 kirina okugobererwa, omubiri gw'abakkiriza gujja kugabana akadde wamu mungeri ey'enjawulo. Buli gumu ku gyo gulina mwoyo mutukuvu. Tegyetaaga muntu jibuulira oba jisomesa.

"Kale kiri kitya ab'oluganda? Bwemukunqana, buli muntu alina oluyimba alina okuyigiriza, alina ekimubikkuliddwa, alina olulimi, alina okutegeera, byona bikolebwenga olwokuzimba."

Abakkolinso 14:26.

### **3 / Ate okusaba okw'ekikungu? Tetulina kufuna nkyukakyuka eyo?**

Kirina okutegerekeka nti okusaba kw'ekikungu sinkola ya mu ndagaano mpya. Kirina okutegeerekeka nti mu byasa bisatu ebyasooka mu ekereziya tewandibaddewo mirere, abayimbi b'omw'ekereziya, n'ebiyambalo ebiwanvu. Kirina okutegeerekeka nti era tewandibaddewo kunyumirwa bivuga bya bbandi, amaloboozi agawaggulu, okubuukabuuka, okuzina, kakube okusinza kw'okweraga. Enkola eno ereese okwogera ku ngeri y'ekikungu ku kubeerawo kwa katonda, obuzito bw'okusinza, okuzimba ekituuti ky'okusinzizaako kisobozese omuliro gwa katonda okukka n'ebirala. Olulimi luno lwogerwa mu ntegeera nti okuwonyezebwa n'okununulwa bibaawo mu mbeera nga abantu bafuna okulabikirwa kw'ekikungu n'okulaba okubaawo kwa katonda.

Ddala? Osobola otya okumanya enjawulo wakati w'okulabikirwa kw'ekikungu oba okusinza kw'ekikungu n'engeri abantu jebawuliramu nga bali mu kulaba omupiira oba nga bali mu kivvulu ekyamaanyi? Bino byona bibaamu abantu bangi nga bona bali ku kin tu kimu kuwagira na kunyumoирwa oba kuyimba era nga bawulira bali bumu naabo bebali nabo. Enzikiriza zonna zissa nyo essira ku bumu n'amaanyi g'okubeera abangi.

Naye, omukisa gwa katona okwanukula essaala oba okusaba kwaffe tegweyongeri nti olwokuba abantu beyongedde! Yakobo atugamba nti "essaala y'omuntu omutuukirivu ekola nyo mu

kuyinza kwayo” era naatuwa eky’okulabirako kya Eliya “(Yakobo 5:16-17).Tetuwlirwa lwa bungi bwaffe.Tuwulirwa lwa buntu bulamu bwaffe,bukkiriza wamu n’enkolagana yaffe ne Yesu.

Tutegeera tutya enkola y’ensinza y’ekikungu? Darren Brown,omungereza eyali omukulisu owamaanyi,yagambanga nti aba “othodox” bakozesa emisubaawa,obuwoowo,okuwalabula ebiligambo okusobola okufuula abantu abasanyufu ekisukkiridde olwo nebakteeka ku katonda nti yaleese essanyu lino.Darren yagambanga nga nti ensinza ya Kalizimatiki ekozesza okusinza okw’obulamu,amazina n’okubuulira okwokuddingana okusobola okufuula abantu abasanyufu era nebamaliriza nga bagamba nti essanyu livudde wa katonda.Kinyuma!

Twali twebuuzizaako lwaki abo bona abava mu nkungaana nga bawonyezeddwa,bamala okuwonyezebwa okwo ne kubaggwako? Okuddamu kwa Darren Brown kwandibadde nti embeera y’enkuṇjana ereeta embeera y’essanyu abantu webagambirwa “wulira okusiigibwa amafuta!”, “Obulumi bugenze?” “Owlira bulungi?” Mu mbeera eno ey’obutesalirawo omuntu aba takyawulira bulumi.Embeera y’okutegeererwa eno bweggwawo omuntu addamu naawulira obulumi era okuwonyezebwa nekuggwawo. Okuwonyezebwa okutabangawo kugenda.

Okusinza kwafuuka ddi okw’essaawa oba essaawa bbiri nga kwa kuyimba okukuleembeddwa ebivuga eby’abakugu?Ekigendererwa ky’okuyimba kyafuuka ddi eky’okuleeta essanyu eriyitiridde?Ensanza y’omundagaano empya bwe bulamu obwateekebwa ku Yesu mu buwulize obw’okwerekereza.

“Kyenvudde mbeegayirira ,abooluganda olw’ekisa kya katonda,okuwangayo emibiri gyamwe,ssadaaka ennamu,entukuvu,esanya katonda ,kwekuweereza kwamwe okwamagezi. So,temufaananyizibwa nga emirembe gino:naye mukyuusibwenga olw’okufuula amgezi gamweamaggya,mulyoke mukakase biki katonda byayagala,ebirungiebisanya,ebituufu n’okwagala kwa katonda okwaddala” Abaruumi 12:1-2.

Tewaliwo mu kyawandiikibwa ekyo,kyefaananyiriza ku kiki kiyinza kufunibwa mu ssaawa emalibwa nga tuli mu kuyimba.Mu mbeera bweti tubeera mu bya nsi.Twagala okunyumira era ebiseera ebisinga netubeeran’ekigendererwa kitono eky’okukkiriza Yesu nga tuvudde

wetubadde.Buli kusinza okwezikungu kubi? Nedda! Buli omu abeerawo lwa kunyimirwa bunyimirwa buli lwebaba bazze? Si bwekiri.

Naye,ekikuli kiri nti embeera eno telabikako yadde mu mazima g'endagaano empya oba engeri yona okuva eri Yesu.Buli ekikolebwa nga si kya Bayibuli kimaliriza kivuddemu bizibu yadde ndowooza ki oba bigendererwa ki abaakitandika zebaalina.Entegeera eziteesawo ensinza zino zoonona obutuufu bw'endagaano empya.

1/ Okusinza okukolebwa abakugu mu bizimbe kutuzaayo mu mbeera y'okusinza eri mu nzikiriza endala.Kifuusa okusinza ekivvulu era nga obulungi bwakyo bulabibwa okusinziira ku bukugu n'obuyiiya bw'omukulembeze.Mu bufunze,kifuula okusinza ekivvulu nga ekigendererwa kyakyo kulaga nyo mbeera ya bukugu nga bwekirabibwa abantu abakikola.Omuntu yaali mu ntabiro.Kino si kituufu mu diini.

2/ Okusinza nga ekivvulu kituzaayo mu ndagaano enkadde katonda yabeeranga mu bizimbe ebyenjawulo ne mu masinzizo.Omuliro gwe gwajjanga negugenda.Baalinanga amadaala mu bwa kabona era nga omulimu gwaabwe omukulu kwalinga kusinza mu mitendera gyssaawa mukaaga.Enkola y'endagaano enkadde eno ereeeteddwa mu nsinza yaffe eya leero nga bakozesa olulimi lw'okwaniriza mwoyo mutukuvu,mwoyo mutukuvu okukka n'okufuna abakugu abasobola era abalina obusobozi bw'okusiiga amafuta.Ddala mu butuufu tuzeeyo mu ndagaano enkadde.Endagaano empya eri ku ssuubi mu yesu n'okugulumiza Yesu.

3/ Ekgambo ekikozesebwa enyo mu nkungaana zino kiri nti katonda asisinkana abayala nti era tulina okuba abeetavu era abaagala enyo katonda.Katonda asisinkana abayala n'abali mu mbeera eyelalikiriza era tulabye nga atuukiriza nga tumwetaaze oba nga tumunoonyezza mu mbeera yaffe ey'enjala n'eyokweralikirira.Naye kifuuka mangu ekyendagaano enkadde.Ekyokulabirako "Tulina okukaabirira katonda aije atusisinkane",

"Tulina okulaba enfanana ye n'okubeerawo kwe wano." "Tuli okuzimba ekituuti omuliro we gunaagwa." Tulina okugenda eyo mu bifo ebiri waggulu "Tulina okulaba okubaawo kwa katonda" Bino byona byogerwa oba bikolebwa okwagalibwa oba okuganja n'okubeera n'embeera ey'esuubi.

Kibi ki ekiri mw'ekyo? Oba oli awo kitono nyo, naye bwe kiba kitusindiikiriza mu ndowooza n'enkola y'endagaano enkadde,tubeera mu bizibu.Baali balabikirwa okubaawo kwa katonda kubanga katonda teyabeeranga mu bantu be.Bagenda mu bifo ebya waggulu! Katonda ali eyo.Gerageranya olulimi olwo n'essaala eno,

"Kyenva nfukamira mukama,buli kika eky'omuggulu n'ekyokunsi kwe kijja erinnya,abawe mmwe,ng'obugagga bw'ekitiibwa kye bwe buli,okunywezebw n'amaanyi mu mwoyo gwe mu muntu ow'omunda. Kristo atuulenga mu mitima gy'ammwe olw'okukkiriza,mubeerenga n'emmizi munywezebwenga mu kwagala.Mulyooke muweebwe amaanyi okukwatanga n'amagezi awamu n'abatukuvu butya obugazi n'obuwantu n'obugulumivu n'okugenda wansi bwe biri,n'okutegeera okwagala kwa kristo okusinga okutegeerwa,mulyoke mutuukirire okutuusa okutuukirira kwona okwa katonda.Kale oyo ayinza okukola enyo okusingira ddala byona bye tusaba oba bye tulowooza,ng'amaanyi bwegali agakolera mu ffe,aweewbwenga ekitiibwa mu kkanisa ne mu kristoYesu okutuusa emirembe n'emirembe egitaggwawo. Amiina" Abefeeso 3:14-21.

Kakibeere mu luikungaana olunene oba olutono,waliwo abamu abafuna okuwonyezebwa n'abalala abatawonyezebwa.Ekyamagero kt'okuwonyezebwa ekibeerawo ebanga kisinziira ku mutima gwoyo awonyezebwa okusinga ekifo ewawonyrzbwa.Naye tusobola okwewaako obujulizi era tufunye obujulizi bungi obw'ebymagero by'okuwonyezebwa okwaddala ebyabaawo nga abaatusooka basabira mikwano gyabwe jebabeera ne ku makubo.Tewaliwo nyimba.Tewaliwo mbeera ya njawulo.Waliwo mbeera ey'akasirise ey'obukkiriza mu Yesu n'okukka kwa mwoyo mutukuvu okukola kubanga ayagala abantu era ayagala okuleeta ekitiibwa eri Yesu.Yesu gwawpnyezza asigala awonye?

Okusinza okutuufu bw'ebulamu obuwangaalirwamu buli lunaku na buli ngeri ku lw'okutendereza katonda.Okusinza okutuufu tekulina kakwate na nyimba yadde ebibinja by'abantu abangi.Okusinza kw'omundagaano empya kye kijjulo ky'omikwano we baagabulanqnebalinda buli omu.Tekyalimu kuteekawo mbeera oba ekintu okujja wansi.Kyali kikwata ku kristo ali munda na butya bwe tuyisa banaffe nga enyumba za mwoyo mutgukuvu.

Okwogera enyo ku njala n'enyonta ku lwa katonda kivvola embeera Yesu wagambira nti "Balina omukisa abalumwa enjala n'enyonta olw'obutuukirivu,kubanga abo balikkusibwa" Matayo 5:6. "Obutuukirivu" mu lunyiriri luno kiyinza okutegeerwa obulunji nga "obwenkanya" oba "obwenkanya bw'obuntu" Buno Si bulongoofu bwa muntu omu obw'omunda naye nkologana ntuuufu,obwenkanya eri abaavun'okuyamba ba mulekwa ne banamwandu.Bwoba nga buno bwe butuukirivu bwonoonya,tekikwetaagisa kugenda mu nkunqana okubufuna! Genda ku makubo okukikola.Onoonya Yesu mu batono.

Singa enjala yo eba ya Yesu,ne Yesu agamba nti tali na bantu kyenda mu mwenda abali obulungi naye agoberera omu eyabuze (Lukka 15:4) Era oba okyagenda ku nguudo.

Pawulo yakola ki nga anoonya katonda?Teyageinda Yerusalem ewaali enkungana ezaamanyi.Yagenda mu ddungu.

Yesu yakola ki ?Genda joyinza okunoonya klatonda nga tolina kikusumbuwa,kikutawanya oba kikugya ku kigendererwa.Musisinkane mu nyumba y'omutima gwo.Musisinkane mu kifo ekyekusifu.Yesu mu gwe ye ssuubi ly'okutendereza. (Abakkolosaayi 1:27.)

Ekirala kyona kye kitegeeza,kakibe enjala oba enyonta ku lwa katona tekitegeeza nti ogenda mu nkungaana ezitaggwa.Ekyo abasumba abamu kye baagala okkirize naye ate bakola sente zaabwe nga bakuba enkungaana.Okugenda mu nkungaana si kye kikakasa nti oli muyala oba muyonta eri katonda.Kisobola kutegeeza nti oleese enkola y'ediini etunuulira enkungana ezitegekeddwa ban a diini aba kalizimatiki.

**3/ Ate okulemerako n'okufaayo kw'obusumba? Tetwetaaga kulaba nti abantu ddala batambula ne katonda? Osobola otya okubeera n'omuntu w'amazima yekka akabanga katono ate n'obaleka?**

Endagaano empya elaga nti Pawulo teyabeeranga mu kifo kimu.Yabeera mu Ephesus okumala emyaka ebiri n'obujulizi nti ku lulwe bona abiali babeera mu Asia baawulira ekigambo kya Yesu kulisito,bonna Abaju n'Abaguliiki.(Ebikolwa 19:10)Kiki ekikyuka wano?

Essomero lye Tyrannus eno Pawulo jeyetabanga n'obubinja bw'abantu abatonotono. Butya Asia yonna bwe yandiwulidde ekigambo kya katonda okuva awo? Ephesus kyali kifo kya byanfuna na bya diini. Pawulo yayitanga era naabuuliranga abo ababanga bazze oluvanyuma nebagenda ate abalala nebatwala ekifo kyabo. Abagoberezi bano baddangayo ewaka era olwekyo Asia yonna n'ewulira. Enkyukakyuka yali kuweereza na kufuna bagoberezi so si kusikirizabusikiriza.

Pawulo yakimanya nti yali asima musingi ggwa yesu mu bulamu bwabwe era n'okubeesiga eri Yesu nga bwabasindika mu nsi. Wuliriza Pawulo mu 1 Abakkolinso 3. Essula eraga amaanyi gh'ebikolwa bya katonda mu bulamu bw'abantu be. Pawulo yalina obukkiriza obwenkomeredde mu maanyi ga katonda okukola. Wuliriza ku nyiriri zino ezikwata ku kukola kwa katonda.

“katond yawa buli omu”

“naye katonda naawa okwongeza”

“kubanga tuli bakozi ba katonda”

“muli nimiro za katonda”

“muli nyumba za katonda”

“ebintu byona byamwe”

“muli ba kristo ate kristo wa katonda”

“Okusinziira ku mukisa gwa katonda ogwaweebwa nze nga mukama wammwe omugezi, ntaddewo omusingi n'omulala \zimbire k'ogwo. Naye buli omu abeere mwegendereza nga aguzimbirako. Kubanga tewala musingi mulala gujja kuteekbwawo gutali ogeo ogwateekbwawo Yesu kristo.”

Buli jeyalaga, Pawulo yateekangawo omusingi bwegutyo era n'amanya nti omulimu gwe gukoleddwa. Yalekanga ekereziya oluvanyuma Iw'emyezi esatu oba ena etra naaba n'okukkiriza nti katonda ajja kugenda mu maaso n'okujizimba. Omusinji ogwo gwe guliwa? Omusingi ogwo yali Yesu.

Yesu yafaabantu basobole okubeera mu ye. Yesu yafaabantu basobole okuwulira edoboozi lye. Yesu yafaabantu basobole okujuzibwa omwoyo gwe. Yesu yafaasobole okuba omukulu oba omukulembeze w'abantu. Yesu yafaasobole okubalaga katonda. Yesu yafakeitiibwa kye kifuuke okununulwa kwamwe. Yesu yafaasobole okuba wakati w'abantu ne katonda. Yesu yafaasobole okubawa obuyinzabw'erinnya lye.

Pawulo,kyeyava aleka buli azimba azimbire ku musingi ogwateekebwawo Yesu.Teyagezaako kubakugira kuva mu nsobi.Yali tabakuza.Yali abasajjakuza.Omuliro gwali gugyayo kyebaali bazimbye.Bwe baba baasanyawo katonda kye yazimba,katonda yandibasaanyizzawo.Pawulo teyatwala buvunaanyizibwa ku ki omuntu omulala kyeyazimba.Yali yabakwasa katonda.

Kino kyakola kitya?Ensonga enkulu ebiseera ebyo zaali nti lunaku ki olwa week olw'okukuṇṇana era wa era oba baali tyebalina kulya nyama ewereddwayo ku lw'abakatonda abalala (ebibumbe).Wandilowoozezza nti Pawulo omutume,ow'okubikkulirwa,eyatandika ekereziya era taata w'abakkiriza yali asobola okukozesa obuyinza oba amaanyi okutereeza ensonga.Naye kino teyakikola.

Mu baluumi 14 ateeckawo ensongangirira, n'ebigobererwa naye teyakola mateeka okugyako ery'okwagalana.Mu 2 Abakkolinso,1:24 "Si kuba nti tufuga okukkiriza kwammwe,naye tuli bakozi bannamwe ab'essanyu lyammwe:kubanga okukkiriza kwe kubayimiriza." Bambi many anti bino byagambwa abaalu batanakkula mu nzikiriza mu ekereziya nga abafaako.Mu nsongaz'empisa,teyalagiranga wabula yabuuliriranga.Singa yalina obuyinza ku kukkiriza kwabwe,yandibakkanyizza.

Lwaki yandibakkanyizza? Yali yateekawo omusingi gwa Yesu.Bwaaba nga teyawa kitiiibwa na kwesiga musingi ogwo,olwo abaluumi bandiyinzizza batya? Pawulo yali alese Yesu yezimbire ekereziya ye.Yali akola Roland Allan kyayita "enkola y'okubivaamu." Singa taata yasalawo buli kamu,olwo abatabani baba si baakukula.

Tewaliwo kiyitibwa kulekerwa buyinza mu nkola ya Kristo oba mu mubiri gwa kristo.Waliwo buyinza bwa kristo bwokka.Kristo awa obuyinza bwe eri buli muntu w'omubiri gwe.Obuyinza obwokweyambisa eri buli muntu.

Bwoteekawo omusingi gwa Kristo,oba olina okubivaamu era bo n'obaleka ne batwala obuvunaanyizibwa bwabwe nga abantu b'omukibiina ekyo eky'omubiri gwa Yesu.Bwotakola ekyo,bajja kufuuka abatasobola kubeerawo nga tolliwo.Ekyo kikwonoona nabo ne kiboonona.Olwo obukulembeze buva ku kukola nga eky'okulabirako ne bufuuka obw'okulaga obuyinza n'obufuzi ku bantu abakulemberwa.

Ye,abantu bangi baagala kabaka era abantu bangi baagala okubeera ba kabaka.Ye,ekyo kisobola okubeera nga eky'obuwanguzi era eky'amaanyi mu kaseera akatono.Naye n'obwakabaka bwa Solomooni tebwawangaala.Abamu ku mwe kati mugamba, "Bino bijja kuleeta obwegugungo n'okweyagaliza." Ddala kijja kuba kityo naye okwo kwe kwewaayo Pawulo kweyali yewaddeyo.Kisingako okulaba emitima okusinga endabika yaffe ebyambalwa olw'okwagala obuyinza.

Oluvanyuma lw'okwagala ku lukuṇjana lw'abakulembeze emyaka ejayita,nawulira omusajja omu nga agamba nti singa aleka abantu be okufuna eddoboozi lya katonda ,nga bwenali njogera ,abasing ku bagoberezi baali bajja kumulekawo.Abaali bamuwuliriza bakkiriza.Ekyo bwekiba kituufu,ozimbira mu ngeri zanjawulo enambulukufu oba ez'amateeka. Bwekiba bwekityo,kisingako okulaga ekyo mu luberyeberye okusinga oluvanyuma! Kisingako obutabaako kikolebwa.

Bwoba oteekawo omusingi gwa Yesu mu mulala,kisingako gwe obeere asoose okulaga nti weesiga omusingi ogwo oba si kyo abagoberezi bon abo tebajja gwasiga.

Katonda ategese ekifo eri ye okwetoloola buli musajja n'omukazi.Ye kye kitiiwbwa kyaffe era yaasitula emitwe gyaffe.Ensonga emu abakulembeze baamadiini jebatamanyi,nti bali mu kifo katonda ye kenyini kye yetegekera.Buli lwetufuula abantu okubeererawo ku ffe,tuba tututte ekifo kya katonda.Osobola okutuula ku ntebe ya katonda bwoba oyagadde naye mazima kiruma bwatuula wansi.

#### **4/ Ate abasumba n'ebirabo ebiweebwayo,obwo si buyinza bwa kristo eri ekkanisa?**

Waliwo ekifaananyi ekifaanagana eri abasumba okuva ku buweereza obupya obw'abasumba nga omuntu akuṇjanyaamakanisa era n'agafuga.Omuntuakuṇjanya ekereziya eziriwo si musumba wa mu ndagaano mpya.Babeera bakulembeze ba nzikiriza naye teriiyo kirala.Omusumba

w'endagaano empya yooyo aggulawo ebifo ebipyा eby'okufunamu abagoberezi.Bebatandisi,abatuufu abaatumwa.Si be boogezi b'omumyoleso n'abazanyi b'okusiteegi.

Emyaka mingi kibadde kya bwenkanya okwogera ku buweereza bw'abataano.Kisanyusa nti Abeefeeso 4:11 lwe lunyiriri lwokka oluboogerako mu ngeri bweti.Bingi bizimbiddwa ku lunyiriri lumu! Waliwo n'olunyiriri olulala olwogera ku kubatizibwa ku lw'abafu.Kituufu, waliwo.Kiri mu 1 Abakkolinso 15:29.Lwaki tetulowooza nyo ku lunyiriri olwo? Tlina obuzibu okubatyiza ku lw'abafu era mugezeeko obutayogera ku lunyiriri olwo.

Naye,obuto,obutabeera batebenkevu n'abo abayayanira obuyinza nga baagala nyo okwogera ku Abeefeeso 4:11 kubanga eraga nti waliwo amaanyi mu mubiri gwa kristo.Mu nsi y'okwefaako kinoomu n'okwelowoozako ffeka,twenyumiririza nyo mu bitone katonda bye yatuwa,okuyitibwa kwaffe n'ebifo byetulimu.Mu kutegeera obwa kabaka bwa katonda nga obw'emitendera,tufa nyo ku wa wetugwa mu nzimba y'amaanyi gano.

Kika kya mukulembeze ki oyo anoonya enkolagana n'obumu ku buweereza bw'abasumba?

Kika kya mukulembeze ki anoonya taata ow'obusumba? Kika kya mukulembeze ki anoonya ebitiibwa n'amayinja? Ekika ky'omukulembeze atateredde era atamanyi ki ye kyali mu Yesu.Bannonya amaanyi n'obuyinza nga bayitira mu bibiina.Baba banoonya bukuumi era baagala bategeere nga ekibiina okusinga okutegeerwa nga aba Yesu.Tekimala kubeera na Yesu nga mukama wammwe?Tekimala kubeera na katonda nga owawaggulu? Tekimala kubeera bubeesi omu ku bantu b'omumubiri gwa Kristo?

"Era tewali muntu afuka omwenge omusu mu nsawo ez'amaliba enkadde,bwekiba kityo omwenge gwaabya ensawo ez'amaliba, omwenge negufafaagana n'ensawo ez'amaliba zoononeka;naye omwenge omusu gufukibwa mu nsawo ez'amaliba empya." Ensawo z'omwenge ez'amaliba empya si ngeri mpya kkanisa mu bisenge bina ne mu nkola y'obukulembeze ey'emitendera.Teri afaayo singa otambuza ebibajje munda mu bisenge ebina oba butya bwowogana.Teri afaayo obo okozesa kawoowo obo bbendera obo eñoma.Naye,bwogamba nti ekikulu mu bwakabaka bwa katonda mikwano wansi w'omukulembeze omu,Yesu,nti era

bwakabaka obwewunzise wosanga nga obukulembeze bwa kuvuganya okutuuka wansi,oli mu buzibu.Muli wabweru wa diini era eky'okwerariikirira eri abantu abakyali ku diini.

Ensawo y'eddiba empya bwe bwakabaka obwewunzise.

Ensawo y'eddiba empya ye mukulembeze w'abakkiriza.

Ensawo y'eddiba empya ye ekereziya ey'abemikwano.

Ensawo y'eddiba empya bwe bwakabaka bw'abasumba.

Ensawo y'eddiba empya y'enkolagana ejjidde omukwano era nga buli omu amanyi ebya munne okusinga amaanyi n'obuyinza mu kakundi akamu.

Kituufu abamu bajja kugamba nti buli omu alina omugaso gwe gumu nti era fenna twenkana mu mbeera zaffe naye nti tulina emigaso janjawulo.Ekyo kituufu naye naye tukozesa emigaso ejenjawulo jetulina okutendereza katonda oba egimu ku migaso egyo giwa abamu obuyinza okuwa abalala olukusa oba okulubajjako? Obuvunaanyizibwa ku kuwa olukusa kituzaayo mu nkolagana ezikulembeza amaanyi.Kino kye kitabo kya George Orwell ekiyitibwa "Amaka ga bawansolo" wosanga nga ensolo zonna zenkana naye nga ensolo ezimu zenkana okusinga wendala.

Ebirabo by'obusumba bwa bataano tebuli ku bifo,ku buyinza oba ekifo mu bukulembeze.Bwolabirira abali obubi,ensi n'omubiri gwa kristo,bwofuuka omuweereza wa bona,obulamu bwo buvaamu ebibala ebyenjawulo.Mikwano gyo bwe balaba ebibala ebyo, batandika okusabira nga omusumba ,nabbi,omubuulizi w'ebjiri,omusumba oba omusomesa.

Oba osanga jemitendera mu bulamu bwaffe.Tutandika nga ababuulizi b'enjiri nga tubuulira ab'oluganda n'emikwano ku bulamu bwaffe obugya ne Yesu.Buli lwebajja eri Yesu,tutandika okubasomesa ku katonda n'obwakabaka bwa katonda.Tubabuulirira nga tuyita mu kuwonya ensonga ez'enjawulo mu bulamu nga tuyitira mu kusonyiwa,okwetonda n'okwogera amazima. Buli lwe tukula era netuyamba abantu mu bubinja nabo okukula,tutandika okugenda mu bitundu ebiggya okutandika buto ate okutandika ne Yesu n'okufuna abagoberezi beyongere. Tufuuka

abatume nga bano bebasembayo mu bufuzi bwa kristo obw'abaddu,era abasing okwolekera obuzibu.

Oba obusumba bw'abataano zengeri butya Yesu bwakola mu bulamuj bwaffe mu kwagala n'okuweereza abntu nga obwetaavu bwe buba buzz.Kubanga tuli bamu ku bantu b'omubiri gwe,ye yolekera mu ffe mu bujuvu bwe nga twetaaze okukola nga abasumba ,ba nabbi,ababuulizi abasomesa oba abatume.

Buli kyona obuweereza bwo kye buli,bwoba olabye Yesu,oija kumanyi nti okumanyibwa kwo tekuli ku byokola wabula mu Yesu kristo.Bwoba olabye Yesu oija kumanya nti waliyo mukamaawo omu nti era fenna tuli baamikwano,waliyo omusomesa omu era ffena tuli bayizi,waliyo katonda omu era ffena tuli bantu be,waliyo mwoyo mutukuvu omu era ffena tuli maka ge.

Buli kyona ekirala kyetuyinza okulowoozako,tekirina kubeera kyakufuna bifo na buyinza.Kiri ku mukwano na kukola.Tekiri ku kukuñanya makanisa kugateeka wansi wa bukulembeze bwo. Kiri kukujja bantu mu buwambe ku bulamu bwabwe n'ekifo kyabwe mu Yesu.Bino bigya mu maliba g'omwenge amapya ,okubeera eky'okulabirako n'ebikola okusikiriza abalala so si nsawo za mwenge enkadde ezijjudde obuyinza n'okulagira.

##### **5/ Ate okubuuzibwa embalirira? Tekyetaagisa bifo bya buyinza okufuna abantu ab'okubuuzibwa?**

Okusookera ddala kijja ku kubalirira okwewala abasumba webabeerera wansi w'omusumba kiki ekibaawo?Basobola okuyisibwa nga obutiko,bakuumibwa mu kizikiza nebeweebwa obusa bw'endogoyi.

Omukulembeze wansi waabwe ayagala akukola ebisikiriza,noolwekyo ayogera ebyo byoka ebirungi.Ebintu ebibi bwe bijja,bibeera mu kusika mugwa era omukulembeze owa waggulu talina budde oba obwesigwa obwetaagibwa okukola ku kintu ekimazi akabanga nga weekiri.Asuubirwa kukola bya mageron'okunogera ekizibu eddagala nga omufuusa bwajjayo akamyu okuva mu nkofiira.Mu biseera ebyo,waliwo obukyaamu era bantu baabulijo baamanya oba baatebereza nti waliwo ekikyamu naye tebalina kyebaakolawo kubanga obwo si bevunaanyizibwa bwabwe. Ebiseera ebisinga abakulembeze abakulu tebaagala kubuuzibwa nyo kubanaga ebibuzzo ebyo

biyinza okukosa enyingira ya sente. Singa kyakolebwako ekibinjan kya b'emikwano abeesigwa era aboogezi b'amazima,nga ensonga ntono,wandibaddewo obusobozi bwa maanyi obw'okuwangula.

Mu mazima,omusajja yatandika okulimba eri mwoyo mutukuvu,lwaki olowooza bajja kubuuzibwa ku ggwe?

Okwogera amazima kye kimu ku byamazima wakati w'omuntu ku muntu.Okukkiriza ensobi nakyo kye kimu ku byo.Okwogera amazima n'okwewaayo tebiri ku bukulembeze na daala lyabwo naye ku mukwano,okwesiganjana,okukola obwanakyewa,obuntubulamu n'eddembe okuva mu kutya okunenyezebwa.Okwogera amazima n'okwewaayo bibaawo mu mbeera etaliimu kuvuganya n'akulwanira buyinza.

Ebitiibwa mu bukulembeze bizaala okwefuula omuntu kyatali.Olina okulabika obulungi okusobola okwambuka amadaala.Okwagala okulabika obulungi kitegeeza nti okulemwa n'obunafu bibikkibwa.Ebiseera ebisinga abo abakulakulana beebo ate abanafu era abatategeerekeka.Bamanyi butya bwe bazannya akazanyo k'okufuna obuyinza.Akamu ku katundu k'akazannyo aka

O kali nti bwenkuyisa obubi naawe mpisa bubui,bwenkubikkirira naawe mbikkirira.

Endowooza z'bitiibwa n'encola y'obuweereza byonoona emikwano.Abo abaabiomanyiira tebefiirayo kubanga bazannya omuzannyo gwe gumu.Kitegeerekeka nti okozesa abalala n'abo ne bakukozesa naye ekkyo kikkirizibwa nga ekitundu ky'okukulakulanya obusumba.

Yesu yateekateeka obwakabaka bwe okufunamu abooluganda abawamu abawerako.Yayita abayigirizwa be mikwano gye.Tewaliwo neyisa yona eyinza kudda mu kifo kya kugabana biri ku mutima na n'okumanya ku bulamu bw'emikwano.Okubuuzibwa embalirira tekuyinza kakibwa yadde nga omuntu omu ayinza okuba n'obuyinza obw'amaanyi ku balala.Tetwatondebwa kubeera na biffo bya waggulu.Twatondebwa kubeera ba mikwano eri katonda n'eri bantu banaffe.

Ekisinga obulungi okweyita kwe kwetita ab'omukwano.Ka tugoberere Yesu nga mikwano gye era tubeere ba mikwano eri banaffe.

## **EBIRALA EBYONGERA OKUNYIKIZA KU BYOGEDDWAKO.(APPENDIX # )**

### **1. ABATUME ,ABADDU BA YESU ekya Brian Dodd.**

Lwaki abasumba abamu befuula abeekitalo enyo ate aba waggulu enyo? Lwaki abantu abamu bagamba nti tewaliwi basumba leero? Pawulo akyogerako nga ekimu ku bitone ebitaano ebyetaagibwa okuzimba n'okukuza ekereziya.Lwaki abantu abamu balowooza nti katonda yagyawo ekitone kino oba ekirabo kino?

Eky'okuddamu kiri mu butakaanya ku butya Omusumba bwelyali (mu ntegeera y'abaguliiki n'abalooma),era kisinziira ku ntegeera y'amadaala g'obukulembeze eteeka abasumba ku ntikko nga ate ekereziya y'endagaano empya ebateeka wansi ewasooka.Entegeera y'obukulembeze mu ndagaano empya nti erina okutereeza entegeera yaffe eri abasumba ye y'okunaaza ebigere, abaddui abawansi,n'okwekakanya okubeera abaddu ba bi

Uli omu(Matayo 20:20, 1 Abakkolinso 9:19).

Omusumba mu nsi yedda ye muntu atumiddwa obutumwa .Omusumba ye muntu eyali atumiddwa okukola obusuubuzimku lw'abalala.Waaliwo boogezi nga sib a diini n'akamu.Baalinga baddu abataalimu nyo mugaso .Okutambula mu nsi yedda kwalinga kwa bulabe era ekintu ekitaali kyangu bantu kusalawoAni yalina obuyinza okusindika abantu ku lulwe?Eyalina omuddu oba oba omukungu wa gavumenti oba akulira amaggye. Omuntu eyatumwa nga (omutume/omusumba) yali talina kjesalirawo.Ku lwa government oba omukulu w'amaggye,omuntu eyatumwanga n'ebiragiroyabanga atambula n'a bemmundu oba abalina eby'okulwanyisa.Omutume omuddu yabanga talina bukuumi obwo. Mukama waabwe

yalondangamu omuddu gweyali omweteeefuteefu okufirwa,era n'asindika oyo addukanye eb'enfuna ye mu kifo ekiriko ewala ko.Omutume omuddu ayinza okuba kyenkanyi n'omuddu wawaka owa wansi eyaweebwanga omulimu gw'okunaaza ebigere(Yokaana 13).Era abatali ba nkizo nyo nga batumwa.

Pawulo yejjayo nga omu ku baddu abaatumwa mu ngeri nyigi mu mabaluwa ge. Pawulo omuddu wa Yesu Kristo yayitibwa okubeera omutume era naatekebwawo ku lw'enjiri ya katonda.(Abarumi 1:1) Pawulo mu mabaluwa ge agasinga yayitanga nti,"ndi muddu eyatumwa Yesu eri abantu abatali Baju(non jews) okubatuusako amawulire amalungi nti obwakabaka bwa katonda bujjidde mu Yesu kristo" Abasomi ba Bayibuli abazungu bakisanga nga kyanguobufafaayo ku mbeera ya Pawulo eno,olw'okubanga ebigambo 190 eby'oluguliiki ebikozesebwa okutegeeza obuddu mu ndagaano empya bifunziba mu kigambo kimu "omuweerezaa" Eno si ye nzivuunula etuukiridde kubanga mu biseera bya Pawulo,ebitundu by'abantu kimu kya kusatu mu bwakabaka bwa Balooma baali bakulu abaalinanga abaddu.Abantu ekitundu kimu ku bisatu baalinga baddu ate era abantu ekitundu kimu ku bisatu nabo baalinga baaliko abaddu.Pawulo akirambulula bulungi kyategeeza,obuddu eri Yesu kitegeeza obwananyini bwotaliimu;Yesu ye mukama w'abantu oba nannyini baddu."Kubanga kaakano mpembera bantu nandiki katonda?Nandiki nsala amagezi okusiimibwa abantu? Singa nail nga nkyasiimibwa abantu ,sandibadde muddu wa Kristo"( Abaggalatiya 1:10)

Ekizibu ekirala kwe kutegeera butya ekigambo "omutume bwezikozesebwa mu Bayibuli" kye kifaananyi kyeturina mu bwongo bwaffe nga tulowooza abayibirizwa ekkumi n'ababiri aba Yesu nga beetikidde engule ku mitwe gyabwe.Baali bantu ba waggulu nga balina n'obuyinza bungi,era baali batono nnyo. "Omutume" tekyali kitibwa kya kya bukulembeze bwa waggulu.Nga Yesu tanabawo n'olvanyuma lw'okubaawo kwe "abatume " baali baddu ba wansi nga tebalina buyinza bwabwe,era baali ba bulijo nga aboozi ba masowaani leero. Sionga tukola obuddu nga bwebaakolanga mu mirembe ejayita,bwewandigambye "omutume" leero,tewali yandilowoozezza ku mukulu wa kifo kiriirwamu,nanyini kyo.Bandilowoozezza ku boozi ba bintu. "Omutume" kyali tekitegeeza wa wagguluoba buyinza, naye ekyali kitegeeza omuntu owa wansi.

Bwewateekangako ekigambo kristo,kino kyategeezanga ani omutume gweyali akolera. Yesu ye mukungu,yatuma abagoberezi era bwe boogera yaaba ayogera.

“Obutume” si kigambo kya byawandiikibwa.Bwetuba twogerera mu byawandiikibwa,nandinyonyodde lwaki abatume abaddu (nga okuyamba.okuwaayo,ekisa n’ebirala) bwe byaali ebitone ebyaliwo abiseera ebyo era byebirina na kati.Waaliwo abatume bangi mu ndagaano empya abataali ku kkuminababiri oba Pawulo,abatawandiika byawandiikibwa era abatandikititte nga kikulu kuweebwa bitiibwa oba ebifo ebya waggulu. Katonda atuma era alagira abagoberezi be okugenda eri abo ababuze ,si kulinda bo kujja jetuli.

Abakulembeze bangi bawulidde oluvuvuumo ne basoma ebitabo era ne baagala okubeera nga abatume mu bukulembeze bwabwe nga ate basigala bavunaanyizibwa ku bukuumibwa bakulisitu abamu.Tekisoboka kolebwa. Okubeera omutume kitegeeza okwewaayo,okubeera owa wansi era nga oli mwetegefu okuteeka obulamu bwo mu kabi.”Kubanga ndowooza nga katonda ffe abatume yatwolesa; enkomerero ng’abataaleme kufa ,kubanga twafuuka ekyerolerwa ensi ne bamalayika n’abantu.Ffe tuli bassirusiru ku lwa kristo.... ” (1 Abakkolinso 4:9,10)

Abatume baweebwayo katonda eri ekereziya n’ensi nga ekirabo (Abefeeso4:11),era betaagibwa nyo.Ekereziya etalina batume ebanga omuliro ogatalina nnimi.Kikyamu ki ekiri ku mubiri guno? Ebitone ebimu tebikozeseddwa era tebiweereddwka katonda,omulimu gw’omutume kwekuyamba omubiri n’okukuza ekereziya , Abeefeeso 4:11 ff.Abatume abasing tebasangibwa mu ekereziya nga bwetukimanyi,era eyo y’ensonga lwaki enim z’omuliro zakira walala. Yesu ye mukungu,nga bwe yatumwa era noolwekyo naye atuma abo baalinako obuyinza okutoba n’okuweereza okumanyisa okubaawo kwe n’okujja mu bujuvu kw’obwakabaka bwe. Abatume ne ba nabbi y’entandikwa ya ekereziya nga katonda bwakyagala.(Abefeeso 2:20;3:5,6)

Twagalabateebwe.Batume na banabbi ba bulijo ,tebalina kye bali era bafuuse kyebali eri katonda nga bayita mu kristo.Tetwogera kun kola mpya ya musajja kulaga kivvulu era katonda abamu yabawa bwa banabbi ate abalala batume.”Tetukyetaaga bantu ssekimu beefula ba kitalo nyo.Twetaaga eky’okulabirako kya ki kye kitegeeza ku kwewaayo eri banaffe nga tuyitira mu Kristo.”(Abeefeeso 5:21)

Katonda omulungi,sindika abakozi mu nimiro zo ez'okukungula enene.

[brianjosephdodd@yahoo.com](mailto:brianjosephdodd@yahoo.com)

1/14/2007

Olukusa luweereddwa okukozesa era n'okuweereza.

Brian Dodd (Yakuguka mu ssomo ly'endagaano empya,okuva mu ssetendekero wa Sheffield) ye muwandiisi wa "Empowered church leadership: Obukulembeze mu by'omwoyo okusinziira ku Pawulo omutume"

Kyakubibwa mu: Downers Grove: Inter Varsity Press,1991.

## **2 ABAKULISITU OKUSINKANA EWAKA MU NDAGAANO EMPYA.**

Tutandika okunyikiza kuno nga tugoberera enkola ya Lukka na butya Yesu bwe yakulemberanga mu maka.Kituufu,ye ne Pawulo n'abayigirizwa abalala bakulembererako mu masinzizo ne ku mbalaza za yeekalu mu ntandikwa y'ekitabo ky'ebikolwa.Naye kirambulukufu okuva mu bikolwa nti Pawulo yavaayo n'okusalawo obutaddayo kugenda eri Baju(abayudaaya) wabula mu Bajentayiro(abayonaani) Ebikolwa by'abatume era bitulaga nti Abayudaaya bangi bakkirizza era baagala nyo eteeka "Ebikolwa 21:20". Naye,akabinja ka ekereziya kano tekaasobola kubeerawo kusussa kyaasa kya kusatu,kubanga abagoberezi ba Kristo bano baddayo mu nkola enkadde ey'okusinziza mu bizimbe.

Yadde nga kituufu waaliwo ebifo bingi ebyokusinkanangamu mu kusooka naye abo abawandiikirwa endagaano empya baasisinkananga wona obulamu we butambulira era nga awo we waka.

**A / Obujulizi obweylefu bwa mirundi mwenda okuva ewa Lukka, obulaga Yesu nga akolera mu maka g'abantu.**

Lukka 5:19,Bwebataalaba wa kumuyingiriza olw'ekibiina ,nebalinnya waggulu ku nju,nebamuyisa mu mattofaalinebamussiza ku kitanda kye wakati mu maaso ga Yesu.

Lukka 5:29, Levi namufumbira embaga nnene mu nyumba ye:era waaliwo ekibiina kinene eky'abawooza n'ekyabalala abaali batudde nabo ku mmere.

Lukka 7:3,Awo omufalisaayo omu n'amuyita okulya naye.N'ayingira mu nyumba ey'omufalisaayooyo n'atuula ku mmere.

Lukka 10:7,Mubeeranga mu nyumba omwo nga mulya nga munuya ebyewaabwe,kubanga omukozi w'omulimu asaaniraempeera ye.Temuvanga mu nyumba emu okuyingira endala.  
(Ekiragiro kya Yesu okutandikawo okusa kw'omu maka)

Lukka 10:39,Naye yalina muganda we ayitibwa Malyamu,eyatuulanga awali ebigere bya bya mukama waffe n'awuliranga ekigambo kye.(Amaka ga Malyamu ne Martha gaali maka ewasangwanga Yesu.)

Lukka 11:37,Awo bweyali nga ayogera,omufalisaayo n'amuyita okulyaemmere ewuwe:n'ayingira n'atuula ku mmere okulya.

Lukka 14:1,Awo olwatuuka bwe yayingira ku ssabbiiti mu nyumba y'omukulu w'Abafalisaayo omu okulya emmerene bamulabirira.

Lukka 19:5,Awo Yesu bwe yatuuka mu kifo w'ali,n'atunula waggulu n'amugamba nti,Zaakayo,kka mangu;kubanga leero kingwanidde oktuula mu nyumba yo.

Lukka 21:11, Olwo ojja kugamba nanyini nyumba,"omusomesa agamba gwe,ekisenge ky'abagenyi wenaalira n'abayigirizwa bange kiri ludda wa?Era ajja kubalaga ekisenge ekiyooyoteddwa obulungi waggulu;awo we mweteekerateekera. (Ekijjulo ky'okwagalana kyateekebwangawo nanyini maka.Kyali kijjulo ekilongooseddwamu kwekyo ekyeggulo ky'Abayudaaya ekiliibwanga mu maka nga abaawaka)

B / Obujulizi bwa mirundi kkumi n'etaano eri ekereziya mu maka mu ndagaano empya.

Bwetwegendereza Lukka 10,tukitegeera nti Pawulo yateranga okuwandiikira ekereziya y'ekibuga era n'aaba obujulizi ku ekereziya z'ayogeddeko mu maka g'abakkulisitu ab'enjawuli. Ekereziya z'awaka zino ez'enjawulo ze zaakolanga ekkanisa y'ekibuga.Abakulu b'ekereziya abaalabiriranga ekereziya mu kibuga baalondebwanga okuva mu ekereziya z'awaka.Abakadde baalinanga obuvunaanyizibwa bwonna ate abadyankoni nga be balabirira ba mulekwa ne ba namwandu.

Naye Pawulo teyawandiikira bakadde bano mu ekereziya naye eri abakkiriza.Teyalagiranga bantu bakulu bano ku kiki eky'okukola naye yagambanga bakulisitu bona.

Ebikolwa by'abatume 1:13-14, Awo bwe baayingira nebalinnya mu kisenge ekya waggulu webaatulanga;Peetero ne YUokaana ne Yakobo ne Andereya,Firipo ne Tomasi,Battolomaayo,ne Matayo,Yakobo omwaana wa Alufaayo ,ne Simooni Zerote,ne Yuda omwana wa Yakobo. Abo bona baalinga banyiikira n'omwoyo gumu mu kusaba,wamu n'abakazi ne Malyamunnyina Yesu,ne baganda be.

Ebikolwa 2:2, Amangu ago okuwuma nekuba mu ggulu nga empewo ewuma n'amaanyi,ne kujuza enyumba yonna mwebaali batudde.

Ebikolwa 2:46,Nabo nga banyiikiriranga bulijjo n'omwoyo gumu mu Yekaalu,nga bamanya emigaati mu nyumba eka,nebalyanga emmeren'essanyu n'omiutima ogatalina bukuusa.

Ebikolwa 5:42,Buli lunaku mu yeekaalune mu nyumba eka tebaayosanga kuyigirizanga n'okubuuliranga Yesu nga ye kristo.

Ebikola 8:3,Naye Sawulo n'agirira ekkanisaekyejo kingi,nga ayingira mu buli nju,nga awalula abasajja n'abakazin'abateeka mu kkomera.

Ebikolwa 10:24,.....Awo Koluneeriyoyali nga abalindiriranga akunyanyizzaab'ekika kye n'aabali mikwano gye enyo.

Ebikolwa 12:12,Bweyalowooza n'ajja mu nyumba ya Malyamu eyali nyina,Yokaana erinnya lye ery'okubiri Makko,mwebaali bakuñjanidde abangi nga basaba.

Ebikolwa 16:15,Awo ye n'abantu be ne babatizibwa.....

Ebikolwa 16:25-34, mu nyumba ya Ludiya omufilipino.

Ebikolwa 16:40, Ne bafuluma mu kkomera , ne bayingira mu nyumba ya Ludiya, nebalaba ab'oluganda ne babasanyusa ne bavaayo.

Ebikolwa 28:30-31, N'amalayo emyaka ebiri miramba ewuwe yekkamu nju jeyapangisa, n'asembezanga bona abajjanga gy'ali, Ng'abuliriranga obwak aba bwa katonda., era ng'ayigirizanga n'obugumu bwonna ebigambo bya mukama Yesu kristo, n'ataziyizibwa.

Abaruumi 16:5, Era mulamuse ekkanisa ey'omu nyumba yaabwe.

Abaruumi 16:23, Gayo, ansuza nze n'ekkanisa yonna, abalamusizza.

1 Abakkolinso 16:19, Ekkanisa ez'omu Asiya zibalamusizza nnyo mu mukama waffe ; n'ekkanisa eri mu nyumba yaabwe.

Abakkolosaayi 4:15, Mulamuse ab'oluganda ab'omu Lawodikiya, ne Nunfa, n'ekkanisa ey'omunyumba yamwe.

Firemoon 1:2, Ne Apofiya ow'oluganda ne Alukipo mulwanyi munaffe, n'ekkanisa eri mu nyumba yo.

**B / O bujulizi obutali bweylefu bwa mirundi kkumi n'etaano eri ekereziya mu maka mu ndagaano empya.**

Bwetusoma ebyawandiikibwa nga tuzimba enkolagana jetubeera bitegeeza kitono naye bwe tubisoma nga twesigama ku Lukka 10 n'okumanya ekituufu nti ekkanisa y'omukyaasa ekyasooka y'esigama ku maka, bitwaala amakulu agenjawulo ne kifuuka ekitundu ku mboozi ey'ekereziya eyabulijjo mu maka.

Ebikolwa 18:7, Naavayo n'ayingira mu nyumba y'omuntu erinnya lye Tito Yusito, atya katonda, ennyumba ye eriraanye ekuññaniro.

Ebikolwa 19:9,Naye abamu bwe baakikinala ne batawulira,nga bavumanga Ekkubo mu maaso g'ekibiina,n'ava gye bali ,nayawula abayigirizwa,ng'awakaniranga buli lunaku mu ssomero lya Tulaano.

Ebikolwa 20:8 Ne wabaawo ettabaaza nnyingi mu kisenge ekya waggulu mwetwakuṇṇanira.

Ebikolwa 20:20,Bwesekekanga kubabuulira kigambo kyona ekisaana,n'okubayigoirizanga mu maaso g'abantu ne mu buli nju.

Abaruumi 16:10,Mulamuse Apere akkirizibwa mu kristo.Mu balamuse ab'omunnyumba ya Alisutobulo.

Abaruumi 16:11,Mulamuse Kerodiyoni ne Terufoosa abaakola emirimu mu mukama waffe.

Abaruumi 16:16,Mulamusagane n'okunywegeraokutukuvu.Ekkanisa zonnaeza kristo zibalamusizza.

1 Abakkolinso 1:11,Kubanga nabuulirwa ebifa gye muli baganda bange ,abo abo'mu nyumba ya kluloowe,ng'eriyo enyombo mu mwe.

1 Abakkolinso 1:16,Era nabatiza n'ennyumba ya Suteefana:nate simanyi nga nnabatiza omulala yenna.

1 Abakkolinso 16:15,Naye mbegayirira ab'oluganda (mumanyi enyumba ya Suteefana,nga gwe mwaka omuberyeberye ogw'omu Akaya,era beteeseteeseokuweereza abatukuvu.)

Abafiripi 4:22,Abatukuvu bona babalamusizza,naye okusinga ab'omu nnyumba ya Kayisaali.

2 Timoseewo 1:16,Mukama waffe asaasire ennyumba ya Onesifolo :kubangayampummuzanga emirundi mingi,so teyakwatirwa nsonyoilujegere lwange.

2 Timoseewo 4:19, Lamusa Pulisika ne Akula,n'ennyumba ya Onesifolo.

Tito 1:11, Abagwanira okuzibibwanga emimwa;kubanga abo be bavuunika ennyumba ennamba nga bayigiriza ebitabagwanudde,olw'amagoba ag'obukuusa.

2 Yokaana 1:1, Nze omukadde mpandiikira omukyala omulonde n'abaana be nze benjagala mu mazima;so si nze nzekka;era naye ne bonne abategeera amazima.

### **OKUJULIZA 3. EBYAWANDIIKIBWA ERI OMUNTU OMU KU MILALA.**

Enteekateka enungi n'ebiwandiiko nga tewali nkolagana nungi si ye diini.Tetuyiga kubeera ba mikwano nga tutuula butuuzi mu kibiina kuwuliriza muntu asomesa nga ayogera bwogezi.Tuyiga okuba ab'emikwano nga tugoberera Yesu wamu mu bulamu obwabulijjo.Endagaano empya ejjudde amateeka g'okukolaganira awamu oba okukolagana.Amateeka amakumi ana gegaweededwa wano agakwaata ku kukolagana naye gayinza n'okusingawo negawera nsanvu bwogattamu enyiriri ezifaanagana ezikozesa ebigambo nga "mugandawo", "mulirwana wo" oba "ab'ekibiina ekimu."

Ebiragiro bino,ebyateekebwa mu ndagaano empya,biteekawo obutuufu bw'abantu abaawamu abalina okukola okuva ku mitima okuweereza buli omu era mu kukola ekyo baweereze kabaka abeera mu buli omu mu bo.

1. Yokaana 13:34-35,Etteeka eriga mbawa nti;mwagalnenga nga bwe nnabaagalanga mmwe,era nammwe mwagalnenga.Bonna kwebanaategeerera nga mulibayigirizwa bange,bwe munaabanga n'okwagalana mweka na mweka.
2. Yokaana 15:12,Kino kye kiragiro kyange,mwagalnenga nga bwe nabaagala mmwe.
3. Yokaana 15:17,Mbalagidde bino,mwagalnenga.
4. Abaruumi 12:10,Mu kwagala kw'aboluganda,mwagalnenga mweka na mweka.
5. Abaruumi 12:10, Mu kitibwa buli muntu agulumizenga munne.
6. Abaruumi 12:16,Mulowoozenga bumu mweka na mweka.Temwegulumizanga,naye mugendenga n;abo abatalina bukulu.Temubanga ba magezi mu maaso gammwe mweka.
7. Abaruumi 13:8,Temubeeranga na bbanja lyonna eri omuntu yenna,wabula okwagalanga :kubanga ayagala muntu munne,ng'atuukirizza amateeka.

8. Abarumi 14:13,Kale tulemenga okusalira bannafe emisango nate fekka na fekka:naye waakiri musale omusango guno guno,obutaleeteranga wa luganda ekyesittazaoba nkonge.
9. Abarumi 15:7,Kale musembezeganyenga mweka na mweka,nga kristo bwe yabasembeza mmwe olw'ekitiibwa kya katonda.
10. Abarumi 15:14,Era nange nze ntegeeredde ddala ebyammwe,baganda bange,nga nammwe mujjudde obulungi,mujjudde okutegeera kwonna,nga muyinza n'okubuuliragana mwekka na mwekka.
11. Abarumi 16:16,Mulamusagane n'okunywegera okutukuvu.
12. 1 Abakkolinso 1:10,.....mwogeranga obumu,okwawukana kuleme okuba mu mmwe,naye mugattirwenga ddala mu magezi gamu ne mukulowooza kumu.
13. 1 Abakkolinso 10:24,Omuntu yenna tanoonyanga bibye yekka wabula ebya munne.
14. 1 Abakkolinso 11:33, Kale baganda bange,bwemukunjananga okulya,mulindagananga.
15. 1 Abakkolinso 12:25-27,Walemenga okubeera okwawula mu mubiri;naye ebitundu biyambaganenga bumu byokka na byokka. Era ekitundu ekimu bwe kibonabona,ebitundu byona biboonaboonera wamu nakyo;oba ekitundu ekimu bwe kigulumizibwa,ebitundu byona bisanyukira wamu nakyo.Naye mwe muli mubiri gwa kristo,n'ebituindu byagwo buli muntu.
16. Abaggalatiya 5:13-15,Kubanga mwe ab'oluganda mwayitibwa Iwa ddembe,naye eddembe lyamwe liremenga okubeera omubiri kwe gusinziirira,naye olw'okwagala muweerezeganyenga mwekka na mwekka.Kubanga amateeka goinna gatuukirira mu kigambo kimu,mu kino nti,oyagalanga muntu munno nga bweweyagala gwe wekka.
17. Abaggalatiya 5:26,Tuleme okwenyimirizanga obwerefere,nga twesunguwaza fekka na fekka,nga tikwatibwa obugya fekka na fekka.
18. Abaggalatiya 6:2,Mubeeraganenga emigugu mwekka na mwekka,mutuukirizenga bwemutyo eteeka lya kristo.
19. Abefeeso 4:2,N'obukakkamu bwona n'obuwombeefu,n'okugumiikiriza nga muzibiikirizagananga mu kwagalana.

20. Abefeeso 4:32,Era mubeerenga n'obulungi mwekka na mwekka,abakwatibwa ekisa,nga musonyiwagananga,era nga katonda bwe yabasonyiwa mu kristo.
21. Abefeeso 5:19,Ngamwogerezeganyanga muzzabuli n'ennyimba wamu n'ebiyiiye eby'omwooyo nga tuyimbanga,nga mumukubiranga ennanga mu mitima gyamwe mukama waffe.
22. Abefeeso 5:21,Nga muwuliragananga mu kutya kristo.
23. Abafiripi 2:3,Temukolanga kintu kyonna olw'okuyombanewankubadde olw'ekitiibwa ekitaliimu,wabula mu buwombeefu buli muntu agulumizenga munne okusinga bwe yegulumiza yekka.
24. Abakkolosaayi 3:9-10,Temulimbagananga mwekka na mwekka,kubanga mwe mweyambulako omuntu owedda wamu n'ebikolwa bye.Ne mwambala omuntu omugya,afuulibwa omugya olw'okutegeera mu kifaananyi kyoyo eyamutonda.
25. Abakkolosaayi 3:13,Nga muzibiikirizigananga,era nga musonyiwagananga mwekka na mwekka,omuntu yenna bwabeeranga n'ensonga ku muntu munne;era nga mukama waffe bwe yabasonyiwa,mwe era namwe bwemutyo
26. Abakkolosaayi 3:16,Ekigambo kya kristo kibeerenga mu mwen'obugagga mu magezi gonna nga tuyigirizanga era nga mulabulagananga mwekka.....
27. 1 Abasessaloniika 4:18,Kale musanyusaganenga mweka na mwekka n'ebigambo bino.
28. 1 Abasessaloniika 5:11,Kale musanyusaganenga,era muzimbaganenga buli muntu munne era nga bwe mukola.
29. Abebbulaniya 3:13,Naye mubuuliragananga bulijo na bulijo,okuituusa ekiseera nga kikyaliwo ekiyitibwaekya leero;omuntu yenna ku mwe alemenga okukakanyazibwa n'obulimba bw'ekibi.
30. Abebbulaniya 10:24-25,Era tulowoozenga ku fekka na fekka okunyweeza okwagal n'ebikolwa ebirungi.Obutalekanga kukuñana wamu,nga abalala bwe bayisa,naye nga tubuulirira era nga tveyongeranga okukola ebyo bwe tutyo,nga bwemulaba olunaku luli nga lunaatera okutuuka.
31. Yakobo 4:11,Temwogeraganangako bubi ab'oluganda.Ayogera obubi ku w'oluganda,oba asalira omusango ow'oluganda,ayogera obubi ku mateeka,era asalira musango mateeka.

32. Yakobo 5:9, Temwemulugunya ab'oluganda mweka na mwekka muleme okusalirwa omusango:laba omusazi w'emisango ayimiridde ku luggi.
33. Yakobo 5:16,Kale mwatuliganenga ebibi byamwe mwekka,musabiraganenga mulyooke muwone.Okusabira kw'omuntu omutuujirivu kuyinza nyo mu kukola kwako.
34. 1 Peetero 1:22,Kubanga mumaze okwetukuza obulamu bwammwe mu kugondera amazima olw'okwagalangaab'oluganda okutaliimu bunanfuusi,mwagalanenga mu mutima n'okufuba okungi.
35. 1 Peetero 3:8,Eky'enkomerero mwena mubeerenga n'emeeme emu,abasaasiragana,ab'agalana ng'aboluganda ,ab'ekisa abawombeefu.
36. 1 Peetero 4:8-9,Okusinga byonna nga mulina okwagalananga okungiennyo mweka na mwekka:kubanga okwagala kubikka ku bibi bingi.Nga musembezaganyanga awatali kwemulugunya.
37. 1 Peetero 4:10,Nga buli muntu bweyaweebwa ekirabo,nga mukiweereza mweka na mwekka bwe mutyo,ng'abawanika abalungi ab'ekisa kya katonda ekitali kimu.
38. 1 Peetero 5:5,Bwemutyo abavubuka mugonderenga abakadde.Era mwena mwesibenga obuwombeefu,okuweerezegananga mweka na mwekka:kubanga katonda ayinza ab'amalala naye abawombeefu abawa ekisa.
39. 1 Yokaana 1:7,Naye bwe tutambulira mu musana,nga ye bw'ali mu musana,tussah kimu fekka n'omusaayi gwa Yesu ogutunaazako ebibi.
40. 1 Yokaana 3:11,Kubanga kino kye kigambo kye mwawulira okuva ku luberyeberye ffe okwagalananga.
41. 1 Yokaana 3:23,Na kino kye kiragiyo kye,tukkirize Yesu kristo,era twagalanenga nga bweyatuya ekiragiyo.

#### OKUNNYIKIZA 4#: OKUWEEREZA OBUDDE BWONNA N'EBYENSIMBI MU NDAGAANO EMPYA.

Awantu awamu okuweereza obudde bwona kifuuse ekintu ekikolebwa buli kadde yadde nga kyetaagisa ki.Ekigendererwa ekiri emabega wa kino kyabulabe eri omubiri gwa aYesu.Kino kisitula abasumba okufuuka abatuukirivu okusinga abantu bonna abalala ab'omubiri gwa kristo.Okufuna ebifo ebyawaggulu mu kkanisa kireetedde abakkiriza abasigadde okubeera aba wansi.

Kino kireeta endowooza enfu mu bulamu bwaffe nti obuweereza bw'ekikulisu mulimu gwa diini oba mutuukirivu nti atre emirimu egisigadde gyo gya nsi.Kino tekirina wekikwataganira na ndsagaano mpya oba mbeera ya nsi.

Pawulo yalagira Abakkolisaayo abaakolanga nga abaddu mu ssuula ey'okusatu,olunyiriri 22-24 “A baddu muwlirenga bakama bammwe ab'omumubiri, mu byonna, si mu kuweereza kwokungulu,nga abasiimibwa abantu,wabula mu mutima ogatalina bukuusa,nga mutya mukama waffe.Buli kyemunaakolanga,mukole n'omwoyo,nga ku bwa mukama waffe,so si ku lwa bantu”

Guno gwe mulamwa gw'endagaano empya kubanga fenna tuli ba kabona abatukuvu era bumu mu kristo nga Pawulo bwagamba mu be Galatiya 3:26-28, “Kubanga mwe mwenna mu kkiririza mu kristo Yesu.Kubanga mwena abaabatizibwaokuyingira mu kristo,mwayambala kristo”

Endiga n'embuzi tebikyaali bisaddaakibwa.Fe bisaadaakibwa ebiramu (Abaruumi 12:1-2) era buli kyona obulamu bwange obwabulijo kyebuli kye kiweebwayo kyange eri ye.Yesu yanunula obulamu bw'abantu bonna .Buli kye tukola,tuli baakukikola ku ye era netufuula ekyo ekiweebwayo kyaffe ekyabuli lunaku.

Abasinga baweereza lwa sente,okubalaba n'okubeera abawaggulu.Yesu takkiriza kuwaayo kwa kika bwekyo kubanga tetuteekeddwa kuweereza tutyo.Okuweereza okukoleddwa n'ekigendererwa ekikyaamu,tekukkirizibwa nga sadaaka.Kiri ku mutima ogukikoze n'aweeddwaa.Omuntu asadaase asasulwa okusinziira ku kukkiriza kwe oba ekigendererwa kye.Okuweereza abawansi kwe kuweereza Yesu.Obwakabaka bw'eggulu

bwe bwakabaka obwewunzise;ewanaasangibwa nga owooluberyeberye afuuse owoolvanyuma,ate nga owoolvanyuma afuuse owooluberyeberye.Noolwekyo omuntu yenna aweereza abaawansi ayinza okufuna ekinene okusinga aboogezio b'omunkunjana abamanyiddwa abaakwata ku bulamu bw'abantu bangi mu bitabo byabwe.

Emirimu gyonna buba buweereza! Buweereza bwani obusinga okuba obwomugaso? Omwogezi oba omufumbi? Omwogezi oba oyo ayonja tooyi? Omwogezi oba omuvuzi w'emmotoka? Nga tewali bafumbi,bayonja na bavuzi ba mmotoka,enkungaana tezisobola kubaawo.Fe mubiri gwa Yesu.Fena tuli basumba era bwetuba tetuyambaganye,n'eri Yesu,obwakabaka tebubeerawo.

Yesu ayagala obulamu bwe bulabikire mu buli kimu omuntu kyakola bona balabe nga ekigambo kifuuliddwa omubiri.

**A/ Naye,endagaano empya eyogera kwabo abaaliwo mu njiri nti era lino dembe lyabwe,nti era edembe lino lya lagirwa mukama waabwe:**

1/ Lukka 8:1-3,atugamba nti Yes n'abayigirizwa be baatambula nga tebeerabirira olw'ekibonja ky'abakyala abagagga ababalabirira.

2,E bikolwa 6:1 -7,atugamba nti ekibiina kya batume n'abadyankoni baayambibwanga kuwaayo kwa ekereziya yonna.

3/ 1 Abakkolinso 9:7-14, ayogera ku dembe eryabo abakulembra b'ediini bafuna ebintu era nebamaririza nga bagamba nti abo abasomesa enjiri balina kubaawo lwa njiri.Kino Yesu kye yakola era kyeyalagira eri abo abatambula nga ye ne Pawulo bwebaakola mu kusomesa amawulire amalungi ag'obwakabaka bwa katonda.

4/ II Abakkolinso 11:9 bwe bujulizi bwa Pawulo butya ebyetaago bye nga ali mu Kolins,yayambibwako ab'oluganda okuva mu Masedoniya.Yalaga obuyinza bwe okubeerawo ku lw'enjiri.

5/ Abafiripi 4:10-15 eragira Abafiripi okuba abeesigwa jaali n'abalaga na butya bo bokka obutafaanaganako na ekereziya ndala bwe baagabananga wakati waabwe.

6/ 1 Timoseewo 5:17,20,eyogera kukuwa okuwa ekitiibwa eri abakadde abafuga obulungi era ne basomesa.Omu ayinza okugamba nti kino kikoona ku kuwa omusaala eri

abasumba.Era katusdyeo ku Lukka 10,lwaki okusisinkana kwa'bakusitu mu maka kwandyetaaze sente eri abakulembeze babe mu diini oba abasumba oba ba bwana mukulu? Lwaki yandyetaaze bakole ekyo?Bwetulaba abakadde nga abakulembeze ba ekereziya z'awaka abakoze omulimu omulungi eri amaka gaabwe ne mikwano gyabwe,era abalabiddwa nga abaweerezza okusukka ku ekereziya zaabwe,olwo kino kitandika okuwa amakulu.Batambula okubuulirira,okusomesa n'okuyamba okutandika ekkanisa z'awaka empya.Nga abaweereza abatambuze,tebasobola kwenyigira mu bintu byebalinamu bugu n'okusuubula nga bwekyala,olwo nebaba n'eddeme okukozesa olukusa lwabwe okuberera ku njiri.

Naye,ekimu ku ku byorabirako okukula oba okweyongera kwa ekereziya z'awaka kwe kwelabirira kwa bakulembeze ba ekereziya era n'olumu abakulembeze abasobola okwesasulira ku bisale by'entambula.Abo abakulembera beelabirira.Bwoba otegeerekeka nga omuntu asasulwa okwogera kyoyogera,ebigambo byo biba birina amakulu matono mu bantu.Bwoba oyogerera ku sente zo,ebigambo byo biba n'obuyinza bwa maanyi.Olina okukkiriza kyoba ogamba!

Gattako okwekkirizamu gwe kenyini kubanga kikukuma wenyigira mu nsi eyaddala,ewali amakungula.Abakulembeze bangi tebaifiibwako eyo wansi,beebulira bokka era bakulembera na mateeka,ekyo kwekugamba nti bakola nga aboogera ekintu era ne bakikola kyekimu era bifaanagana.Tebavunaanyizibwa ku bulamu bwa bulijo era n'okulamulwa n'ebibala oba ebivaamu.

Pawulo kyakulabirako kya mukulembeze eyeyimirizaawo.

**B/ Eby'okulabirako bya Pawulo n'okusomesa kwe ku lwaki buli kadde yagananga okukozesa omukisa gwe okubeerawo ku lw'enjiri.....**

1, 20:26,35, kyekiraga Pawulo byeyasembayo okugamba abakadde Abefeeso era alumbagana nyo mu nsomesa ze n'eky'okulabirako.Agamba nti takozesa bintu bya balala wabula nti nti yakola n'emikono gye okwerabirira n'abantu be era agamba ,mbalaze okuva buli wamu,nga nkola

bwenti nti mulina okuyamba abali obubi,n'okujukira ebigambo bya Yesui kristo bye yayogera,"kirungi nyo okuwaayo okusinga okufuna".

Ayogera ku bulamu bwe nga eky'okulabirako era nga enkoli eri abo abandikuleembedde abalala okugoberera Yesu,Asuubira abakadde Abeefeso okugoberera eky'okulabirako kye era bakole nga bwewayakola.Kino ky'akulabirako eri abakadde bona obudde bwona.Era kino kyawandiikibwa ekikwata ku by'ensimbi kyotayinza kuwulira ku lukungaana.

2/ 1 Abakkolinso 4:12 egamba nti tukola n'emikono gyaffe.Pawulo kino akireeta nga obujulizi bw'okwagala kwe n'okufaayo kwe eri Abakkolinso era nga obujulizi bw'okubeera taata waabwe mu nzikiriza.

3/ 1 Abakkolinso 9:1-19 Pawulo ayogera ku butya abatume abalala bwe bakozesezza obuyinza bwabwe okutambula n'abakazi n'okubeererawo ku lw'ediini.Era agamba nti ye ne Banabasi tebaakozesa buyinza bwabwe mu njiri naye basigadde bakola okwebeezawo n'okugumira ebintu byona ebyandiremesezza enjiri.Okukkiriza sente okuva mu Bakkolinso kiremesa kitya enjiri? Mu kwanguya,bandimunenyeza kujja jebali mu kusuubira ekintu kyona okuva jebali.

4/ 11Abakkolinso 11:7-9,Etulaga ku buyiza bwa pawulo obw'eneysa eri Abakkolinso okubeera nti yababuuliriranga ku bwereere era ne yewala okubeera ekizibu jebali.

5/ 11 Abakkolinso 12:13,Era kitulaga butya Pawulo bwewewala okubeera ekizibu eri Abakkolinso.

6 / 11 Abakkolinso 12:14, Eddamu omulamwa gw'obutabeera kizibu,eri abaanaobutabeezawo bazadde,naye abazadde okubeezawo abaana.Abo abeyita,"ba taata b'abatume" era abo abasomesa nti abaana baabwe balina okubawa,baba tebasoma Bayibuli era nebeeraga nti babeerawo na mululu.Si batume nga Pawulo bwewali.Okusinziira ku Pawulo,batume ba bulimba.

7/ 11 Abakkolinso 12;17-18,Etulaga nti abo abaali bumu ne Pawulo baatambulanga nga ye era ne bwekyatuka mu byenfunा. Ebiseera ebimu abakulemba ekereziya teboogvera ku bya nfunा naye baleka omu ku bbo n'akikola ku lulwe.Ayagala kwekuumira waggulu w'okwogera ku sente.Pawulo teyakolanga kino era yayagalanga nyoabantu baabera nabo okukola byakola era n'okuwa ekitiibwa ebyo byawa ekitiibwa.

8/ 11 Abasessalonika 3:6-12, kiragiro kyangu nyo.Pawulo ababuulirira okuva ku bantu abatambula batyo batyo nga ategéeza abantu abatakola.Eky'okulabirako kye eky'okukola tekisoboka yadde alaga edembe lye okubeerawo olw'enjiri era b

N'abasaba bamutwale nga eky'okulabirako.Okumaliriza? "Omuntu yenna bwaba taakole,nookulya talyenga"

#### C/ Abasumba ne banabbi ab'obulimba tubalabira ku kwagala nyo sente.

Pawulo yali wa maanyi mu kwoleka abatume ne ba nabbi ab\obulimba nga alabira ku neysa yaabwe ku sente.Mu mbeera bweti,tekyewunyisa nti yali afaayo nyo okukola nga eky'okulabirako eri abakulembeze abalala.

Yesu yanenya abakulembeze b'Abaju (Jews) okwagala enyo sente ,ebifo mn'ebitiibwa.Yabanenya okuteeka obuzibu ku bibegabega by'abantu bo byebataayambako mu kusitula(Matayo 23:4) era obuzibu obwamaanyi bwali bwa nsimbi.

Enteekateeka zona eza ekereziya ne kkanisa okwetoloola ensi yonna bateeka obuzibu bwe by'ensimbi ku bantu abasabira mu kkanisa ezo.Eddiini ebiseera ebisinga enyigiriza abantu naddala abanaku ku bya sente.Pawulo yali bino tabyaagala,era okufananako nga Yesu,yavumirira nyo abo abakulembera olwa sente.Mu kukola kwe misana na kiro okweyimirizaawo obutaba nga abo abaalinanga obubeezi omululu.Waakiri yali mwetegefu okubonabona okusinga okutunda ekigambo kya katonda.

Singa kino kyali kituufu mu biseera bya Pawulo,ate olwo mu biseera bino,ensi yonna weerina endowooza nti buli mukulembeze wa bukulisitu aweereza lwakuba sente.Ebitabo bikulakulanyizibwa,era n'obulimba bwogerwa nti emikisa jibaawo singa omuntu aba nga alina kyawaddeyo era nga bino bikolebwa abafera abambala amasaawa ag'ebbeyi n'amasuuti ag'omulembe.Naye abo abaagala ekigambo kya katonda,tebakitunda.

1 / ii Abakkolinso 11:12-20 eyogera butereevu ku batume ab'obulimba.Pawulo anenya abakolinso okweyisa obubi ngabagamba nti singa omuntu akusembeza,omuntu bwabaako

kyakujjako oba bwa kukolako ekintu kyona.Abo batume ba bulimba abasembeza abatuukirivu ne babafuga,ne babakozesa okufuna sente era ne bebeeyambisa okuzimba obwakabaka obwabwe obutonotono.

2/ i Timoseewo 6:3-10 pawulo ayogerako eri Timoseewo ku basomesa ab'obulimba abalowooza nti obwa katonda mbeera ya kufunamu bufunyi.Era n'ekiragiro kye eri abatuukirivu bwebasisinkana n'abasomesa abo ab'obulimba? Era ebyo mubiveemu.Era n'olwekyo tulina okwewala abo ababuulirira ku TV n'abo abasomesa enkulakulana nga obujulizi oba akabonero k'obugopnvu n'obukkiriza.

3/ Tito 1:11 Etulaga Pawulo nga asomesa Tito nti wajja kubaawo abasomesa ab'obulimba era nga balina okuyimirizibwa ,baasomesanga ebintu ebiteetagisa nga baluubirira kufunamu. Kituufu abasomesa ku TV bakozesa Bayibuli,era beyita bakulisitu.Balabika nga bawanguzi nyo.Naye Pawulo agamba nti bano balina okuyimirizibwa .Lwaki? Ensonga enkulu ku buli kyebakola,kufuna sente.

4/ I Peetero 5:2-3 mulanga eri abasumba okuweereza abantu ba katonda n'okwagala era n'obwetaavu so si kwagala kufunamubufunyi.....oba okubeera abawaggulu eri abo bookulembera,naye okubeera eky'okulabirako eri bookulembera.Era omululu n'okufuga babyo bitufuula ab'obulimba,n'okugoberera enjogera nti katonda tayagala beesukkulumya naye ayagala nyo abakkamu.Katonda agaana atya abesukkulumya? "Lwanyisa abakuluntaza". Saagala katonda kunwanyisa!

5/ ii Peetero 2:3 and 14 zooleka bulungi nti obulimba buzuulwa mu kwegomba okususse.Kino kikola kitya? Omukulembezi omu alina ekika ky'emmota oba ekakkalabizo eddungi era nga n'omukulembeze omulala ayagala ekyo naye.Omubuulizi w'oku telefayina(TV) Alina enyonyi ey'obwanannyini n'abakulembeze abalala nga nabo baagala.Kino tekiri ku "kusaasanya njiri". Obwo bulimba .Kuno kwegomba.

Nga omukulembeze omwejajaase nga bamwoolese mu buvuyo bw'ensimbi oba obuseegu ,kino kikulaga butya katonda bwalwanyisa abesukkulumya.Ayoleka ekibi.Ekisooka kwe kwematira n'obulamu,ebifookumaliriza n'ekilabo.Olwo obwagazi bw'amaaso butandika

okutuukirizibwa.Tusobola okufuna kye twagala.Sente z'abantu ba katonda zikozesebwa mu kulungiya obulamu obwa bantu abatono era ababuulizi.Okwo kwagala kwa mubiri na kibi kya bukaba (Engero 22:14) Bwemba nsobola okufuna buli kyenjagala,Iwaki sifuna musajja oba mukazi.

Pawulo bweyali asomesa Timoseewo ku nkolagana ye n'abakadde mu 1 Timoseewo 5"17-21,yayogera ku bwenkanya wakati w'okufuna okunenyezebwa n'okuvumirira abo abali mu kibi.Okunenyezebwa tekulina kufunibwa kuva wa muntu omu.Naye abakulembeze abo abaasangibwanga nga basobia,Timoseewo yalina okubanenyeza mu lujjudde ,n'abalala basobole okutya.

Tulaba ebibi bingi eby'amaanyi eby'abakulembeze abeeraga nga bibikkibwa abo ababeetoolodde era abafuga nabo.Singa omuntu yenna abalumbagana nayogera ku mululu gwabwe ,babagamba nti baliko omwoyo omubi ogw'obwavu.Ate omuntu bwayogera ku bibi by'obukaba bagamba nti tebalina kisa,nti era ensi yetaaga abasobia olwo esobole okudda engulu.Tewaliliwo kuvumirira era tewaliliwo kutya.Waliwo kulaga nti kino kirina kugenda mu maaso.

Emikutu gy'ekikulisitu egisinga jiyambye nyo mu kuteekawo embeera eri abantu okwogera bye batandiyogedde nga baagala okutuukiriza ebigendererwa byabwe eby'enfuna naye nga tebasobola kwongera ku bagoberezi.Emikutu gino mirungi nyo mu kutuusa obubaka era ensibuko ya sente naye mibi nyo mu kwongera ku bawagizi oba abagoberezi ba Yesu. Yesu yeesiga abayigirizwa be kkumi na babiri era naabasuubira okwongera ku bagoberezi nga boogera n'abantu maaso ku maaso.Teyalinaawo kya kukola kirala. Ekyokukola kyoka nkolagana n'okweyongera wansi w'obukulembeze bwa mwoyo mutukuvu.

Tuli bagoberezi ba Yesu.Temulimbibwa na maanyi ga mikutu gya byampuliziganya n'abakulisitu abeeraga.Yesu yalaga era n'ateekawo enkola y'ebintu nga ekoy kwe kuteeka obulamu bwe mu batono era n'okubasobozesa okukola kye kimu.Tetusobola kusussa kunkola ye.

**D/ Okufaayo eri abaavu mu ndagaano empya.**

Tutunuulira embeera ey'amazima nga Yesu nga abeera nyo n'abaavu era n'alangirira nti buli kikolebwa ku bantu abawansi,kiba kikoleddwa ku Yesu.Matayo 25 ne Yisaaya 58 birina okuba

eby'okulabirako mu kulowooza kwaffe kwona ne mu kukola kwaffe,nga bwe byaali mu bakkiriza b'ekyasa ekyasooka.Emu ku nsonga ezaaletere ekkereziya eyasooka okukula amangu yali emu kun kola zaabwe,ey'okulonda n'okulabirira abaana abalekeddawo mu bwakabaka bwa Looma era ne babakuza nga ab'abwe.

Yakobo 1:27, “Eddiini enongoofu etsliimuk kko mu maaso ga katonda y'eno,okulambulanga enfuuzi ne bannamwandu mu bunaku bwabwe,n'okwekuumanga obutaba na mabala ag'omunsi”

Ebikolwa 6:1, “Awo mu nnaku ezo,abayigirizwa bwe beyongera obungi ne wabaawo okwemulugunya mu Bakerenisiti ku Be bbulanniya,kubanga ba namwandu baabwe baabafiisanga mu kuweereza okwa bulijjo”

1 Timoseewo 5:3, “Singa omukazi oba omusajja omukkiriza abeera ne bannamwandu,era temuleka ekereziya kuba na mutawaana gwa kuyamba ba namwandu.”

Ababyankoni bebaakikiriranga abo abaali bakulembera enkola za Yesu,era bebaalinanga okusalira ebizibu amagezi nga baani abokuyamba na butya bwebanaayamba n'okusunsula mwabo abaali baagala okuyambibwa naye ddala ani yali tabwetaaga.

Ensonga y'abaavu kye kyaali ekiragiro ky'ebyenfuna kyokka ekyali kirina okuva mu kakiiko e Yerusaalemi mu Bikolwa 15 era ebiwandiiko awo tebikooni ku kintu kyona kya sente. Ekyo tukiyigira ku be Galatiya.

Abaggalatiya 2:10, “Kyokka tujukirenga abaavu,ekyo n'okunyikirira kye nanyikirira enyo okukikolanga.”

Naye,ebyakuñanyizibwanga mu kkanisa bye byayambanga abaavu mu Yerusaalemi mu kiseera ky'enjala.Ekyo kituwa ekifaananyi ekituufu ku butya Pawulo bwe yallowooza ku kukuñanya n'okuwaayo obugagga okuyamba abaavu.

1Abakkolinso 16: 2, “Naye 1- okukuñanyizanga ebintu abatukuvu,nga bwe nalagira ekkanisa eze Galatiya,namwe mukolenga bwemutyo.Ku lunaku olw'oluberyeberye mussabiiti buli muntu mu mwe aterekenga ewuwe nga bwayambiddwa,ebintu bireme okukuñanyizibwa Iwendijja.”

Ekisooka,okukunηanya kwalagirwa naye tewaaliwo mutemwa mugere gwakukungaanya.Buli omu yali wa kuwaayo kusinziira ku ngeri gyafunamu.

Eky'okubiri,Pawulo yayagala ebikuηanyizibwa bibeewo nga tanajja.Abasumba baffe abakulakulanye abasinga baagala okutwala ebiweebwayo.Lwaki? Beesiga obusobozi bwabwe okusikiriza abantu okuwaayo.Pawulo yali tayagala kukaka bantu kuwaayo.Mu kasirise k'emmitima gyabwe ne katonda,abantu baali balina okwelowooza ku kiki eky'okuwaayo.Yassanga obwesige bwe mu mwoyo mutukuvu okwogerako eri abantu ba katonda.

11 Abakkolinso 8:1-8,.....ekisa kya katonda ekyaweebwa mu kkanisa ez'e Makedoni;mu kubonabona okwabakema ennyo,,essanyu lyabwe eryasukkirira n'obwavu bwabwe obwayinga obungibyasukkirira mu bugagga obw'obugabi bwabwe.Kubanga ntegeeza bo,baagaba bokka nga bwe baayinza era n'okusinga obuyinza bwabwe,nga batusaban'okwegayiriraokungi olw'ekisa ekyo n'okussa ekimu okwo mu kuweereza abatukuvu.....laba namwe muli mu kitibwa kino.

Okuwaayo kwali kwa batuukirivu era obusumba buno buyingirwamu mu kuwaayo n'essanyu.Kiba kizibu okusanyuka olw'okuwayo mu kusasula amasanyalaze,amafuta n'amafuta okubeezawo ekizimbe.Kintu kirala okumanya obuweereza bw'okuwaayo ku lwa baganda baffe abawala n'abalenzi.

11 Abakkolinso 8:13-15,kubanga soogrde bwentyo,abalala bawumuzibwe ,nammwe muteganyizibwe;wabula olw'okwenkanankana okusukkirira kwammwe kuweereze okwetaaga kwabwe kaakano mu biro bino ,era n'okusukkirira kwabwe kulyooke kuweereze okwetaaga kwammwe,okwenkanankana kubeeewo.Nga bwe kyawandiikibwa nti eyakuηanya enyingi teyasigazangawo,naye eyakuηanya akatono ,teyeetanganga.

Okubuulirira kuno eri abakulisu kwali kukwata ku bwenkanya n'okutuukiriza obwetaavu kisobozese ebetaago byo okukolebwako.Tulaba tutya abantu abali mu bwetaavu?Tulaba tutya obuvunaanyizibwa bwaffe eri jebali? Embeera yobwenkanya eyingira etya mu ndowooza yaffe? Omuntu okulinda ku mulala kijja kitya wano?

Ababuulizi abamu abeeraga bakozesa eby'obugagga byabwe n'obulamu bwabwe obulungi nga ekiraga okwagala kwa katonda eri jebali n'obukakafu bw'obubaka bwabwe n'okulimbalimba

abawuliriza baabwe okuwaayo ekisingako kubanga webaziteeka walungi kubanga basiga nga basuubira okufunamu.Boogera ku baavu nga ettaka ebbi ery'okusigamu ensigo.Buno bulimba bwa namaddala.

Katonda alangirira “abaavu mu nsi eno okubeera abagagga mu kukkiriza kwabwe,era abasika b’obwakabaka bwewayasuubiza abo abamwagala” (Yokaana 2:5)

Engero zilangirira nti, “Asaasira omwavu awola mukama era alimusasula nate ekikolwa kye ekirungi” (Engero 19:17)

11 Abakkolinso 9:1, “Kati ku by’okuweereza abatuukirivu.....”

Ebiweebwayo byalinga bya batukuvu so si bakulembeze.Ne mu bikolwa bya batume ,nga eno ebiweebwayo byateekebwanga ku bigere bya kabona oba omutume,ekigendererwa ekikulu kyali kya kulabirira batuukirivu naddala ba mulekwa ne ba namwandu.Ebiweebwayo tebyakozesebwanga kubeezawo bulamu b aba kabona oba abatume.

11 Abakkolinso 9:6,”.....ng’omukisa so si nga ekisoloozebwka ekikakata”

Okuwaayo kw’omundagaano empya kwa kyeyagalire so si kukaka.Endagaano empya ndagaano ya mutima mupya okuva eri katonda ,nga omutima gwa katonda,omutima og’omukisa.Tukkiriza ekisa kya katonda nga tuyita mu bantu be oba nedda?

11 Akakkolinso 9:6,”.....oyo asiga ekingi,alikungula kingi.”

Ekisuubizo ky’okusiga n’okukungula kiri ku kuwa abanaku era okuwaayo kuno oba amakungula gano galeeta ekitiibwa,obulungi mu buli mulimu ogukolebwa(9:8) era n’okukubisaamu ensigo ezisigiddwa n’okwongera ebibala by’obutuukirivu bwo(9:10) ekireetera okwebaza mu ffe eri katonda(9:11),kibaleetera okutendereza katonda(9:13)era bongere n’essaala zaabwe jooli (9:14)

Essaala ey’okwebaza n’okutendereza kayonda nabyo byeyongera era nebireeta n’ensigo ez’okusiga mu maaso.

Yakobo anena ekereziya okuwa abagagga enkizo era n’abalumbagana n’amazima nti okukola ekyokiraga kwawulayawula era n’okubeera abalamuzi n’ebirowoozo bya sitaani.Ekituufu kiri nti

olina kwagala mulilwanawo nga gwe bwe weyagala.Tukyebuuza ekibuuzo,ani mulirwana wange? Ekyo kibuuzo kya maanyi ku mulembe guno wetumanyidde okubonabona kw'abantu bangi.Era kibuuzo kya maanyi ku buli kyalo womanyidde omuntu ku kkubo oba ebusukka kkubo.Yakobo amaliriza atya?

Yakobo 2:15-17,"Bbewabaawo ow'oluganda omusajja oba omukazi nga bali bwereere,nga emmere eyabuli lunaku tebamala,era omu ku mwe bwabagamba nti mugende n'emirembe mubugume,mukkute naye nemutabawa omubiri bye gwetaaga,kigasa kitya? Era n'okukkiriza bwe kutyo,bwe kutabaako bikolwa kuba kugaanye era kuba kufu"

Endagaano empya terina kyemanyi ku kuwaayo kwa kuzimba bizimbe n'obulamu obw'okweyagala okususse n'okwonoona.Ekigendererwa kiri kimu bantu,ate ekigendererwa kisukka Yesu bwagamba nti ekikolebwa ku munaku kiba kikoleddwa ku ye.

Yesu nsaba tukuweereze n'emitima gyonna n'emikono egitukula.

**Steve ne Marilyn Hill.**

[stevenhill@harvest-now.com](mailto:stevenhill@harvest-now.com)

[www.harvest-now.org](http://www.harvest-now.org)

### EBIMU KU BITABO BYENSINGA OKWAGALA.

Houses that change the world,ekya Wolfgang Simson(Kyakubibwa mu Waynesboro, ekitongole kya GA:Om ),2001,emiko 303.Kino kye kitabo ekyatandika obulamu bw'abantu bangi! Kituukiridde,kisomeka era kikakasa.Webale nyo Wolf!

Organic church,ekya Neil Cole,(San Francisco,CA,Jossy Bass) 2005, [www.cmaresources.org](http://www.cmaresources.org)  
.Katonda agenda wala wala nyo oba edda enyo? Okutambula okwatandikira mu Calofornia era nga kwetoloola ensi yonna.

Simple church,ekya Tony ne Felicity Dale(Kyakubibwa mu Austin,ekitongole kya TX:Karis),2002 emiko 120.Enyanjula enungi enyo eri ebintu byona ebikwaata ku kkanisa z'awaka. Ku kibanja, [www.house2house.org](http://www.house2house.org)

Pagan Christianity:Emirandira gy'enkola ye kkanisa yaffe,ekya Frank Viola ne George Barna (Tyndale House).Ekitabo ekisinga okuba eky'ensonga ekiraga ensibuko y'obukafiiri mu ekereziya n'enkola ezirambikiddwa era ne ziragibwa.

Church planting movements ,ekya David Garrison (Richmond,VA: International mission board of the south Baptist convention),1999.Ekitabo kya miko 30 ku kibanja  
[www.churchplantingmovements.com](http://www.churchplantingmovements.com) Ekitabo kiramba era n'ebiyamaguzi ebirala bingi eby'okulagiriza.

Missionary methods: ekya St.Paul oba ekyaffe,Roland Allen (Grand Rapids;Erdmans),1954. Ekinja ky'abakulisitaayo ekyagenda e china.Allan yagamba nti ekitabo kye tekija kusomwa okutuusa wakiri emyaka abiri oluvanyuma lw'okufa kwe.Akyayogera!

The Global House Church Movement,ekya Rad Zdero (Pasedena:William Carey Library),2004. Enyanjula y'ekkanisa z'awaka ey'omulembe okuva eri mukwano gwange enyo.

For training example,challenge from David Watson,omugoberezi akola entandikwa,genda ku [www.cpmtr.org](http://www.cpmtr.org) Kirabwako era kya maanyi!

